ESTHER
INITIATIVE

GLOBAL ADVANCE
PO Box 742077
Dallas, TX 75374-2077
www.globaladvance.org

# MUKUYIMUSA BA ESSEZA ABANAABA B'OMULEMBE GUNO

A GLOBAL ADVANCE LEADERSHIP TRAINING MANUAL
FOR WOMEN

CONNIE PARKER

*MUKUYIMUSA*

*BA*

*ESSEZA*

*ABANAABA*

*B'OMULEMBE*

*GUNO.*

EKITABA KINO KYA BUWEREZA BWA

GLOBAL ADVANCE, KYATEGEKEBWA OKUTENDEKA ABAKYALA

ABEWEREZA OKUBA ABAKULEMBEZE.

Okuyimusa ba Esseza b'omulembe guno, kitabo kya buwereza bwa Global advance. Ekitereddwa eri omuntu yenna ayagala okukikozesa okusomesa naddala okutendeka abakulembeze naddala singa takikozesa busubuzi obwengeri yonna, era kigabibwa awatali kusasulirwa.

Okujjako wekinokkodwaayo, ebyawandiikibwa byonna ebikozeseddwa bisimbuddwa okuva mu nzivvunnula eya ESV(English Standerd Version) Kyafula 2001, Crossway Bibles, mu buwereza bwa Good News, bennanyini kyapa.

Kya Connie M.Parker

# EBIRIMUNDA.

EBIKYOGEDDWAKO…….

OKWANJULA……

**NZE ANI…**

1. Ki kyendi mu Kristo……
2. Okutambulira mu mwoyo….
3. Olugendo lw'obulamu bwange……
4. Okutereza ebyemabega…..

**ENKOLAGANA ZANGE.**

5. okuzimba enkolaga ne Katonda…..
6. Obukulembeze obwekkiddu…
7. Okuzuula ebikulu, okumannya ebirina okusooka, era okugabannya
8. Okumanyisa, embala, enkolagana………

**OBULEMBEZE BWANGE**

9. Okukulemberera mukama wakuttadde…….
10. Okukulera awamu…..
11. Okuyitibwa okugoberera….
12. Okufaanagananga, okujjaguza bannaffe, okukusindika….

BIBLIOGRAPHY(Ebitabo ebirala ebikozeseddwa….

## Foreword.

Ab'emikwano,

Mwayitibwa kulwekigendererwa kulw'omulimu omukulu!

Ekitabo kino kikuwereddwa mikwano gyo aba Global advance era nga nekigenderewa ekikulu kwekwongera okuzimba mu kkukkiriza era n'okuyamba okusobola okukwata ku bulamu bwabalala ku lwa Kristo.

Bangi kubagenda okukozesa ekitabo kino bali mubifo abakyala gyebatwalibwa nga ekitagasa. Twagala okumanyisa nti mukama akussaamu ekitibwa. Watondebwa mukifaanyi kye. Akwagala nnyo era ayayaana okulaba nga obulamu bwo bukola enjawulo mu bantu abalala.

Era nga bwolaba obulamu bwa Esseza, era oyitiddwa mukiseera nga kino. Kino tekizze lwa butannwa gwe okubeera omulamu mukiseera nga kino mubyafaayo okulaba nga mukama mubantu balina naawe mwoli. Ayagala okukozesa obulamu bwo okukyusa obulamu bwabantu kululwe.

Essaala yaffe eri nti onazzibwaamu amaanyi okuyamba abakyala abalala okusobola okukola obulungi. Oli wamugaso nnyo eri entegeka za

mukama eri amaka go, eri ekitundu kyo nemugwanga lyo era nemunsi yonna!

Osindikiddwa Mubujjuvu,

**Yonasaan Shibley, President-Global Advance.**

**Whitney Daugherty, Coordinator-**

**Obuwereza bwa Esseza**

## OKWANJULA

*18 Yesu najja nayogera nabo, n'gamba Mpereddwa obuyinza muggulu nekunsi. 19Kale mugende mugende mufuule amawanga gonna abayigirizwa nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya kitaffe n'ery'omwana n'ery'omwoyo omutukuvu, nga 20mubayigirizanga okukwata byonna bye nnabalagira mmwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwegiriggwaawo.* ***(Mat 28:18-20)***

Bino biragiro bya Kristo eri abayigirizwa be, byebigambo ebyasembayo bweyali nga akyali kunsi, era ebigambo bino biri kuntobo yekitabo kino, era kwetugenda okwetoloolera. Wali okigenderedde nga Yesu yali tasaba busabi bayigirizwa okukulembera abagoberezi baawe okuyingira mu bulokozi n'okubasuubiza ebifo muggulu? Naye yabalagira okubafuula abayigirizwa munsi yonna..okubayigiriza nga byonna byeyalagira ye" era kuno kusomooza kukkulu nnyo okufuula abantu abayigirizwa, kujja kwetatagiisa okuggulawo emitima gyaffe era n'okwewaayo ffenna obuterekera era omulimu ogw'okwagala era n'okukulembera abantu, okubakubirizanga okunywezanga enkolagana yabwe n'omwoyo omutukuvu buli kadde era n'eri omutonzi wnsi eno yonna era omulokozi wemyoyo gyaffe.

Kimpadde essanyu lyansusso okulaba nga nze mbade omuwandiisi wekitabo kino era n'okukikutusaako. Okugabana naawe olugendo lw'obulamu bw'obukulembeze bwange.  Agamu kumasomo gano gayidde mu kwekenneennya abantu abalala era nemukuyigirizibwanga abakulembeze abangi nnyo benzize nga nsisinkana munkuungaana era n'okuwuliiriza abantu abalala nga bawereza era nze byenasalawo okussamunkola kw'olwo mukiseera ekyo.  Era ebimu mbiyigidde mwebyo byensobodde okutuukako era ne mukulemererwa. Njagala okukkiriza nti ennono ezikuwereddwa wano nkulu nnyo era sandiyagadde otandike okukugira ensonga enkulu esinga wano, naye era nkuwadde ebitabo ebiralala byoyinza okwongera okugattaku buno byoyize wanno mukwongera okuyiga n'okunoonyereza, singa wesanga nga waliwo essomo erigaanyi okuvaayo obulungi oba singa waliwo essomo lyeandyagadde okugenda ebiziba, oba essomo nga essomu limu kugano lituwa oky'okuddamu mumbeera emu.

Ekitabo kino nkiwandikkide abo abalina okuyayaana okuwereza eri abakyala nga bandiyagadde okuyagadde okuyambimbwa namasomo agengeri ngeno. Eby'okulabirako byonna ebikozeseddwa mbikozesezza

ng'omukyala. Bwoba nga ng'oli mukyali ali mubukulembeze bwekkanisa nandikusabye okweyambisa amasomo gano okusomesa naddala okusomesa abakyala abakulembeze amasomo 12, kino kijja kubayamba nnyo naddala bannaffe bo nga batandikiriza okukulembera mu kkanisa. Mukusaba ennyo era saba mukama okulaga abantu abalina omutima ogulinga ogugwo, era wano mutandike okunoonya abantu abayinza okubayamba okukula mubuwereza, abayinza okugabana nnamwe amagezi gano.

Nina essuubi ddene nti ekitabo kino ojja kukisoma era nti ojja kukisomesa abantu bekitundu kyo; era abantu baffe singa basooka okusoma n'okugaayamu ku masomo gano nga temunaba kusisinkana okugabana ebikulu byemuyiseemu mubulamu era n'okuwangana amagezi kusonga ezitali zimu, era n'okuwangana amagezi.

Obukulembeze kyekimu kubintu ebiyigiriza empisa, singa tewemanyi nga omukulembeze owabulijjo, eyatondebwa okukulembera, wandiba nga oli mukibiina ekituufu. Era ojja kulaba nga wadde Musa, Gidiyooni oba Dawudi, tebalina nnyo busobozi bwoyonza kulaga mubantu naye era olaba nga Mukama yabalonda okukulembera abantu bangi nnyo.

Ekisinga obukulu kiri nti mukama tatuyitangako okufuula abakulembeze abo bokka abanasobola okutukkiririzaamu, wabula abanasobola okukkiriza Kristo era nebewaayo okumugoberera, omuntu yenna ali kulwaffe" omuntu yenna amanyi nti obuyinza obuyinza bwonna muggulu nekunsi!

Nsaba amagezi era n'okubeerawo kwe okutulungamya nga tufuba nga okutambulira mukwagala kwe!

## ESSOMO 1: NZE MU KRISTO.

Ekimu kubintu ebisookera mu bukulembeze kwekutegeera kiki kyoli mu Kristo, era n'okumannya wa gy'ogenda. Awatali ekyo, gwe naabo b'okulembera olwo baba bolekedde akatyagabaga kokubungeeta obubungeesi awatali magenda matuufu, tewali kyebagenda kumaliririza mubulamu bwabwe. Nga abakristayo ekifo kyaffe mu Kristo kirambulukufu bulungi nnyo. Ebyawandikibwa nkuyanja binnyonnyola kiki kyetuli mu maaso gakatonda, kiki mukama kyayogera kyetuli mumaaso ge. Tuli munnyo gwansi, ffe tuli kitangaala kyansi, tuli babaka ba kristo, tuli mubiri gwa kristo, tuli bakabona era lulyo lulangira, tuli gwanga tukkuvu. Naye kiki

katonda kyayogera nze kyendi? Mukama munze alaba ki, alaba ani? Nze mannyi kyendi " ndi kitonde kijja"(Yok 3:3). Ekyo kiyinza okukyusa kyendi mumaaso gamukama? Bwekiba nga kisoboka? Kisoboka kitya? Era bwekiba tekisoboka lwaki tekisoboka? Paulo atuwa eky'okudamu kubibuuzo bino byonna mungeri eya maanyi mukitabo kya ab'Effeeso, eno ebbaluwa gyeyawandikira abatukuvu…abesigwa mu kristo" era naffe muno mwetugwa..!!.

1. **Okuba n'omukisa**
   Yebazibwe Katonda kitawe wa mukama waffe Yesu kristo, eyatuwa buli mukisa gwonna ogw'Omwoyo mubifo eby'omuggulu mukristo: (beffeeso 1:3) ekigambo omukisa ekikozeseddwa wano eulogeo(ndowooza eulogy") amakulu gaakyo kwogerwako bulingi, wanno kitegeeza nti Katonda atwogerako bulungi, Yebazibwe Katonda era kitaawe wa mukama waffe Yesu atwogerako obulungi bulujjo, mubifo ebyawaggulu..laba nga bwekyewunnyisa mukama Katonda eyatonda ensi yonna nga ayogera kigambo bugambo awataali kintu kyonna, laba olwaleero ayogera nga atonda omukisa ogw'omwoyo mubulamu bwange nga ayita mu kristo. Buli lwetumalibwaamu amaanyi

oba nga tujjudde ennaku n'ennyiike era oluusi nga tulowooza nti katonda takyalina mungalo ye eky'okutuwa, tulina okujjukira nti mukama atwogerako bulungi. Mundagaano enkadde, tulaba bataata nga nga bayita omukisa kubaana baabwe, tunajjukira Yakobo nga awa omukisa bazukulu be bweyali nga akyali e Misiri, Dawudi naye yasaba omukisa ku Sulemaani, waliwo amaanyi agatonda atumaamira buli lwetusaba omukisa, era kino kimannyike nga Katonda Kitaffe naye awereeza omukisa gw'omwoyo gyetuli, lowooza kwekyo kyekitegeeza!!.

2. **Nalondebwa:**
   nga bweyatulonda ye ng'ensi tennaba kutondebwa ffe okubeera abatukuvu, abatalina kabi mumaaso ge mukwagala: **Ab'ef 1:4a**, Katonda yennyini yeyannonda. Sisonga abalala bogera bitya oba balowooza ki, tekyali kya butanwa era teyali nsobi. Wadde nga bazadde bange tebaali bamativu kubanga baali bagadde kuzzaala mulenzi, naye mukama yali yasazeewo nze nzalibwe nga ndi mukyala, omukazi alibeera n'omutima ng'ogwa mukama. Era tekyaali kintu kyabugubbugu, wabula natondebwa nga nemisingi gyensi teginnatondebwa.

Bwatyo mukama yantonda mulubuto lwa mmange, Zab 139:13). Egambo eky'oluyonaani ekitegeeza okulendebwa ye "eklegomai" amakulu, kweyawulira kululwo, mukama yennyini ye yannonda, era nanjawula okuba owuwe!. Wali obadde mukatale nga ogula ebibala, nkakasa wali obadde yo. Bwetuba mukatale singa tuba tweroboza ebibala, buli muntu alonda ekibala ekisinga  omutali nvunnyu, oluusi oyinza obutamannya nnyo kiki ekibala kyekiri naye otunulira ekyo ky'okisubira mu, kyekifaana olwo n'olyoka okilonda, okulondebwa kwa katonda tekuletanga amalala mu mitima gyamwe. Kubanga katonda alonda abantu abasiru abanyomebwa era abanafu mumaaso g'ensi  1Bak 1:27) naye njagala okulendebwa kwaffe kuleete essuubi era n'okuddamu amaanyi kino kijja kuleta okusaba kwaffe okuba okwamaanyi kubanga tumannyi nti kumukama kwetwesigamye.

3. **Ndi mukwano gwa Mukama:**
   Mukwagala kwe mukama yateekateeka byanna nga ensi ettandika butandisi. Tulina ebyawandiikibwa bingi nnyo era nga byonna bitulaga okwagala kwakatonda okutaggwaawo kwalina eri abaana be, naye

tewali wakusinga kulagibwa mumaanyi gaakwo nga Bar 8:38,39 era ne Bar 5:7,8:

Abamu kuffe tetwafuna mukisa okulaba kukwagala kwababakitaffe ab'okunsi, sikyangu wadde okuloota obuloosi omukwano gwakatonda waffe gwetwogerako wano. Okwagala okulina amaanyi amasuffu, okutalina kakwakkulizo, okujjudde okwaggala, okwagala okusonnyiwa, okukkakkamu. Naye okwagala kwakatonda kwo kusukka wo nnyo. Waliwo abantu abamu nga bafuna okumennyeka okuva eri abantu era nga oluusi bebuuza lwaki katonda yakkiriza byonna ebyabatuukako yabbikkiira okubatuukako, ddala oba nga ddala mukama anjagala lwaki yakikkiriza okubaawo, Mukama ayagala nnyo tumannye nti wakati mu bulumi bwaffe, ababeera wo, era netumannya nti mukiseera eky'obulumi mukama abeerawo, mukama atwaniriza okudukira gyetuli mukiseera eky'obulumi, eri okwagala kwe era neeri amaanyi ge agawoonya. Sigenda kwerabirabira olunaku lwennagwira ekirwadde mukama nayogera n'omutima gwange, yagamba "Njagala okuzaala" nawulira nga awali ekintu ekiva kumaaso gange nekigwa wansi. Era amangu mukama yatandika okubeera

ensibukoyamaanyi gange, n'abeera obukuumi bwange era amazima. Okuva kuluna olwo sidanga kutunula mabega. Nkusaba mukama omusabe asobole okubikkula amazima ago naawe gy'oli. Bwoba oyagala okumanya nti katonda kitaffe ddala akwagala, musaba asobole okubbikkulira amazima ago nawe, era mukiseera kitono nnyo tandika okunoonya amaaso ge.

4. **Yanfuula Omwana;**
   Katonda obusika bwaffe yabutegekka okuva emabega nga abaana okuyita mu kristo Yesu era nga okwagala bwekuli(Abef 1:5). Mukama teyakoma kukutolonda okubeera ababe kyokka, naye era yatufuula abaana abe nyumba ye, era natuwa n'obusika Yok 1:12, Abef 1:11; Bag 4:6-7. Laba nga bwekiri ekirungi ennyo ffe okubeera abaana bakatonda, omukisa ogutasangikasangika, kyoka laba leero bwensisinka ab'oluganda abangi okuva munsi yonna, tuyinza okuba nga oba olyawo twawukana mundabika oba olulimi lwetwogera, naye ekikulu kukimannya nti tuli baluganda, tulina Kitaffe omu, tulina omununuzi omu, omwoyo omu, era yooyo atugatta atuleeta awamu mukwagala kumu era atuyamba okulaba nga twagalana.

5. **N'akirizibwa:**

Kulwe ettendo n'ekitibwa kyerinnya lyamukama,kubanga twakkirizibwa mulinnya e'ryo, era mwetwafunira omukwano gwa mukama" Abef 1:6) ekigambo ekikozesebwa charitoo" amakulu gali nti "okuwulira mu emirembe, okusanga mu essanyu, okwesiimiramu" nze ansanyukiramu ekigambo kino omulundi omulala wekyakozesebwa Lukka 1:28, Malayika wa Mukama bweyali alamusa Mariyamu. "Oliwa mubakazi bonna" mukama ansanyukira mu okuba mubantu be abajjudde omukisa. Abakyala bangi bagala nnyo okubeera nemikwano gyabwe era nabantu ba famile zaabwe, ffe nga abakyala twagala okuwulira stories ezifa mubulamu bwabannaffe ate naffe okubannyumiza ebituluma. Emikwano kintu kikulu nnyo eri ffe abakyala, emikwano nsonga nkulunnyo eri ffe abakyala, enkolagana ettuzaamu nnyo amaanyi mumwoyo waffe-singa ziba ziremeddwa. Okuganibwa kutunuluma nnyo, ebiwundu by'okukyayibwa byo bigenda buziba nnyo, kyamakulunnyo okumannya nti Kabaka wabakabaka atwagala era atufaako nga bwetuli. Talituleka wadde okutulekulira, atugamba okujjanga gyaali bulijjo, atugamba okujja gyaali awatali kutya(Abeb 4:16) buli

lwensaba, ndaba ekifaanyi eky'ekisenge ekirungi ebisenge nga zaabu, nga Mukama Katonda atudde ku nnamulondo ye eggulumidde waggulu, essukkulumye zonna. Era nga buli gyenkoma okusembera kuluggi ndaba nga amaaso ge gawereeza obutangaavu, nga gwenkoma okwennennya n'okusaba okusasiirwa nga mukama ansembeza mukifuba kye, era nange kino kinnyongera okufuna amaanyi okusembera eri kitange, mpulira nga ansembezza ndi mukifuba kye era nga mpulira ndiwamukisa nnyo, era nga nze omu kwabo mukama beyennyumiririzaamu.

6. **Nannulibwa:** Tuli banunule, twanunulibwa n'omusaayi gwa Yesu kumusalaba e ggologoosa, ekigambo ekikozesebwa. Ekigambo ky'oluyoonaani ekikozesebwa wano ye ***apolytrosis*** amakulu gaakyo gali nti okusuumulula oba okuggulira, kikozesebwa okuggulira omuntu katugeze abadde mukkomera, envumbo nga eyebbanja, okujjako ensalosalo kubulamu bwonna. ekigambo kyakozesebwa nnyo mubisera bya Luusi, mukiseera abantu bwebaali nga batwalibwa nga namaka gawambiddwa, era obuvunannyizibwa bwatwalibwa eyali ow'oluganda lwe Bowaazi. Yeyalina obuyinza obw'okununula abenju ye mukiseera webaali

nga ab' enju ya Luusi yonna eri mubuzibu. (**Kittle 1964,p 330**). Mukiseera Adamu mweyagwira ffenna twatundibwa mu buddu obwekibi,(1 Bakolinso 15:22; Bar 6:16-22). Naye Katonda okuyita mu musaayi gw'omwana we Yesu, yasasula ebbanja tusobole okusumululwa okuva mumaanyi g'emukibi yamennyawo ebisenge byekkomera okusobola okutukoomyawo okubeera abaana abaana nate, (Bar 6:18). Olugero lwa Luusi ffena lutukwatako, Yesu oyo ye Bowaazi waffe, abeerawo kulwaffe, era omuwendo yagusasula era nakomyawo enkolaga wakati w'omuntu nekatondawe Kitaffe oyo ow'omuggulu.

7. **Sirana musango(Nasasirwa):**
   Era muyye tulina okusonnyiyibwa okwebyonoono byaffe, nga obugagga bw'okusasira kwe bwekuli..**Abef 1:7b** ebyedda byonna byansaasirwa, byonna!! Era nafuulibwa mutukuvu mu maaso ga katonda. Era yannyambaza ekyambalo eky'obulokozi, era nannyamba omunagiro ogw'obutukirivu (**Isaaya 61:10**), tulina okwambala omuntu omujja atondeddwa mukifananyi kyakatonda, mubutkirivu era nemubutukirivu Abef 4:24). Era nga Yibulayimu, bweyali nga nange nzikiriza

katoda okubalibwa obutukirivu. Bar 4:3) era nange nnyinza okw'ogera nga Dawudi. Awereddwa omukisa omuntu ebibibye ebibikiddwa umukama gwatabalira musango, wadde obutali butkirivmu mwoyo gwe omutali bukuusa, alina omukisa ebibye byonna gwebisonyiyiddwa, ebibi bye nga bibikiddwa, Ekigambo ensobi, ekigambo eky'olwebulaniya ekikozesebwa ye PESA, akakulu gaakyo, kubeera mujeemu, kubeera mu kibi(Mmanyi nti kyali kibi, naye nasalawo okukikola, kubanga era nebino ebibi Katonda abisonnyiwa, dawudi naye kino yakiyitamu mazima yamanya nti kyakola kikyaamu, (**chaataa) ebibi byonna byenakola era n'obutali butukirivu era nabuli bunafu bwonna(avon) obuli mumutima gwange bwonna. Omutango gwonna gwasasulwa yesu n'omusaayi gwa Yesu kumusalaba, era nze kati nina obukakafu, nti singa njatula ebibi byange Katonda mwesigwa buli lwemusa awulira, era nasonyiwa ebibi byange byonna n'obutali butukirivu. Kubanga mwalokokka lwakisa okuyita mukukkiriza, era omulimu ogwo temwagwekolera, wabula kirabo kyakaotonda, ekitaali kya bikolwa byaffe olwo waleme okubaawo ayennyumiriza mumulimu ogwo(Abef 2:8,9).

8. **Ntudde naye mugulu mubifo eby'omuggulu:** Era nazukira wamu naye, era ntudde wamu naye mubifo ebyawaggulu muggulu  mu Kristo Yesu" Abef  2:6). Mukiseera eky'okusalirwa omusango, ng'ali mu maaso ga Kabona omukulu, yesu yawa obujuluzi nti okuva nakaakano, omwana w'omuntu anatuula kumukono ogwadyo ogwakatonda kitaffe (Lukka 22:69). Yesu yamanya bulungi nnyo gyeyali agenda era yali wakulinnya wamu naffe okugenda muggulu wamu nabantu be. Kino ffe kitulaga ki? Mukristo Yesu twawebwa obuyinza era kakaano tulina obuyinza okutambulira mubuyinza obwo mulinnya lya Yesu..

9. **Nayitibwa:** "Mukino kino mulyoke mumannye essuubi mweyabayitira, mummannye essuubi lyeyabayitira n'obugagga obwekitibwa ky'obusika nga abatukirivu" Abef 1:18). Nayitibwa ye okubeera mu suubi!.

   **1 Yok 3:2** abagalwa tuli baana bakatonda, era ekituufu kyetuliba tekinalabisibwa; naye kimu kyetumannyi nti alirabika tuliba nga ye, kubanga tujja kumulaba ye nga bwali.

**Abef 1:3-6** yebazibwe Katonda Kitaawe wa mukama waffe Yesu Kristo, eyatuwa buli mukisa gwonna ogw'omwoyo mubifo ebyawaggulu mu Kristo 4 ngabweyatulondera ngensi tenaba kutondebwa, ffe okubeera abatukuvu abatalina kabi mumaaso ge mukwagala: bweyatwawula edda okumufuukira abaana kubwa Yesu Kristo nga bweyasiima olw'okwagala kwe, ekitiibwa kyekisa kye kiryoke kitenderezebwenga, kyeyatuwa obuwa mwoyo omwagalwa:

**Ensonga enkulu:**

Ndi wamukisa. Nalondebwa. Njagalwa. Yanfuula mwana. Nakkirizibwa. Yannunula. Nasasirwa .era ntudde naye mubifo ebikkulu eby'omuggulu. Nayitibwa.

**Kiki ky'olina okukola.**

1. Londaka ensonga satu ezirabika nga zo zinnyonnyola obulamu bulungi nnyo okusinga endala zonna. Era otuwe engeri gy'oyinza okukyuka mundowooza singa oba oyongedde okunnyikkira mukutegeera obulungi ensonga ezo waggulu engeri gyezinakyusaamu gyewerowoozaako, ate

n’engeri gy’olowooza ku Katonda, N'abantu boyagala nnyo.

a. ............................................................
..........................................

b. ............................................................
..........................................

c. ............................................................
..........................................

2. Kubino byonna ebiwandiikiddwa kiki ekizibu okumannya n’okukkiriza? Weteesetese otya okwongera kukukkiriza kwo naddala okutandika n’olunaku lwenkya, kiku kyogenda okukola okulaba nga oyongera okukkiriza kumazima gano? Oyinza okusalawo okutandika okusaba buli lunaku, oba okusalawo okusomanga Bayibuli buli lunaku. Era kino kisobola okukuyamba okumanya amazima mukigambo kyakatonda.
3. Mubino byonna ebyogeddwaako mazima agasinga okuba amangu okukwata mubwangu, era lwaki olowooza bwotyo, waali wabadde olunaku ekyawandikibwa oba olunnyiriri lwelwali lukuggwiridde n’owulira ddala nga luvudde eri Katonda? Oba waali wabadde ekintu ekiralala kyona ekyali kikuyambye okukakasa amazima agaali mu kyawandikibwa ekyo.

Okwongera okumannya ebifa ebuziba so bino.

*He loves me.* Kyawandikibwa (Jacabsen, 2000).

*Believing God.* Omuwandiisi ye Beth Moore(Moore 2000).

*The blessing .* Omuwandiisi ye Smalley ne munne Tent(smalley ne munne Trent 1986)

## ESSOME 2. OKUTAMBULINGA MU MWOYO:

## OMUNTU OMUPYA MUNZE: OMUBIRI, EMMEEME N'OMWOYO

Katonda ffena yatutonda nebitundu bisatu ebyawukannye naye kyokka nga bikolera wamu, Omwoyo, emmeeme n'omubiri(1 Abassesalonika 5:23) singa omuntu alowooza nti emmeeme ye ntobo ye birowoozo, enkola era oba olyawo nennewulira zabantu, kati nga omwoyo kyekyo katonda kyeyateeka muntu okuba omulamu, Omwoyo bwebulamu. Eno yengeri essinga obulungi okusobola okuba ekifaanyi era n'okutegeera obulungi.

Buli lwotegeera amazima mu kristo, omubiri, ne mmeeme tebikyuka, naye omwoyo gwegukyuka era negufuuka mugya(2 Bak 5:17). Omubiri gwange gwo gwasigala tegukyuse, tegugejja tegukogga, tugukyuka langi, era emmeeme

enkola era nennewulira zaffe zo zisagala nga tezikyuse, omuntu atamaanyanga kubala nebwalokoka, oweddoboozi ebbi nebwajjula omwoyo era asigala talina kyasobola, omuntu ow'eggume asigala nalyo, omuntu alina eyali afunnye ekizibu oba okutya era wesanga era nga asigala nabyo bwatyo. Olwo kiki ekifuuka ekipya? Mwoyo yafuuka omupya, omuntu bwalokoka omwoyo we yafuuka ekitonde ekiggya, so mubiri oba emmeme. Bar 8:14, agamba nti ffe nga abaana bakatonda tulina okukulemberwa omwoyo. Ekyo kisoboka kitya? Omwoyo wakatonda asobola bulungi nnyo okwogera n'omwowo wange, muddoboozi erikkakkamu ettono, 1Bassek 19:11,12). Naye wadde nga omwoyo wange yandiyaggadde okugoberera omwoyo wakatonda, endowooza yange nayo yetegaaga okukikkirizagannya, omutima nagwo gulina okukkirizagannya obulungi ennyo, ate olwo omubiri gwange nagwo neguyiga okuguminkiriza, okwefuga n'okwerumyanga mulutalo luno.

**Okuzzanga obujja endowooza zaffe**.

Kikulu nnyo okutandika okulwana okuzza obujja endowooza zaffe. Bar 12:2) omuntu alina okusoma era n'okufumintirizanga mukigambo

kyakatonda, okumanya embala era nebigendererwa byakatonda. Era omuntu asobola okukuza omwoyo we okuyita mukusaba, okuyimba ennyimba ez'omumwoyo, era n'okusaba mumwoyo Yuda 20. Omuntu gyakoma okukula mumwoyo era gyakoma okusobola okufuga emmeeme ye, n'omubiri, era nga ekigambo kyakatonda kimuamba okuzza obujja endowooza ye. Era endowooza nayo ettandika okutambulira wamu n'ekigambo kyakatonda Yok 15:3).

Naye amawulire amalungi oba amabi gali nti endowooza zaffe zikyusibwa nabuli kintu kyonna kyetuteekamu, oba kyetuziriisa. Singa omuntu endowooza ye agiriiisa ekigambo kyakatonda bwatyo ajja kulowooza nga katonda bwalowooza. Naye singa omuntu amaanyiira okuliisa endowooza ye nebintu ebikyaafu ebiri ku zi Tv, ebitabo naddala ebyensi, emizannyo, ennyimba ezensi, obutabo, emboozi, era nebintu ebiralala byonna, ojjakuzuula nti okudda obujja n'okyusa endowooza kujja kuba kwakasoobo ate nga era kukaluba.

Era kijja kuba kirungi kukugira ebiyingira mundowoozayo era oyongereko okukkirizza omwoyo wa katonda okufuganga  endowooza yo. Aba 4:8 ebirungi byonna, ebyekitibwa byonna, ebisiimibwa byonna, ebitukuvu byonna,

ebyekitibwa byonna, ebyagalibwa byonna, ebisiimibwa byonna, singa wabaawo okussukkuluma, singa waabaawo ebisaanira ettendo..mulowoozenga kubyo. Eky'omukisa omubi buli lwetulowooza obubi era twesanga nga twogera bubi, olwo ebigambo byaffe ebibi nebituleetera okutwalibwa mubikolwa ebibi. Engero 23:7. Olwo newaba okuddirira okwamaanyi ennyo.

Mukisera bwennali  nga kyali muto ddala, nakafuna abaana, nabo bakyali bato tebanatandika nagenda kusomero, nange kino kyamberera kizibu ddala, era nga singa tolina mwoyo wakutegeera, mukiseera ekukyusa nappi , okusangula enyindo nandisanze nga omutima gwange gulwadde nnyo era nga nalowoozanga bubi kubuli bantu. Buli mbeera eyajjanga mubulamu bwanga nga empisiza ddala bubi nnyo, safunangako kaseera kulowooza ngeri yonna ebirowoozo gyebiyinza okunzisa wansi naddala mubulamu bwange obwabulijjo era nemukkukkiriza. Olunaku lumu nga mpulira ndi kiwonvu wansi, netaaga amaanyi okulinnya nate okuddayo kuntikko, olwo nenzijukira okuddamu okusaba nate. “Mukama singa onanjamba okwewala endowooza embi singa naaba nninnye nga ndi waggulu ndikwebaza nnyo, era mukama

kinnannyamba obutaddamu kuggwa nate" eno yafuuka essaala yange eyabuli lunaku, nga byebigambo ebitandika buli lunaku, era mukama yali mwesigwa, yampa okwawula wakati endowooza embi kundowooza ennungi mumwoyo gwange. Natandika okuwulira amaloboozi agantangira, "***Togenda eyo***" mukiseera ekyo natandika okumanya nti singa ntandika okwejukannya ebyawandikibwa, okuyimba obuyimba, oba okuwuliriza obuyimba obutendereza kijja kuyamba okusiyula omwoyo wange okudamu okubaamu kiri ekyali ekitukuvu era ekyagalibwa" era ekisimiibwa.

Sikiringi omuntu okwesaliranga omusango, naddala singa twesanga nga tukwatiddwa mubirowoozo, naye kyewetaaga kwekwennennya, nabuli ndowooza embi yonna, okulowooza obubi nakyo kibi mumaaso gamukama, kubanga kiwakanya ekigambo kyakatonda (Abaf 4:8). Saba omwoyo omutukuvu okukuyamba okumanyisanga buli ebirowoozo byo lwebiba bitandise okuva kumukama. Yok 16:7,8). Togezaako kuwangula lutalo lwabirowoozo wekka, naddala singa endowooza yo ekkwatiddwa ate gwe alwana olutalo. Waali okukuyamba, musabe okuyamba era tokoowa, ate naawe tandika okukkana Baf 1:6..Kubanga oyo atandise omulimu omulungi

waali okugumaliriza' nsaba mukama okunnyamba okubeera n'endowooza ennungi eri obulamu bwange.

## **OKWASA MUKAMA OKWAGALA KWANGE ERA N'EMBEERA ZANGE**.

Endowooza yange tekoma kukyakudda pupya kyokka  kudda bupya kyokka, naye era n'okwagala kwange nina okusomesa omwoyo gwange okugonderanga omwoyo wakatonda. Paulo ye bwati bwagamba..Nkomereddwa kubwa kristo era sikyali mulamu wabula kristo yemulamu munze, era n'obulamu buno bweninna mu mubiri ndiwo lwakukkiriza omwana wakatonda, eyanjagala era nawaayo obulamu bwe kulwange" (Bagalatiya 2:20). Buli lunaku okwagala kwange kulina okukomererwa kumusaba, ndyoke ntandike okulondangawo okwagala kwakatonda. Ekikulu kulaba ng'afuuka mukama wabuli kanyomero kabulamu bwange,era nga nebirowoozo mw'obitwalidde.

Embeera zange n'ennewulira byonna birina okutambula ng'omwoyo wakatonda ali munze bwali. Mu ssuula zaffe eziddako, tugenda kutunuliira engeri y'okujjanjaba ebiwundu by'omwoyo, n'addala byetuludde nabyo nga

tebiwona. Naye kusaawa eno,Abaf 4:4; 1 Base 5:16, era abakkiriza bangi bensomyeko obulamu bwaabwe bulungi, basanyuka, naye nze nasobola ntya okuyiga okusanyukira mukama? Abef 5:20, wano wewali ekyama “Nga twebazanga Katonda bulijjo kulwa byonna, kitaffe mulinnya lya Yesu kristo mukama waffe, **Corrie ten Boom** atunyumiza olugero olw’okuyiga okwebaza katonda kulwenkukunyi, mukiseera kya sematalo ow’okubiri, bwebaali nga bali mu nkambi yamagye, muganda wamugamba nti enkukunyi zabayamba okugoba abakuumi. Singa kinyamba okuyiga okwebaza katonda sikulwabirungi byokka naye buli mbeera yonna ejja gyendi kino kitegeeza nti osobola bulungi nnyo okubeerawo n’omutima ogusanyukira mukama, era mbansobola okusanyukira mukama nebweba nga mbeera esinga okuba embi ennyo. Era wano ntandika okuwulira essanyu n’emirembe munda mumitima gwange. Nsigala kyakkiriza mukama wakati mu mbeera zonna, nga nkimanyi nti yasubiza nti byonna bikola kulw’obulungi bwabo abakkiriza, sifaayo oba nsobola okulaba obulungi mukiseera kino oba nedda. (Bar 8:28). Singa ebintu biba tebisobodde kutambula nga bwennandisuubidde, wadde nga nze nfubye okukola kyonna ekisoboka, era mba kyasobola okusigala nga nzikiriza mukama nti alina

entegeka ennungi gyendi, era nentandika okutuuunulira mukama n'okusuubira nga noonya emikutu emirungi mukama mwayinza okukolera mukiseera ekyo. Era nga bwenkwasa mukama buli kintu atandike okufuga buli mu mbeera, mukifo ky'okufuba okupangirira wakati mumbeera okusobola okugiteeka mu ntegeka zange, emirundi mingi nkizudde nga gyenkoma okugondera omwoyo nesikola kwagala kwange, nkizudde nti eyo gyenkoma okukkiriza emirembe nessanyu okujjula mu mutima gwange, era eno gyenkoma okuwulira essuubi nga ddala mukama agenda kukola wadde nga mba mumbeera enzibu ddala. Lino lye ssuubi Abe 6:19 bwati bwagamba, era eno yenkwaso y'obukakafu bwetulina mumitima gyaffe. Munsi eno ejjudde okutabulwa era ekyuka netaaga okwekwata ku mukama.

Kakaano, mulina okumannya nti mukama alindiridde okukwatirwa ekisa okusasira era era mukama yesitula mubiseera bye ebituufu, asobole okutwakwatirwa ekisa. Kubanga mukama mulungi era ajjudde okusasira. Erinnya lyamukama lyebazibwe era nekisa kye ekingi ennyo, balina omukisa essannyu n'eddembe abo bonna abamulindirira n'okuguminkiriza, abalindiridde n'obuwanguzi bwe, okuganja kwe, okwagala kwe, eddembe lye,

essanyu lye, okwagala okutasangaka, okisa ekitamennyeka..Yisaaya 30:18

Bino byejjukannye.

- 2 Bak 5:17, Nolwekyo omuntu yenna bwaba mu Kristo Yesu, aba afuuse kitonde kijja, ebyemabega byonna nga bigenze; laba nga ekipya kizze.
- Yuda 20-Naye, abagalwa, nga mufunga okwezimbira mu kkukiriza okwawaggulu era nga musabiranga mu Mwoyo omutukuvu.
- Bar 12:2- Naye temubanga bansi, naye mufubenga okukyusa endowooza, nga mugikemanga mulyoke mumanyenga okwala kwakaonda nga bwekuli okulungi.kiki ekirungi ekisimibwa era ekitukiridde.
- Bal 5:16 Naye mbagamba nti, mutambulire mu mwoyo, lwemunawona okuva mukwaka kw'omubiri.

*Kino Kikulu nnyo:*

Okutambulira mu mwoyo, kwetagisa okubonereza omubiri, okukyusa endowooza, okuwona ebiroowoza, era n'okweresanga okwagala kwaffe kulwokwagala kwakatonda. Kiringa ekirimu okusoomooza oba olyaawo n'oluteteekateeka, naye nga mumazima

kusumululа, era kuleta ekitangaala ekitangaala, kubanga tekiva mubusobozi bwaffe, naye mukutambula era n'okugondera omwoyo omutukuvu mubulamu bwaffe.

**EKYOKULA KYEKINO**.

1. Kitundu eky'obulamu bwo ekisinga okufuna okusomoozeebwa, naddala bwegutuuka mu kwewaawo eri omwoyo wakatonda,(mubiri, mwoyo, kwagala, oba olyawo ennewuulira (Feelings and emotions)?.
2. Kiki ky'oyinza okukola okutandika n'olunalwenkya okulaba ng'owangula, obuwanguzi nebwebuba butono nnyo.

**EBISINGAWO**:


***Cleansing seminar*** Kyawandikibwa Obuwereza bwa Stream Ministries(1999)

***The winning attitude*** Kya John Maxwell(Maxwell, 1993)

***Battled mind of the Mind*** Kya Joyce Myer(1995)

## ESSOMO 3: ENTAMBUZA Y'OBULAMU BWANGE

Emyaka gyonna mukama gyampadde ng'omuwereza, mpuliriza emboozi nnyingi nnyo abawereeza. Wandi nga okunoonyereza kwange tekubaddeeko bujulizi gamba ng'okwa sayansi ne tekinologiya, nsobola okuwa endaba yange mungeri nga eno.

1. Abakazi bangi nnyo wadde nga bakulira mu maka agatamaanya katonda, era nga nabazadde baabwe baali tebamanyi Katonda, kyewuunyisa abantu abo baasobola okukwata obulamu bw'okusaba, era okuviira ddala nga bakyali bato nnyo bakkirizanga Katonda.
2. Kitundutundu kubakyala abasobola okugabana nange obulamu bwabwe, baali bafunnye kubizibu ebinene ddala gamba nga okukozesa ebiragalalagala, okuvumibwa oba okukabasanyibwa abasajja, naddala nga bakyali bato. Naye era ojja kukizuula nga waliwo n'abalala bangi bakyalina obujulizi obufanana bwebutyo naye nga basirise. Naye nze kizudde sing anti singa mba kisirikidde kiyamba kisobola okusumulula singa tuba mumbeera n'ekifo ekirungi.
3. Waliwo amaanyi,amagezi, okuzzibwaamu amaanyi n'embavu, buli lwetuwuliria

obulamu bwa bantu abalala, era oluusi tuzibwaamu amaanyi wakati mukuwulira eebifudde kubulamu bwabalala.

Essomo ligendereddwa okuyamba okwetunulamu “mulugendo lw’obulamu obw’omwoyo” ekitendererwa kulaba nga kwekulaba nga okulaba mubalamu bwo obw’omwoyo mwebyo ebizze bituka ku bulamu bwo, kikuyambe okumannya kiki ky’oli era n’okutegeera enteekateeka zakatonda era nengeri gyasobodde okuteekateeka okulw;kyitibwa okwamaany kwolina kubulamu bwo era n’olugendo lw’obulamu bwo olw’obukulembeze.

JENVUDDE:

Wandiika olukaala lwabantu abakuyambye nnyo okuba ky’oli, abantu abayambye obulamu bwo. Toteeka ko lunaku lwewazaalibwa wadde oluna lw’osubira okufa, oba amaannya gabantu botamannyi, naye njagala record yabantu ababaddewo okulaba nga ofuuka ekyo mukama kyakuyambye okufuuka, ekigenderwa sikutondawo olunnyiri olwa ani yaani naye okutondawo olunnyiriri lwa lyabayambi mubulamu bwo, kubuli linnya ly’owandiika

tekaawo engeri gyemuyitingana, tekako buli kintu kyeyakuyamba. Kankuwe eky'olabirako.

Namboozo Elizaabeth.

- Yeyanjigiriza okuweereza abantu abalala.
- Yangiriza okuba omukkakkamu, era n'okutegeera nga banange bwetutafaananaga.

Wayinza okubaawo bajjajjaabo b'otaafuuna mukisa kulaba, naye walwo ebintu byebatandika mukika kyamwe naye nga bw'otunula waliwo engeri gyewanyambibwaamu enkola zaabwe. Oba katugeze basalawo okusenguka okugenda mukitundu kirala era nga kino kyakyuusa obulamu bwo. Omulimu gwa mukama guno mubulamu bwo bwebusika bwo obusooka, wadde nga wandibaawo ebyaliwo bwwali nga tonnazzalibwa.

**OLUGENDO LW'OBULAMU BWANGE:**

Tandika okutulina obulamu bwo nga mukama akwongerayo buli luvanyuma lwa Myaka ettaano okuva wezaalibwa okutuuka leero. Ffunayo olupapula olwawufu, kuluno olupapullа kwogenda okuwandiika entegeka ya buli myaka ettaano. Abantu abakuyambye ennyo okufuuka ky'oli, era nebifo mwozze nga oyita. Gattako

sentensi nga emu yokka okulaga eraga ga abantu bwebadde ab'omugaso ennyo.

Naddala ebintu bino wammanga.

1. Ebizibu by'oyiseemu: Wayinza okubaawo ebiseera ebimu nga byo byaali bya bulumi nnyo, Abantu oba ebintu byewayitamu.
2. Ebisanyusa: Ebintu ebikusanyusizza nebileeta obumativu mumutima gwo.
3. Abantu abakuwadde okusoomooza, naddala okusobola okuyiga n'okula. A.bakuza, abazadde bo, emikwano, abasomesa, abakulembeze n'abantu abalala bozze ng'osisinkana kulugendo lw'obulamu.
4. Omukono gwa Mukama- waliwo ebintu by'olaba nga ddala yali mukama, gwali mukono gwa mukama okusobola okuyitawo.

Eky'okulabirako.

0- Emyaka 5:
1- Maama
2- Taata.
3- Bannyinaze.
4- Baganda bange.

Ebifo mwempitidde:

1. Awaka.
2. Ewajjajja.
3. Ekkanisa.


Ebimu kubintu ebintuuseeko.

1. Maama okuzaala yo akaana akalala.
2. Lwensooka okugenda kusomero.
3. Lwetwasenguka.

Ebintu byensinga okwagala okukola.

1. Okuyambako maama wange emirimu awaka.
2. Okusanyusa abagennyi awaka.
3. Okuyamba nga abasomesa nga tusoma.

Kino kikole kubuli myaka 5 egyaddirira, 6-10, 11-15 okutuusa kati wootuuse.




1. Oyinza okweyambisa ebyowagguli ebyali bibadde mubulamu bwo, okumanya olugendo lw'obulamu bwo bwerubadde. Osobola n'okwongerayo olunnyiri olwo nerubeera luwanvu singa oba akyaggadde bwotyo. Yongerako ekigambo kimu oba bibiri okunnyonnyola engeri obulamu bwebwaali,

ekifo oba omuntu oba ekyo ekyaliwo. Funayo ennamba yokka wakati wa 1 ne 12 eyimiririrewo kulwa buli kiseera mubukulu, wali otya mumbeera ez'obuntu, mukambwe, musanyufu? Oba musirifu? Embeera z'omwoyo zaali zitya mukiseera ekyo.

2. Ggattako olunnyiriri olulala nga anlwo langi ndala, luno lunnyole embeera zo bwezaali.
3. Ffuna line endala (ey'okusatu) nayo kefaanane bulala, eno egenda kunnyola obulamu bw'omwoyo. Engeri gyewalinnyanga ate nnokka mubulamu bw'Omwoyo.

## OKUYITIBWA KWANGE, EBIRABO, N'OKWAGALA KWENINNA:

Nga bw'otunulira ku gyenvuddewo, era ng'olaba n'olugendo lw'obulamu, njagala olondeyo emboozi satu, mw'ebyo ebibadde mubulamu bwo, nga ddala ogamba nti mukiseera ekyo owulira nga kekaseera akyasinze okuba akalungi mubulamu, wawulira nga oziddwaamu amaanyi, akaseera kowuulira nga ddala wali awo mukama wayagala obeere nga oli biro byo, nga okola ddala ekyo mukama kyeyakutondera okukola. Kiyinza okubanga kyali kintu kitonnyo or oba nga kyali kiseera oba ekintu ekyaggwaawo obuggwi, oba ekiseera wewaafunira omwagalwa wo asooka, oba olina

omulimu wonna ogwaali gugenda maaso mukama nakuwa omukisa okubeera kitundu ku mulimu ogwo wafuna okusomoozebwa, naye oluvanyuma mukama naabeera mwesigwa omulimu n’ogmaliriza ate bulungi. Kkozesa ekifo ekiwereddwa wansi awo, onnyonyoleko mubitonotono kina kimu, kumboozi  ezo waggezo gendako ebiziba wadde nga sinnyonyo yaye kituyamba okufuna amakulu obulungi. Webuuze ebibuuzo bino wamanga?

Kino kyenkola nakitandika ntya?

a. Kiki kyennasookerako?
b. Nakimaliriza ntya?
c. Nategeera ntya nti kyenkola kyekituufu.
d. Kiki kyennasinga okwagala mu kuyitibwa kuno.

Emboozi 1:

Emboozi2:

Emboozi 3

Mukiseera kino, gabana olugero lwo nabantu abesiggwa gamba nga emikwano, yongera line

endala mulangi endala yonna ng'okwagala kwo bwekwandibadde, nnyonnyola kyewakola nga bwekijja mubirowoozo byo, okusinga bwewandigambye lwaki.  Singa oba olina omuntu yenna gw'onnyonyola bino, omulimu gwe omukulu kuwuliriza, mujjireyo ebintu byonna byewakola nensonga lwaki wabikola, munnyumizeeko ebitonotono baani abaliwo nga okikola era lwaki abo bewasalawo babeerewo. Era nga mumaze mutandike okunoonya ebifananaga mu mboozi yammwe mwembi.

Okuwumbawumba:

Mukiseera kyo ng'oli wekka naddala mukiseera eky'okusaba, ddayo otandike okufumintiriza kulugendo lw'obulamu bwo, era osabe katonda okukuwa okutegeera naddala mubintu byozze nga oyiga kubulamu bwo era n'okuyitibwa kwakatonda kubulamu bwo, naddala okuyita mu kuyiga kuno. Okuyaana kw'omutima gwo kuliwa kusaawa eno? Birabo ki, oba talanta zolina eziyinza okuba ez'omugaso mubuweereza bwo, era nokusobola okugasa abantu bo mukitundu ekyo? Wandiba waliwo ebirabo naye nga bibadde wabisirisa  nga tebikugasa wadde. Naye era muli mugwe oba olyawo ogamba nti olugero lwandiba nga teruweeddeeyo, bulungi, waliwo bweyerabidde oba by'otayagadde kujjayo, guno simulimu gwo, ebisigadde

birekere Katonda, yayinza okumaliriza olugendo lwo.

Nze naali mpiseeko mu exercise eno, era ebimu kubyennazuula kwekwagala okuyamba abakyala era n'obusubuuzi" era ekiseera kitonnyo ddala, nasaba bakama bange okumpumuza okuva kifo kyo bwa Director mubuwereza bwa bakyala era mukiseera ekyo nalina emyaka 65, nenzirayo okusoma a diguli eya mansita mu by'obusuubuzi, era abakulu banteeka kulusoma olulina essira ku busubuuzi n'omulimu gwa Katonda. Ebintu by'oyiseemu bisobola okuleeta enkyukakyuka mubulamu bwo, kyotakolanga kwekubuusa obusobozi bwakatonda era n'okumukugira okuyingira mubulamu bwo okulungamya ebigerebye mumakuboge!

Bino bikwate bukusu.

- Zabbuli 139:13-16: Kubanga okukolebwakwange kwakitalo nnyo, wammmumba mulubuto lwa mmange, Nakutenderezanga; kubanga okukolebwa kwange kwa ntiisa, kwakitalo: emirimu gyo kyakitalo, era emmeeme eyange ekimanyidde ddala. Tewakisibwa mubiri gwange, bwe nnakolebwa mu kyama, Bwennatondebwa n'amandebwa n'amagezi amangi mu bya

wansi ebyewansi. Amaaso go gaalaba omubiri gwange nga tegunnatukirira, Ne mu kitabo kyo ebitundu byange byonna nebiwandiikibwa. Ebyabumbibwanga buli lunaku,bwe byali nga tebinnaabaawo n'ekimu.

- Zabbuli 37:23-24: Olugendo lw'omutukirivu lunnywezebwa mukama: Era asanyukira ekkuba lye. Newankubadde ng'agwa, taalisuulirwa ddaala wansi: Kubanga Mukama amunyweza n'omukono gwe.

**BINO BIKULU NNYO.**

Mukama abadde naawe, era okuva mulubuto lwa maamawo, okuyita biseera byonna ebizibu era nebiseera ebirungi, wadde nga wali offuddeyo kukubeerawo kwamukama oba nedda, naye mannya tewali kiyinza okutujja mukwagala kwa katonda.

**KIKO EKY'OKUKOLA:**

1. Kirabo ki ky'osubira kyakuwadde naye nga gwe tonnaba kikozesa, naye nga tonaba kutandika kukikozesa bulungi kulwobwakabaka bwakatonda.
2. Osuubidde kukola ki mu myaka gino ettaano, okulaba okuzuula birabo ki mukama byakuwadde, era ogenda kukola ki okulaba nga ekirabo ekyo okikulakulannya.

**OKUMANNYA EBISINGAWO:**

*What is your giftedness?* Kya (Hendricks 2013)

*Discovering your Giftness* Kya (Bock, 2014)

*Strength Finder 2.0* Kya Tom Rath(Rath 2014)

*Your Spiritual Gift* Kya Peter Wagner (Wagner 1994)

*Discover your God-Given Gift* Kya Don ne Katie Fortune(Fortune and Fortune 1987)

*Free Spiritual Gifts Analysis.* (Gilbert, 2015).

## ESSOMO 4: OKULWANA NE BYAFAAYO.

Kakaano nga bwotandise okulowooza ku biseerabyo eby'omumaaso n'olugendo lw'obulamu bwo. Kiseera kituuse era okutandika okussa essira ne kubantu abo ebifo n'ebintu ebimu ebizze bibaawo mubulamu bwaffe. Abafubye ennyo okuyamba okutereza okutereza obulamu bwaffe, enkolagana era n'obuwereza bwo leero. Amagezi okutegeera n'emikisa abantu abalala byebakuyambye okufuna, era nga kati nabyo bitandise okukulukuta eri abantu abalala nga emikisa. Ebintu ebimu byetuyiiseemu ebitabadde birungi ebikalubye, bituyambye bitya okuzimba enkolagana n'abantu abalala, wandiba nga oluusi byakuyamba okuyiiga okulumirwa abantu abali mu bulumi, okubudabuda

n'okudabiriza banaffe,(2 Tim 2:2). Era wano osobola okumannya oba ebintu byewayitamu byakuyamba okuba omuntu omulungi oba byakufuula mukaawu. Ekibuuzo kiri nti kiki kyetusobola okukola okunnyweza byonna ebibadde ebirungi ate n'okulaba nga nebizibu tubirwannyisa, okujjamu b'okukaawu bwonna obwava ku bizibu byetwayitamu. Oba olyawo n'okugalira amakubo gonna agazibu mwegazze gayita.

## TEEKA AMAASO KUBINTU EBADDE EBIRUNGI.

Funako akaseera otunule kubintu ebibadde ebirungi  mubulamu bwo, ekiseera ekyo, wewali nga ddala owulira oli kumulimu mukama gweyakutuma okukola, era mukifo kyenyini ekituufu katonda kyeyakutondera okubeeramu, ng'owulira omukono gw'amukama weguli. Kati owulira otya, wandiba nga olimu amalala agatandise okujja oba nedda? Wandiba nga otandise okuyingira mu amalala kulwe ebingi mukama byakusobozesezza okukola?  Oba waliwo omwoyo ayagala okuddayo mukifo ekyo, osobole okukola ebiralala? Oba waliwo ennakku ekwambala, okutya oba olyaawo ng'olowooza nti ennaku ezzessannyu zaggwaaayo? Biki by'osobodde okuva mu bintu ebyo ebirungi

mukama byasobodde okuwa? Wandiba nga waliwo bingi ebijja mubirowoozo byo kusaawa eno, nange bingi ebinzijjira, naye mukama ayinza okuwa ebirala bingi nebijja mubiroowozobyo, naye nze bino mukama byasobodde okunsomesa nze mubulamu bwange.

Waliwo ekiseera wennakolera ennyo era newabaawo ebintu bingi nnyo byennasobola okukwatako, nalabanga ng'omwoyo wamalala alinga ayagala okutwala, naye nafubanga okulaba nga ebintu tebindetera kutambula nga mpanise ennyindo, okuduulira abantu abalala, wadde nga muli munda munze, natambulanga mpulira essanyu, era nga neyozayoza? Amalala mabi nnyo era kyekinnya ekisinze okuziika abakulembeze abangi naddala mubuweereza. Tewali kyakuyiga kisinga kabaka Nabukadunneeza, bweyamala okulaba nga akaze bingi okusinga bakabaka abalala, nafuna amalala, okusooka nafuna okwolesebwa nga mukama amuwa okulabula, ekyadirira kwali kumukkakkannya okwamaanyi. Teyafaayo, kukulabulwa okwo, mukama namukuba, Katonda waffe asobola okukola kyonna nga ayagala okukkakkannya(Dannyeri 4:30:37).

Watekwa okubaawo ekiseera wewalabira nga ddala omukono gwa Katonda weguli, era nga

kituufu yakoze byonna by'otuuseko, wayinza okubaawo omukisa ogwaggulawo mungeri yakyamagero, oba okugalawo mungeri nga yakyamagero, oba wayinza okubaawo eddoboozi eriringa esenenkerevu akalabika nga okulungamya okuyita mukiseera ekikalubo mungeri oba olyawo eyali tesubirwa, kyandiba kuyamba mukusalawo, oba okukola okukola omulimu gwakatonda mungeri endala, kyandiba nga kyali mungeri yalusaago naye nekikuyamba okyuka.  Naye emirundi mingi oluvanyuma lw'okufuba ennyo nekisera nga natyooluusi kiwanvu, singa tubaako obuanguzi bwonna amaaso tugateeka kwebyo byetutuuseeko, netwerabira eyatuwa amaaso okulaba, amatu okuwulira, eyatuwa obwongo okulowooza, omukisa okusobola okusoma, okwagala baffe abatukuza okuviira ddala mubuto. Kyangu omuntu okulowooza nti yawangula oba olyawo mumaanyi ge, era oluusi awunzika nga alemeddwa okufuna akasera, okwebaza katonda. Obanga obadde kino tokikolangako, njakusaba ofune ekiseera owandiike ebbaluwa oba okugenda eri omuntu oyo eyakuyamba nnyo mubulamu bwo.

Bwoba nga okyalina okutya oba ennaku ng'olowooza  kubanga emikisa gyo gyagwaayo, Zabbuli 139:16 egamba, mukama yawandiika

mukitabo kye, “nennaku zonna zennakolelwaako, wawaawo nga ensi tennatondedwa” kasita oba nga kyosobola okussa. Ng’okyalina omukka ogw’obulamu, Mukama  akyakulina mu omugaso, okyalina omulina omulimu gw’olina okukola mubwakabaka. Ekibuuzo kiri nti onasobola okujja amaaso go ku ebyo ebyayita, ebyaliwo edda otandike okunoonya okwolesebwa kwa mukama era n’amaaso ge kulwe biseera eby’omumaaso. A R. Bernard, alina essomo erimannyiddwa ennyo, okwolesebwa kwo kubeseera by’omumaaso”alabula bwati, “omuntu atalina kwolesebwa amazima talina MAGENDA wabula atambula adda mabega. Petero Yesu bweyafa, banne yabazzaayo mukuvuba, Naumi yakoma mu Israeri omwami we an’abaana bwebamufaako, era olaba Adamu naye yali ayagala okudayo mu nnimiro ya Eddeni, singa mukama teyamukugira, singa wesanga nga walaalira mubyayita ekibuuzo ekirungi kiri nti “okwolesebwa kuganyi, kwabula ekkubo lyamukama erikutwala jayagala okutwala likyagaanyi? Yer 29:11)

## OKUJJANJABA EBIWUNDU BY’EBIROWOOZO:

Ffena mubulamu tuyita biseera ebizibu, okugeza okufiirwa abagalwa baffe, omulala ayinza okufuna amawulire amabi okuva eri

Omusawo, okufiirwa omulimu oba business, abaana okwonooneka, emikwano okutulyamu enkwe, oba oluusi okukyayibwa abagalwa baffe. Buli muntu amanyi bulungi kiki ekyali kimukutudde omutima, ekyali muletedde ekiseera ekizibu, buli muntu amanyi bulungi nnyo ebintu byeyawandiise musuula eno nga byebyali bimukuttudde omutima. Ekibi kiri nti obulwa bwonna obuva mukumennyeka okwekika kino butukosa emyoyo gyaffe, okumalira ddala emyaka. Emirundi mingi bwetereka eyo nebulyoka buvaayo ate bubinnyo nga oluusi tetukisuubidde, nekileeta obukambwe obukaawu, okutya, okuganibwa, okusulibwawo, okwennyamira, okweralikirira,okuswaala, oluusi tufuna ebizibu ebiralala era nga nabyo bikosa naddala obusobozi bw'okusalawo mukiseera ekituufu. Ekibuuza kiri nti singa tuba tetusobodde kufuna kuwona mumitima gyaffe mukaseera wetufunira kristo, ekibuuzo kiri nti kisoboka kitya okusobola okufuna okuwona mukiseera wetufunira kristo mbagairawo, kisoboka kitya okunoonya okuwona kuno? Oba olyawo, oba nga n'okusoboka kiba nga kyandisobose?

Nkankuwe obukakafu Yesu yemuwonnya, era talina kilwadde kimulema, tawonnya birwadde byamubiri byokka, naye era nebirwadde gamba

nga olusungiyira lw'omubiri, annyiga emitima egimennyese, asobola bulungi okuwonnya ebiwundu ebyo byonna ebiri mumitima gyaffe mbagirawo, okuwoonya kwe emirundi egimu kuyinza okufaanana nga bwolaba omuntu asusumbula akatungulu, asusumbula olususu lumu kulumu, nga ffe bwetufuba okwongera okugonda mumaaso ge. Era nga buli omu gyakoma okugonda wansi w'okwagala kwa Kristo.

Nze mubingi byempiseemu, nkizudde nga waliwo enjawulo nnene nnyo mubizibu nebiwundu ebitukuba, ebikuba omutima byawufunnyo kwebwo ebikuba omubiri, era buli ludda lwetaaga okuwona kwanjawulo. Singa omuntu afuna okusiyibwa, omulala nafuna akatulututtu bano tebetaaga musawo mukugu, wadde obujanjabi bwamaanyi, ng'ate omuntu eyafunnye akabenje oba eyalongoseeddwa. Owakatuluttu yetaaga kutakulako, olw'osusu yetaaga akazigo ate omulongoose yetaaga okuwa ekitanda. Mungeri y'emu nebirwadde byebirowoozo bwebityo, ebigambo ebikaawu, obukambwe, okusirikirira ekizibu kiviiramu omuntu okufuna ekiruyi(sting) n'obulumi obw'omunda, naye singa omuntu oba omwanguyidde okumunnyola, gamba nga okumwetondera, oba okkumuzza ku luguudo

mubwangu, katugambe mubintu nga eby'omukwano, mukakase nti ddala omwagala era ensobi eyabaddewo teyavudde kukumukyawa, mulage nti okyamuwa ekitibwa.

Ensonga mukiseera kitonnyo, egyakuba nga etteredde. Era n'okwerabira nga yerabidde, Engero 19:11, Sulemaani atuwa amagezi gabwerere, "***omuntu omuteefu alwaawo okusunguwala, era okusonnyiwa eky'onoono ky'ekitibwa kye***" naye tulina okukimannya nti singa ekiwundu kiba kiri buziba nnyo  sikyangu kujjanjaba, naddala singa ow'omukwano yabakuliddemu olukwe, singa omuntu bulijjo gwewesiga akulimba, okufa kwebwesigwa gamba singa omwami akulekawo, wayinza okubaawo ensonga ettaggwa eviiraamu okuwanyisigannya ebigambo ebisongovu, obutali bwenkanya obwengeri emu. Ebyengeri eno biyinza owetagisa okuwa ekiseera ekiwerako. Siga omala galeka ebiwundu katugeze kumubiri gwo wesanga nga bisajjuse, era nekiddirira oluusi kwe kuyingirirwa kawuka, era wesanga nga omubiri gwonna ogufiriddwa. Ekiwundu bwekiba mumutima, nakyo kisobola okuwumba, okutana oba okusanjuka nekita omubiri gwonna. Ekiwundu kyomutima kisajuka singa kisigala nga kikyalina ebikikosa, naddala singa omuntu

asigala afumintiriza kubintu ebyali ebibi ebyamutuukako, naleka okufuna akaseera akasaba oba okunoonya engeri gyetuyinza okugonjoolamu ensonga. Kino kirwisa okuwoona, oba okuleka obukambwe okwefuga, n'okusimba emirandira mu mitima gyaffe(Abeb 12:15).

Enjeri yokka gy'osobola okwekuuma obulungi kulaba nga mukino, kwekulaba nga tuleka mazima n'obutukirivu, okufuganga mumitima gyaffe, wadde nga mwandibaamu ebiwundu ebitiriika, ebitonnya obutwa okuyita mu mitima gyaffe nga buyiika munkolagana zaffe era nemumitima gyaffe. Awali okusonyiwagana wokka wewasobola okubaawo okuwona era n'emirembe. Ebyawandiikibwa birambulukufu bulungi nnyo kunsonga eno, okusonyiwa kwabuwaze eri abakkiriza bonna. Mat 6:15 Yesu bwati bwagamba, bwemutalisonnyiwa bibi byabalala, nammwe temulisonnyiyibwa, nekitammwe ali muggulu namwe talibasonyiwa bibi byammwe. Okusonyiwa tekitegeeza nti ekintu omuntu kyeyakola tekyalina bulumi oba nti omuntu yakola yakola ekikirizibwa mubulamu bwe. Era ye akkirizibwa okukiddamu. Era okusonyiwa tekitegeeza nti olw'o tumaze okuzzaawo enkolagana n'abantu abo abatukosa. Singa baba bagaanyi okukkiriza

ensobi, tukyasobola okusigala nga tubagala naye nga tetubasembeza, okusonnyiwa kugasa gwe gwebakosa, olwo obutwa n'obusagwa bw'obutasanyiwa buleme ffe obutatwonoona, naddala okwonoona enkolaga yaffe oba okutusiba ebirowooza byaffe naddala kubantu abatukosa. Kakaano, omuntu asobola atya okumannya nti ddala yasonyiwa omuntu eyamusobya, oba eyamumennya. Singa obusungu oba ekiruyi kiri tekikyalina maannyi kukusaalawo, olwo lw'osobola okumannya nti enjegere z'obutasonnyiwa wazikutulira ddala okuva kubulamu bwo. Kinajukirwa nti okusonyi mutendera ogulina okusigala nga gutambula mubulamu bwaffe, so si kintu jujja mubulamu olwakaseera, kina kirina okusigala mu bulamu nti buli lwewabaawo ebimennya obulamu bwaffe, tulina kulondawo kusonyiwa.

Ate era oluusi mubulamu obwabulijjo wabaawo endwadde zo nga zetagaaga okulongoosa kwebuziba ddala, era mungeri yemu, era nebirowooza byaffe oluusi waliwo lwetugwirwa agazibu nga gaagala obujjanjabi bwebuziba ddala. Gamba singa omuntu akakibwa omukwano, oba okutulugunnya okwengeri effanana bwetyo, omuntu aba alabye kino oba gwekiba kituuseeko yennyini, tulina okusigala nga tukimannyi bulungi nti Yesu asigala nga ye

yemujanjabi wemitima era yaleeta okuwona eri emitima egirwadde. Tewali mbeera gyatasobola kukkakkanya n'omukono ogujjudde okwagala. Era nga bweguli kubiwundu eby'omubiri, ebiwundu eby'omwoyo nabyo bisoboka okulabibwa bulungi nnyo kungulu, oba byebuziba oba byakungulu; singa wabaawo okukutuka kwa enkolagana mumaka wakati w'omwami n'omukyala, obukambwe era nenjogera enkaawu, okutya n'obutesigangana biremesa enkulakulana. Era nga bwolaba abasawo ababulijjo bwebanyiga ebiwundu nebikala ne Yesu bwatyo bwannyiga ebiwundu eby'omumutima nebikalira ddala kungulu nemunda.

Omuntu alina ekiwundu ku meeme, naddala kiruddeko omulabira kuki, bangi kuffe tulabyeeko abantu emirundi mingi, nga bogedde oba bakoze ekintu, n'olaba nga omuntu engeri gyazzeemu oba gyeyeyiisizzaamu siyabuntu, mumbeera ebaddewo mukiseera ekyo, kiki ekiyinza okuba nga kyekizaala kino, biba biwundu byetwagaana okukkiriza okuwona, era kati bino omulabe abikozesa nga ebissi okusobola okutukwasa kubutego bwe, naddala okuteteeka mundowooza embi, katugeze okulimba, emirundi mingi tulimba netulowooza nga bwekibadde nti tubadde mumbeera mbi

ekyosikibi. Naye ojja kukizuula nti obulimba kusiba endowooza zaffe okutuusa ekigambo kyakatonda bwekijja nekitusmulalula netuba baddembe. Yok 8:32.

Omuntu alina kukola atya okusobola okuwona naddala agalwadde g'ebirowoozo era n'okufuna eddembe( emirundi egimu kiyinza okwetagisa okubaako omukwano omukulu mumwoyo, okukubeera okumpi ate n'okusaba naawe buli kiseera nga ggwe bwoyita mu mitendera gina.

1. Kirungi okujja mumaaso gamukama mubwangu, n'omulaga obwetaavu bwolina ku kuwona era n'osaba Katonda okuwonya.
2. Saba omwoyo omutukuvu okuyamba okulaba ensibuko y'ekiwundu  kyo okuviira ddala kumirandira. Omwoyo omutukuvu asobola okuleeta embeera eno mubuliwo n'olaba ensibuko nemirandira gyekiwundo kyo, kisoboka bulungi okuleeta ekintu ekyaliwo, naddala mumyaka egyo egyagenda n'oddamu n'okijjukira, oluusi wayinza okujjawo akaloboozi nga katono, ak'omwoyo, era nekogera n'omutima gwo. Oluusi oyinza owkewuunya mukama byakulaga, naye singa okkiriza n'otambala nga bwalagidde, n'okiriza ye nakukulembera.
3. Mukama musaba aba waliwo yekyeyandiyagadde nawe okutegeera

mumbeera eno, era akubikkulire obulimba bwonna bwoyinza okuba nga wakkiriza nga totegedde, oba oly'awo nga kyandiba nti embeera yatandikira awo. Saba mukama okubikulira buli kintu kyonna ekibadde kikontana n'ekigambo kye, obulimba bwa sitaani obwabuli ngeri yonna. Okugeza singa lumu ogamba nti "**Nze kunsi sirinako muntu yenna anjagala".** Buno bulimba bwenyini, singa omuntu agamba "**Nze nnini okwekolera buli kintu, tewali agenda nnyamba**" buno bulimba bwa Sitaani.

4. Wenennye era osabe katonda ekisonyiwo, okukkiriza obulimba bwa Sitaani kibi mu maaso gakatonda. Wayinza okubaawo ebibi ebirala byewakola, era nabyo nga birina akakwate kumbeera ekuviirako obulwa eddembe. Naddala okugenda mu busamize obwengeri yonna, kibi mumaaso ga mukama, singa omuntu yenyigira mu muze gwonna gwamaanyi nti guyinza okumwonoona kibi mu maaso gamukama.
5. Saba mukama akulage oba waliwo abantu nga wabakosa, wetaaga okugendayo okubasaba bakusonnyiwe. Wetaaga okugonda okugenda era nabuli kintu kyonna kyalina okusaba okukola olina okukitukiriza. Omuntu yenna alina obutasonnyiwa mumutima gwe alina ekibi. Era ali mukibi.

Tewalabira okwebaza katonda kulw'okuwonnya era n'amaanyi ge agawonnya.

Emirundi mingi ebiseera ebikalubo biba n'okusomooza kungi era binnyigiriza ddala obulamu byaffe. Ekibuuzo kiri nti lwaki Katonda atwagala ennyo tatubikka mukono gwe ebizibu ngabino bireme okututuukako, atutaase okulwanagana nembeera. Naye bangi kuffe tulina obukakkafu nti okukula kwaffe mumwoyo, kubadde nnyo mubeseera ebibadde ebikalubo, era nga mukiseera nga ekyo, buli omu yaleka okwagala kwe kumabbali naleka okwagala kwamukama kukole, mungeri enkalubo ennyo, mukama yatuyamba okuyiga, era n'okulaba mukama nga asse wansi n'omukono okutuyisa mu mbeera wakati.

Bino Bikwate Bukusu.

- Yok 8:32.Bwemulimannya amazima n'amazima galibafuula baddembe.
- 2 Bakkolinso 10:4-6, Kubanga eby'okulwanyisa ebyentalo zaffe sibya mubiri namusaayi, naye byamaanyi eri katonda, kulwokumennya ebigo,nga tumennya empaka, nabuli okintu ekigulumivu, ekikulumbavu,

ekikulumbaziddwa okulwana n'okutegeera kwatanda, era tujeemulula buli kirowoozo, okuwulira kristo, era nga twetegese okuwalana eggwanga kubutagonda bwonna, okugonda kwammwe bwe kulituukirira.

- 1 Bak 10:13. Tewali kukemebwa okujja gyemuli okutali kwa bantu, naye Katonda mwesigwa atabaganyenga okukemebwa okusinga bwe muyinza, naye era n'okukemebwa anasangawo obudukiro, mulyoke muyinzenga okuguminkiriza.

**BINO BIKUKULU NNYO:**

Katonda ayagala nnyo okulaba nga ffenna tuva mubuwambe naddala obwebintu ebyo ebyatutuukaako mubiseera ebyayita. Wadde nga sikyangu okubyerabira tubitunulize amaaso age kigambo kye-Ekibi, ekisonyiwo, okukkaanya nti twayoonoona era tutukuzibwa, ebiwundu byaffe okuwonera ddala, sitaani okuwangulwa, okutya okuwangulwa, era okwagala nekuddizibwawo. Eno yendaba ya Katonda omwagazi w'abantu bonna.

**KIKI KY'OLINA OKUKOLAOLUVANYUMA LW'OKUMANYA BINO:**

Singa okizuula nga ensonga gy'otwala ewamukama naddala okwennennya y'emu era nga ddala kitutte ekiseera nga ekinene naye nga tevaawo, kitegeeza nti olemeddwa okufuna obuwanguzi kunsonga eyo, ekyetagisa mukiseera nga kino kwekufuna ekiseera okubeera nemukama wekka era mukusaba kuno, mukama mubuuze ensonga lwaki olemeddwa okuwangula ensonga eyo. Nze namala ekiseera nga amalala gaagaana, nensaba naye nga tewali njawulo. Okutuusa lwennewaawo mukwenennya okwamaanyi ennyo, era nenjatula enfunda ezaawerako "mukama nnyamba okuva mumalala" ne ntandika okuwulira nga mukama angamba, ambuuza, "oyagala okuva mu kibi kino?' era mangu ddala naddamu Nti YEE WEWAAWO, mazima nali sifunanga kirowoozo nti amalala gali ndeka nemba wamirembe, okumalala eddaakiiika nga 15, nali netunulidde muntalo ennyingi ze,mbadde nebannange, ekiswaza nga n'abamu bantu bange bamunju. Mutowange, mikwano gyange, omwami wange era bangi oluusi nga basirika nebaleka nze nensigala nga ntutte ekitibwa namalala nti oba olyawo mbasinze. Era mukama yandaga engeri omwoyo

w'empaka bweyali ayonoonye enkolagana yange n'abantu bange bangi, era batandise okutandika okunnewala. Nga ntandise n'okufuna obujja era nga busimbye emirandira mumutima gwange. Era wano wennatandikira olugendo lwange okutuuka ku ddembe lino. Kiki mukama kyayagala okwogera n'omutima gwo, genda gyali.

**OKWONGERA OKUMANYA EBISINGAWO KU SSOMO LINO**:

*Theophostic Prayer Ministry Kya Ed M. Smith(Smith 2005)*

*Tottally Free Kya Robert Morris. (Morries 2015)*

*Breaking Free Kya Moore (Moore, 1999)*

*Forgive and forget kya Lewis Smedes(Smedes, 1984)*

*www.immanuelapproach.com*.

**ESSOMO 5: OKULIKIRIZA ENKOLAGANA YANGE NE KATONDA**:

Kikulunnyo omuntu okufunanga ekiseera okukola dduyiro, kubanga eno yengeri gyetuyinza okukuuma emobiri nga mulamu ate bulungi. Mungeri yeemu tulina okulaba nga

omuntu waffe ow'omunda naye alisibwa okusobola okukuuma omuntu w'omunda nga nga mulamu.  Essuula eno tugenda kutunulira engeri 12 eziyinza okuyamba okuliisa era n'okuwa obulamu emwoyo gyaffe nga girimu obulamu. Togenda kukozesa zonna 12  buli lunaku lunaku, era newankubadde mubulamu bwo bwonna, naye kyetwetagaaga okumanya nti engeri zono gyeziri era abakristayo bangi bazikozesezza. Yesu  Kristo naye yazikozesa mukiseera bweyali nga akyali kunsi. Singa omuntu ayiga okukozesa engeri zino mubulamu bwe kimuyamba okukula mubulamu obwomwoyo,  era n'okufuna enkolagana ennungi ne Katonda. Era kijja kuyamba okusigala ng'omannyi omwoyo era n'okumannya nti enkola z'omwoyo zawukanira ddala nnyo nenkola z'omubiri mu bulamu obwabulijjo. Amawulire agasingira ddala obulungi bali nti omuntu teyetaaga kusooka kukuguka nnyo mu bbayibuli okusobola okuyiga era n'okukozesa engeri zino. Zabbuli 42:1-2).

Okutandika okukola ennono zinno nga obulombolombo bwe ddiini sikyekigendererwa, ekikulu kwekumannya nti tulina ekibi, era n'okulaba nga buli muntu aleka okukola ebintu nga ye obw'omu natandika okwesiga mukama, neyesiga omwoyo omutukuvu, okumannya nti

ye tasobola. Okumannya obuzibu obuli mukwesiga obusobozi bwaffe oluusi n'obumaliirivu bwaffe, kino kiyinza okutufuulamu embala nga eyabafalisaayo, abakozesa obulamu obw'okungulu okusobola okuyamba obulamu obw'omunda. Era mukiseera kitono nnyo ojja kulaba nga tulemereddwa. Kubanga ekijjula omutima n'akamwa kyekafulumya, Mat 12:34). Mukama Katonda yekka yasobola okukyusa emitima, kulw'omulimu gwe.

Mulugero lw'omusizi, Yesu yagamba nti ensigo kyekigambo kyakatonda, era ettaka gyemitima. Kirungi nnyo okulowooza ku nnono zino nga engeri y'okuteekateeka ettaka ly'omutima gwo, olwo ensigo yekigambo kyakatonda essobole okutuulamu n'okumera. Singa ettaka liba litegekeddwa bulungi, kyangu nnyo ekigambo kyakatonda okumera era n'okukula obulungi. Abag 6:8, Luk 8:5-8) kakaano mutukuziddwa olwekigambo kyakatonda. Yok 15:3).

**EKITUNDU 1: ONAYAMBA OTYA OMWOYO OKUKULA**.

**1. OKUSINZA.**

Yesu, yagamba omukazi omusamariya eyali kuluzzi, nti mukama katonda anoonya abantu abanaamusinza mumwoyo nemumazima. (**Yok**

**4:23**) kino kitegeezaaki? Kyandibadde kirungi buli muntu okutunula kunsonga eyo, kunze kino kitegeeza okugenda eri mukama, okunoonya mukama n'okwagala era n'obuwoombeefu, obwesimbu n'obwerufu, omutima omulongoofu omutali kwewussa, omutali kibi kikweke, wadde ebigendererwa ebibi, omutima oguwa katonda ekitibwa ekimugwanira. Zabbuli 95:6, atugamba okusinza kataonda n'okuvunama, katufukamire mumaaso gamukama katonda, kubanga ye katonda waffe, tetuffuddeeyo oba tuli kumaviivi oba nedda, bwetusinza katonda waffe tufube okulaba nga emitima gyaffe girina obukkakkamu era nga katonda tumuwa ekitibwa. Tulina okusinza mukama mungeri emannyi obutukuvu bwa Katonda…nga tukkakkana wansi webigere bye. Nga emikono gyaffe mirongoofu, n'emitima emitukuvu..Zabbali 29:2; 99:5; 24:4).

Okusinza kwaffe okutali kwabukwakkulizo, mukama ayagala nnyo ettendo, silwakubanga nti katonda ayagala nnyo bampane, naye olwebyo okutendereza kwebireta mu mitima gyaffe. Buli gyetukoma okumannya obunene bwakatonda, ekitibwa kye n'amaanyi ge, obugulumivu, era nekitibwa kye, era n'obutukuvu bwe, olwo netumala ekiseera mu kubeeraawo kwe. Mukiseera kino ebizibu byaffe byonna bijja bijja kuwulira enkula yakatonda.

## 2. OKWATULA EBIBI BYAFFE(CONFESSION)

Ekintu ekisinga okuba ekikulu mungiri yamukama waffe, kiri nti Yesu yaffa, kulwe bibi byaffe, yettikka ekibonerezo kyaffe kyonna, ffe tusobole okuba n'okusonnyiyibwa, okutukuzibwa era n'enkolagana eziddwa obugya ne Katonda, era n'okufuna obulamu obutaggwaawo. 1 Yok 1:9, singa twatula ebibi byaffe, mukama mwesigwa era asasira okusonnyiwa ebibi byaffe okutuloongoosa okuva mubutali butukuvu bwonna". mazima gali gali nti, wadde era tuba nga tumaze okulokoka era ekibi kisigala nga kikyatwerippyeeko, olwo netusigala nga nga tulowooza ebintu ebyo ebinnyiiza omwoyo omutukuvu, tugayaala okwanganga ebibi bino mukumalirira, nga tukkiriza nga bwetuli abanafu, okusobola okuddamu okufuna okusasiirwa kwa katonda. Singa tuba twagala okukula mumwoyo, tulina okwekebera obulamu bwaffe. Buli lunaku fubanga okubuuza omwoyo omutukuvu ebintu ebyo by'oyinza okuba nga wayogedde, oba okulowooza naye nga binnyiiza omutima gwa Katonda. ***Onkebere ai Katonda, omanye omutima gwange: Onkeme, omannye ebirowoozo byange: Olabe nga ekkubo lyonna ery'obubi liri mu nze, era onnungammyenga mu***

***kkubo eritakoma..eritaggwaawo***. Zabbuli 139:23-24..tandika okwekebera okuvaamu ebibi byonna eby'omutima..Malala, okutya, ennugu, obusungu n'obukambwe, sins in the fresh(obunafu, gluttony, adultery) waliwo ebibimu nga tubikola ate nga ebimu byo tuba tetubikoze, okulemererwa okukola ekituufu nakyo kibi. Ebigambo, omutima omubi era n'ebirowoozo ebibi.

Omwoyo omutukuvu gyakoma okubikkulira ebintu nnawe gy'okoma okwenennya. Saba mukama okusasiira. Kkiriza mukama akuwonnye, jjukira kunkomerero yabyonna okulaba okwennennya okuwunzika nebigambo ebiri mu Zzabbuli 51:10. ***Ontondemu omutima omulongoofu, ai Katonda; Onzizeemu omwoyo omulungi munda yange***.

Fuba okulaba nga wekuumira kumpi ne Katonda, singa omwoyo omutukuvu alumiriza omutima gwo naddala kulwekibi, wenennye mukiseera ekyo, saba mukama okuwa ekisoonyiwo mubwangu. Teweetaaga kugwa kumaviivi naddala nga otambula kuluguudo, wadde okwewombeeka oba okuweta ku mutwe, teweetaaga kusooka kuyimba mu kayimba oba okuwoggana, kyangu nnyo fuba okulaba nga wewunga mubwangu n'omwoyo omutukuvu, kino kyangu nnyo. Olina kujjukira nti mazima

Katonda akwagala nnyo, era nga ayagala nnyo okusigala nga munkolaga naawe buli kiseera, era nga afuba nnyo okulaba nga akuwuliririza, afuba okubeera naawe, mukubeerawo kwe era n'okuwa eddembe(1 Bass 5:17)

Waliwo ekiseera ky'oyinza okuwulira nga amaanyi gekibi gakuyimbye amaanyi, oba nga owulira obulumi bukususse, ensonnyi n'okuswala nga bizimbwe mumutima, kulwekibi, mubyafaayo kyebakolanga by'okusaba edda kyebakolanga kwekufuna omuntu gw'omanyi nga mukulu mumwoyo, omuntu oyo nakuyamba okwogera ebigambo eby'okusasiira era n'okusonnyibwa mumaaso gamukama.(Yak 5:16).

3. **OKUSABA**.

Bwanga nga ddala mukama singa byonna amaanyi, era nga aliwaggulu wabuli kumannya, lwaki tusaba? Eno yensonga, mukusaba kituyamba okukuuma enkolagana nekatonda kitaffe. Gyetukoma okusembeerera katonda mubututuvu bwe, era ngyetuka  okukyuka okufanana kristo. Tutandika okulowooza nga Katonda era singa tutwala ekiseera okubuuza ebibuuzo naye netufuba okumuwuliriza kiki kyatuddamu, tujja kusobola okuwulira

eddoboozi lye. Singa oba olina okubuubusa oba nga ddala by'owulira biva wakatonda oba nedda kirungi n'osirikirila, kyandibadde kiringi okwebuuza ku mwoyo omutukuvu abanga ddala by'owulira biva eri Katonda.  Bwoba nga tokakasa oba nga bw'owulira biva eri katonda fuba okulaba nga wekkennennya okulaba  oba nga amaloboozi galina akakwate nengeri katonda gyeyakwebikkulira mu, oba nga ddala bikwatagana nekigambo kyakatonda. Ffena tusobola bulungi nnyo okuwulira era netutegeera amaloboozi gamukwano gyaffe kumasimu, lwansonga emu yokka: kubanga tutera okubawulira nga bogera naffe. Singa omuntu ateeba eddoboozi lyamukwano gwe bulungi, omunnya mukwano mubintu bingi nnyo. Era nebintu byakatonda bwebityo, gyetukoma okumuwuliriza gyetukoma okumumannya, kyangu nnyo okumanya eddoboozi lya mukama. Essaala erina enjuyi bbiri, endiga z'akatonda zimannyi eddoboozi lye, era singa oba omannyi eddoboozi lye kyangu okumannya nga ayogera naawe. Era ajja kwogera naawe. (Yok 10:27).

Okusaba tukuyiga okuva ku Yesu, Yesu yasabanga, tukuyigira kumikwano, naddala abo abayiga okusaba obulungi, tuyiga okusaba okuva mubyawandikibwa( tulina abasajja

nabakyala abaali ababasabi, era tubayigirako nnyo) tuyiga okusaba okuyita mubitabo naddala ebiwandiikiddwa kukusaba, era gyetukoma okunnyikira mukusaba, era gyetukoma okuyiga okusaba.

Okusaba kukola enjawulo(Yak 5:16; 1 Bak 3:9). Musabire abalwadde, musabire abafumbo, musabire abakulembeze, musabire abasumba musabire abagwira, musabire abaminsani, musabire obukuumi,musabire abagwira era nga mukama nga bwanabakulaga.

WALIWO ENGERI ZINO SATU EZIYINZA OKUYAMBA MUKUSABA:

ENGERI 1: Essaala yamukama waffe. Nebwoba tosabye bigambo byennyini, naye wetegerezi ngeri.

ENGERI 2: EBIKOLWA: Okulaga okwagala, okwatula, okwebazanga, okwewangayo naddala kulwa balala.

ENGERI 3. OKUSABA: Okutendereza, okwenennya, okutegeeza mukama katonda byetwetaaga, Okweyiwa mumaaso ga mukama, okusubira okuva eri mukama, okufuna.

## 4. OKUFUMINTIRIZA .

Kuno kuba kwefanannya nemukama, okumulowoozaako, okwekubagiza, singa omannyi bulungi okwerarikira, naddala mungeri nti singa oba toli munkola nnungi n'ekatonda. Tewali kubuuza ddala okufumintiriza okumannyi bulungi.

Tufumintiriza kuki? Ebyawandikibwa bitugamba okufumintirizanga kukigambo kyakatonda. Kumateeka ge, okwagala kwe, emirimu gye, ebisubizo bye, era nebyamagero bye(Yoshua 1:8, Zzabbuli 48:9; 77:12,119:27,48. 143:5)

Ofumintiriza otya? Tandikira ku kulonda akafo w'oyinza okweyawulira, funa ekiseera, awatali bintu bigenda kutabulatabula. Nze okufumintiriza kwange nkukola kumakya ennyo mukiseera ky'okutambula. Abantu abamu bo batuula mukifo ekisirifu, ekifo eky'okusabiramu, okusomeramu. Saba mukama akwebikkulire, embeera eno etabula, naye saba katonda okubikkulira amazima ge. Nga bw'osabira abantu abalala, saba mukama okuwa n'okulaga engeri gy'okukwegayirira kulwabantu abalala, fuba okulaba ng'owuliriza eddoboozi lya mwoyo mutukuvu mukifo ky'okusaba nga mukama okujjawo ebizibu byo.

Oluvannyuma lw'okufumintiriza, obulungi kiki ky'okusubira okuva eri mukama oluvannyuma lw'okufumintiriza kubulungi bwe, okusinziira kubya wandiikibwa, wano wandibadde osuubira okwennennya, okugonda, okufuna amagezi, okubaawo ebintu ebipya by'oyiga naddala kumbala yakatonda, okumannya kumagezi ge, obutukirivu bwe, amaanyi ge(Zzabbuli 119:97, 101,102).

Olina okuyiga okuguminkiriza, nga eno bwogenda maaso n'okuyiga ennono eno, ey'okusa(okufumintiriza)

5. **OKUSOMA(STUDY).**

Okusoma kutwalira okweteregereza ekigambo kya Katonda n'okwekkaanya, kino kisobola okuyamba okuzza obujja endowooza zzaffe buli kadde gyetukoma okusembera eri amazima Bar 12:2; Baf 4:8). Obutafanagana na kufumintiriza, okusoma n'okuyiga ekigambo kyakatonda kwo kutwalimu okwetegereza ekigambo kyakatonda, okwekenneenya, era n'okutereeera ddala mubuziba, okubbikkulirwa kwakatonda, embala yakatonda, ebigendererwa byakatonda era n'ennono zakatonda eri obulamu bwaffe. Era

twawula bulungi nnyo amazima gakatonda" era kino kitwetagisa okuba nga okubeera omuwombefu, okwekkeneenya, era n'amagezi okuva eri omwoyo nga kika kyawaggulu, nga gakikugu nnyo, ebintu ebiyinza okuyamba naddala mukuyiga tusobola okubisanga kumitimbagano, naye ebyekika kino tulina okubyekkenneennya ennyo—byandiba tebiva kumulamwa gwebyawandiikibwa ebiralala. Gwe mukumannya okwembala yakatonda, nebigendererwa byakatonda. Okusoma ebyawandiikibwa temuli kusala bikuubo, kigyakwetagisa okutwala ekiseera ate n'okwekubiriza wekka.

Okutandika obulungi funayo omuntu gwomannyi nti  ono alina amagezi agala mukigambo kyakatonda era tandikira awo, Funayo dikisonale ya Bayibuli ennungi, gigule, oyinza okufuna endagiriro y'ebyawandikibwa bwa bayibuli, ennungi, funayo bayibuli ennyonnyola kubyawandiikibwa(study Bible) era singa bino obeera nga obifunnye olwo ojjakuba nga olina entandikwa ennungi. Singa olina engeri gy'obola okwekwatannya n'emitimbagano gyamawulire, kuliko emikutu mingi nnyo egirina amasomo amalungi era nga bwerere. Era egimu ku mikutu gino giwandiikiddwa wansi essomo lino werikoma.

Buli lw'otandika essomo lyonna, sooka kusaba, saba omwoyo omutukuvu okuwa okutegeera obulungi n'amagezi. Engeri essinga obulungi kwekusoma ekitundutu ekinene, kwata ekkalamu wandiika by'oyize mu kitundu ekyoky'osomye. Ddamu osome ate  ekitundu ekitono ddala, nga bwetegereza, noonya ebifanagana era n'ebirabika okwawukana, oliwaddembe okwekolera notisi mubayibuli yo, siiga w'oyagadde oba okusaazaako kubigambo byoyagala okujukira. Wayinza okubaawo ebigambo nga kuggwe birina amakulu mangi nnyo okusinga ebiralala, byawule kubiralala osobole okubijjukira. Ekigendererwa ekikulu kusigala nga okyajjukira ebigambo ebyo.

Singa wabaawo ekigambo kyonna ky'osomye naye nakikwatagana nekigambo kyonna kyewasooka okutegeera n'okukkiriza nga ddala mazima saba mukama okuwa okutegeera nga kituufu, kyewakkiriza edda nga ddala mazima. Wano saba Katonda okuwa amagezi, funa commentary, nebitabo ebirala, mmanya era n'okunoonyereza mumwebyo, abalala byebazuula edda. Funako abantu abalala abakulu mumwoyo, abakulu mukukkiriza, boyinza okwesiga, naye era olina okwerinda okuwambibwa enjigiriza empya eziyinza okuba

nga zikontana nebitundu ebirala, ebyebyawandikibwa. Kubagannya ebirowoozo n'abantu abarala, bawulirize era olabe oba nga enjigiriza yabwe  etambulira teva kumulamwa mubifo ebimu, mu bayibuli.

**6. OKWEYAWULA.**

Kuno kufula ekiseera wekka era tewenuse bwewunusi, mukiwuubaalo. Emirundi mingi tuyinza okwemaanyiza okubeera mubifo naddaala mu maloboozi, kati omuntu omuteeka mukifo okusirika emirundi mingi tekitera kubeera kyangu wadde, Yesu emirundi yafunanga ekiseera okweyawula okuva mukibiina era oluusi n'okuva ku bayigirizwa be. Era yeyawulanga okunoonya obwennyi era n'eddoboozi lya kitaawe. Mat 14:13,23, Makko 1:35; Makko 6:31 Luk 5:16). Okubeera wekka obwomu tekitegeeza nti oluna kubeerawo okuwuubaala, tulina okutandika okuyiga okunnyumirwa akaseera k'obwomu, n'ogenda okubeera mukubeerawo kwa mukama wekka gwe nemukama.  Nga tuli nekitaffe,  kino osobola okukikola oba kumakya ennyo nga otandika olunaku oba ekiro nnyo nga ogenda okwebaka, oba mukiseera w'obeerera mu tulafiki jaamu, oba oyinza okusalawo okubeera

wekka mu nsiko ngeeyo, oba mukisenge kyo, wekka, n'obukkula omutima gwo gwonna era n'ogufuka awo mumaaso gamukama, wano tewaba kukuba pulani yonna, oba okulowooza kubyedda ebyayita,  mukiseera kino mukama ajja kwogera ebigambo ebyamaanyi, ajjakwogera ebigambo ebyamaanyi, ebigambo ebizzaamu amaanyi eri emitima gyaffe, era abeereko ebintu ebipya byangenda okwogera n'emitima gyaffe. Era ajakwogera naffe kubimu kubintu ebiruma emitima gyaffe (Isa 30:15).

Nga bwetweyigiriza omuze gw'okubeerangako wekka, kijja kubeera kyangu okusobola okusangamu eddembe nessanyu, era n'okujjula eddembe n'obumattivu essanyu lijja kweyongera, era n'okwagala bannaffe, era n'okulumirwa bannaffe naddala nga bali mubulumi.

## 7. **OKUGONDA N'OKWEEWAYO**.

Okugunda kuno kutegeeza okuva mukwefuga n'okwetwaala kwonna, okulekera okukola ebintu kululwo wekka, kino tekitegeeza nti olina okutandika owketwala nga ng'omuntu atalina makulu, naddala ebirowoozo byo nga ggwe, entegeka zo nga  ggwe omuntu, naye kino kitegeeza okweresa okwagala kwo, n'otwala

okwaga kwa kristo, okusigala nga okkiriza engeri engeri era nenkola ya mukama kireeta essanyu era era n'okuwulira eddembe(Makko 8:34,35). Okugonda kulina amatabi abiri, kitwala omutima era n'okukola, si kugonda kwokka. Yesu yatuwa eky'okulabirako, eky'omuntu eyatambulira mubugonvu, bweyasalawo okubeeranga nabayigirizwa be buli kiseera, yatambuliranga mukogonderanga okwagala kwakitaawe, era nekiseera bwekyatuuka nga alina kuwaayo bulamu bwe, era yasigala nga agonda. Baf 2:4-7; Yok 5:30; 8:28, Mat 26:39). Yesu obulamu bwe teyabutambulizanga ku biragiro bya bafaarisaayo, oba ebiroozo n'ebigambo byabantu, makko 12:14) wadde nga Yesu yaberawo mukiseera ky'obufuzi bwa Baruumi.

Abawereza mukkanisa embereryeberye basomesebwa okugondera bakaama baabwe, wadde abo abalina abakambwe(1Pter 2:18-21), wadde nga oluusi kyalabikanga abantu bano abatalina buwaze. Omukristayo, Petero yali abalaga nti obuwaze webuli, era basobola bulungi nnyo okulonda, era nga baalina kulondako kugonda, Paulo alagira abakyala okugondera abaami baabwe mungeri yeemu nga bwebagondera kristo, Petero yalagira abasomi

be bonna okugondera abakulembeze, wadde nga bayita mumbeera enkalubo ennyo, era ye yasalawo okugondera katonda okusinga okundera abantu(1Ptero 2:13-15; Bik 5:29).

Okutandika okussa munkola empisa y'okugonda, olina okulaba nga buli lunaku nabuli kaseera obulamu bwo nga obutadde mu kugondera mukama Katonda  era n'okwagalanga okukola okwagala kwe. Okugondera omwami wange kubanga omwami wange  musajja mugonvu oba mutereevu, oba okugondera abakulembeze kubanga balungi nnyo, naye ekikulu kwekumannya nti twasalawo okutambuliranga mukogonda, buli lunaku kubanga twasalawo okugondera kitaffe ali mugulu.

8. **OKUWEREEZA(Service)**

Okutandika okusamunkola ennono y'obuwereza nga bannaffe. Okwetwalanga nga abatukirivu kutera okutandikira mungeri ngeeno, naddala abantu singa abantu batandika okwagala abantu okubalaba wadde okusiimibwa, oba okugwala empeera, tetulondamu ani oba wa wetugenda okuwereza, ate tebagobeera embeera ezakaseerako, oba okuba abasanyufu oba banakuwavu. Okuwereza okutuufu kutandikira

ku nkolagana ennungi n'ekitaffe, okumatira kwaffe tulina okukola nga kwamunda, okuwereza bonna awatali kwawulamu babotibwa nabatali, wadde okumannya abakulu kubatali bakulu, era olina okukimannya nti okuwereza kiba kitundu kubulamu bwo, sikintu kya kyakulako  oba olyawo olunaku lumu. Singa tusalawo okuwereza, tusigala tukyagenda maaso; singa tusalawo okubeera abawereza, obulamu bwaffe bwonna tulina okubwefiriza, n'okweresa byonna(Mat 20:26; 23:11; Makko 10:43)

Yesu yatuwa eky'okulabirako ekirungi eky'omuwereza, Makko 10:45. Kino tekiri mukufa kwekwokka okumusala wadde okunaaza bayigirizwa be ebigere, naye era n'okutwala eddaala okuwulirizanga banne abubanga kulusegere ,era n'okubawuliriza saako n'okubayambanga buli lwebabeeranga n'ebizibu Luk 7:1-17: Makko 5:1-42) yafunanga ekiseera natuuula nabayigirizwabe, balyanga ebijjulo naye, yabaddanga mu ebibuuzo, nebawummulako nga bali naye, yabatumanga emirimu era nabawa n'obuyinza bwe, era okusinga byonna yabawereza- abaana abato, abakyala, abantu abaaliko emizimu, abantu abaasuulwanga abatayagalwanga mu bantu

Yesu ye yabagalanga, awataali kweyitiriza wadde okwezza wansi.

Ebimu kubintu byetugannyurwa, buli gyetukoma okuwereza bantu bannaffe mubugonvu obutaalimu bukuusa, wadde okwagala ennyo abantu okukusiima. Tufana embara ey'obukkakkamu, okwefiisaanga era n'okusimibwanga katonda.

**Ekitundu 3. Obubonereza omubiri.**

**9. OKUSIIBA.**

Empiisa y'okusiiba, kwekweresa emmere yonna oba eribwa oba ennywebwa(naye amazzi kiba kirungi omuntu asiiba okusigala nga annywa!) naddala nga nsonga zamwoyo zabwakatonda. Omuntu singa asalawo okusiibako ekitundu, nga katugeze oba ekitundu kyolunako, oyo ye okulya kiba kirungi Natalya byonna (Danyeri 10:3).

Amateeka ge kiyudaaya galagiranga okusiiba nga kwawamu, okusiiba nga eggwanga, naddala olunaku lw'okwerongoosa(Mat 6:1-18) Mundagaano tetulina naye tteeka lyonna litulagira kusiiba, naye Yesu yagamba nti okugaba, okusiiba n'okusaba byonna bikolwa erabiraga omuntu eyewaayo eri katonda. Wadde

nga ekkanisa nnyingi nnyo ziragira abakkiriza okusiiba okwekikkungo.

Ekigendererwa ekikulu ennyo eky'okusiiba kwekulaba nti omuntu ebirowoozo bye byonna aba abitadde ku Katonda, era n'okugondera mukama, okufuna okulangimizibwa okulungi era n'amaanyi mukiseera eky'okwegayira naddala kulwabantu abalala amakanisa, amawanga n'amaka gaffe. Mukifo ky'okulya ekigendererwa kwemalako akaseera mukusinza n'okusaba. Buli omubiri lwegwagomba okulya, ekiseera ekyokikozese okusaba, kiyambe omwoyo okufuga omubiri.  Nze mubyempiiseemu, waliwo amagezi gensobola okuwa omuntu naddala kunsonga eno ey'okusaba okw'okusiiba, era kino kwekulaba nga ebigenderwabyo eby'okusiiba bisigala nga birungi; kyangu nnyo omuntu okusiiba nga ekigendererwakye, alina bayagala okufaana, oba olyaawo abantu basuubira nti mukama yeyabawa byebalina, kino kikemo kikulu nnyo. Kyangu nnyo okufuuka omuntu omukaawu, eyajjula ennaku n'obukambwe oba atakawatikako naddala mungeri gy'okwatagana mu nebanno okusinga ate okusiiba bwekwandikuyambye okubeera omutukiirivu(Isa 58:4,6-8).

Mukitabo kye "The Cerebration of Discipline" Richard Foster agamba nti singa omuntu aba atandikiriza okuyiga okusiiba naddala omulundi ogusooka, kiba kirungi nasiiba olunaku lumu mu week, era nga atandika n'okusiiba kwetandiyise owekitundu, naddala singa atandikira kumalya ge kyemisana, ekyeggulo nalyaako ebivavava oba akokunnywa akatono ate naddamu okulya enkya kumalya g'ekyemisana, singa kino abaakissobodde olwo tutanka omussa kukuusiiba okukwabulijjo, okwessaawa 24, era mukiseera kino mumuwe amazzi nga mangi nnyo, mukiseera nga kino kirungi nnyo okufuna amagezi okuva eri abantu abatera okusiiba oba okusoma ekitabo ky'omuntu yenna atera okusiiba era awandiika kukusiiba.

Tulina abantu abangi nnyo mu Bayibuli abasiiba, Musa, Daudi, Eliya, Danyeri, Anna Paulo ne Siira, era ne Yesu Kristo Yennyini, okusoma kubyebakola, lwaki basibanga nabiki ebyava mukusiiba kwabwe kiyinza okuyamba okuteekateeka omuntu ayagala okutandika okuyiga empisa y'okusiiba.

**10.OBWANGU(SIMPLICITY).**

Kino kitegeeza okubeeranga ne mukama kyenkana mubulu kannyomero kabulamu bwo-

singa eky'obugagga, singa abantu, singa eky'okukola, naye nga owulira mukama katonda yennyini.  Singa tusalawo okubeeranga mubulamu obwangu ddala ebigambo byaffebyonna bijja mazima meerere, era mubwesimbu. Ensonga enkulu sikunoonya bitiibwa nakusanyusa bantu, naye ebitono byetulina byetugabana n'abantu abaliwo, kubanga tulwooza nti buli kintu kyonna kyetulina kyamukama, era ffe tubirina nga abawanika.  Ebintu mukama byatuwadde tulina kubisanyukiramu sosi tukugya kumulamwa n'okuva kubantu. (Omubuliizi 6:18-19). Emirundi egisinga tukola okusalawo okusinziira kubiki byetukkiriza nti ddala Katonda nga tugoberera ebyo byetumannyi nti Katonda byayagala tukole, era mukiseera tuba tuvudde mukikemo ky'okufugibwa ebintu eby'obugagga mukama byeyatuwa, endowooza zaffe, okutya, okwekulembezanga, okweralikirira, omululu era n'obujja. Tetulina kubagaba buli kantu ketulina eri abaavu ffe tusigalire awo, kubanga ebintu ebingi nnyo twabiwa Katonda era nga ekyasigalira kwekulaba engeri gyetusobola okweyagalira mubintu mukama byatuwadde. Abaana baffe singer yakukuuma obusika bwaffe, oba engeri y'okweyongeranga ennyiriri zaffe ez'obuzaliranwa, oba okubafuula abaddu okutukirizanga ebirooto ebyalema, naye birabo

okuva eri katonda, byetulina okukuuma obulungi era n’okukuza obulungi kulw’okuzimba obwakabaka bwakatonda.

Empisa y’okubeera omwangu, nnyangu okugikola, kyangu nnyo, sooka onoonye obwakaba bwakatonda n’obutukirivu bwe” (Mat 6:25-33)

## 11. OKUSIIMANGA.

Wadde nga okwebaza n’okusiima tebiwandiikiddwa mu bibala by’omwoyo, era mumpisa z’omwoyo, tulina ebyawandikibwa bingi ebitulaga nti kiringi nnyo abakkirizza okuyiga okwebazanga, okusima mukama katonda. Nange nnina obukakafu nga ddala mukama atusanyukira buli lwetwebaza era kikola bulungi omwoyo waffe , mwebazenga mukama mubyonna era nekulwabyonna, (Abef 5:20)webazenga mukama mu mbeera zonna Abess 5:18) Yingiranga nga mumpya se n’okwebaza Zab 100:4). Ngeri esinga okutandika olunaku obulungi esinga okutandika n’okwebaza mukama, naddala singa omuntu abalina ensonga ze ttaano, mukama zamukoledde mulunaku oluwedde. Kiyinza okuba nga kyabadde ekirabo nga mukama yakibawadde awaka, oba wayinza okubaawo akanyonyi akadde kayimba oluyimba olulungi okumpi n’oluggya awo, wayinza okubaawo essaala mukama gyeyanukudde , oba obulamu obulungi, eddembe mukama mukama

lyakuwadde, obukuumi, oba ebigambo byamukwanogwo ebizzaamu amaanyi, oba mukama okubaako ekigambo kyeyakubikkulidde okuva mukigambo kye, oba waliwo omuntu eyakukoledde ebyekisa mungeri gy'otasuubidde. Mukuyita mulunaku lwonna fuba okulaba nga otunula nkaliliriza okulaba nga olaba ebintu mukama byakoze nga bisaana okwebaza.

Tandika n'okusiima abantu abakwetorodde, abantu be nnyumba yo, bokola nabo emirimu, balirannwa bo, abantu b'ogulako ebintu, abantu abakuwereza mungeri ezitali zimu, era naabo bemukola nabo emirimu gy'obuwereeza. Kirungi nnyo bamannye nti bamugaso mubuwereza bwo, ebigambo byabwe bizzaamu amaanyi, omulimu gwabwe gwamugaso nnyo muby'okola, era bategeeze ng'obulamu bwaabwe buyambye okukyusa obulamu bwabalala.

Fuba okulaba nga olunaku era oluwunzika bulungi, nga bwogenda okwebaka, beera n'omutima ogulima okwebaza, okusiima, mukama mwebaze nekulwebizibu n'mitawaana gyonna egirubadde, era yiga okubeera omumativu newankubadde nga waliwo ebisomooza, obunafu, obukalubo, okiyigannyizibwa, emitawaana nebilala.  Kubanga mubunafu bwange mwemuli amaanyi(2 Bak 12:10).

Ann Voskamp mukitabo kye One thousand gifts" atuwa okusoomooza agamba alina ebirabo 1000 byeyebaliza mukama.  Eno ngeri eyenjawulo

eyokwebalizaamu mukama, era n'okusigala nga tulina omutima ogusiima n'okwebazanga katonda. (Voskamp, 2010)

## 12.OKUGABIRANGA ABALALA

Mukama asanyukira emmeeme egaba nessanyu(2Bak 9:7) waliwo omubulizi omu yagamba, nti tewali kaseera ketusinga kufaana nga mukama nga kiseera nga tuwaawo. Kino kiri mbala yaffe, 'kubanga katonda kitaffe mugabi, kubanga mukama bwatyo bweyayagala ensi, n'okuwaayo nawaawo omwana we omu' Yok 3:16.

Olwaleero buli lwebogera ku kuwaawo okugaba abantu bangi ekisooka okubagyira mundowooza nsimbi. Naye okugaba okutuufu kutulagira okugaba okusingira ddala nnyo kunsimbi. Wewaawo mukama ayagala okugabira abaavu, Ekyam 15:11mwanjuluzenga engala zammwe eri ab'oluganda, eri abaavu n'eri abalina obuzibu obutali bumu, Ezek 16:49 tusoma kukatonda nga yemuluginyiza sodoma ne kubanga tebafaayo eri bannaabwe bwebaali nga baavu.

Katonda era ayagala tumuwe kubiseera byaffe, Ayagala tumuwe kuzitalanta zaffe, ayagala

ebigambo byaffe ebizzaamu amaanyi, ayagala eby'obugagga byaffe, ayagala amagezi gaffe. 1 Tim 6:18 bino byonna abiwunzika burungi nnyo, Beera mugabi, nabuli byonna mukama byakuwadde gabana nalala

**BINO BIKWATE BUKUSU**

- **Zab 119:105-** ekigambo yettabaaza yebigere byange.
- **Yer 29:13-** Olinoonya era olindaba, bwolinnoonya n'omutima gwonna.

**BINO BIKULU NNYO:**

Tekikwetagisa kubaawo kiseera kyonna enkolagana yo nekatonda, mukama akulundiridde okugenda gyali, okumunoonya n'omutima gwogwonna, mukiseera kyo eky'okuwummulako, mukiseera ky'okuyiga ekigambo kyakatonda, funako ekiseera ky'okusaba.  Mukama mwebaze, wandiika mukiseera kino byonna mungeri yonna saba mukama okusikuula omutima, fuba okulaba nga buli lunaku luna lunaku lupya era nga mukama yakulembera buli kanyomero kabulamu bwo.

**EKY'OKUKOLA:**

1. Tandika okulowoza kuky'okuyiga bayibuli, kiki ky'ofumintirizaako nabiki ebiyinza okuvaamu. Era tandiika okufumintiriza kwebyo byewayiga. Byama ki byewayiga ebyakuyamba, mukusoma

kwo, fuba okulaba nga owandiika ebintu ebipya by'ozudde. Wandiika byama ki by'oudde nga bikuyambye okusobola okufumintiriza obulungi? Bizibuki by'owangudde, era wabiwangula otya?

2. Gezaako okunnyola ekiseera kyo eky'okusaba. Osaba di era otya, olina engeri eyiyo ey'okusaba mu? Olina w'owandiika mukama byakulaga mukiseera eky'okusaba? Kizibu ekisinga okuba ekyamaanyi  mukiseera ky'okusaba, abantu abasing besanga nga ekyokusaba olwatu mumaaso gabantu nga kikaluba nnyo, naawe bwotyo?
3. Noonnya engeri gy'oyinza okugonzaamu obulamu bwo, wewale amabanja, wewale okwetuumako ebintu naddala ebyebbeyi, ebintu byotakyalinako mugaso munju, tunda oba bigabe.
4. Waliwo ko engeri z'olabanga zisobola okuyamba okuyiga naddala okuyiga bayibuli mubwangu.
5. Olwooza kukyo okukola ko ko obw'omu, wekka oba eky'okubeera wekka kikuletera okweralikirira n'okutya? Kiki kyoyinza okukola okusobola okuyiga empisa y'okuwereza era n'obereengako mumaaso gamukama wekka.
6. Obuzibu bw'okugonda naddala wansi wabantu abalala osinga kubufuna di? Era omannyi ensonga lwaki kikaluba oba olyawo? Lwaki okubeera omukkiriza kikwanguyiza oba kikukalubiriza mukugonda?
7. Mukiseera kino owereeza wa? Webuuze oba walondawo okuweera oba okuba omuddu oba

omuweereza, enjawulo eri wakati wengeri eri ku nfuga. Wefuga oba mukamawo yakufuga.

**OKUMANNYA EBISINGAWO**.

*Cerebration of Discipline* kya Richard Foster(Foster 1988)

*My Heart Christ's Home* kya Robert Boyd Munger(Munger 1992)

*Intercession, Thrilling and Fulfilling Kya Joy* Dawson(Dawson 1997)

*Prayer That avail Much.* Kya Germaine Copeland(Copeland,2005)

*Secrets of apowerful prayer* Kya Hammond ne Cameneti(Hammand 2000)

*One Thousand Gifts kya* Ann Voskamp.

## ESSOMO 6:OBUKULEMBEZE OBWEKIWEREZA

Olugendo olw'obukulembeze lwatandikira wala, naddala nze nga omwana muwala w'omusumba, natandika okuwereza mubifo ebyenjawulo mukkanisa eka, natandikira mukuyamba abaana abato, aba nasale, abaali mukkanisa yaffe, nempereza mu bayimbi, nenzira mu bavubuka, bwentyonebankuza nenzira mu kusomesa ffe twakiyitanga Sunday school, ekiseera nekituuka nentaka okukubanga ennanga, era nga bwenkola n'ogw'okulongoosa ngwennyigiramu, okufumba ewaka gwabanga mulimu gwange, kyokka wadde bino byonna byagendanga maaso, nze omukisa gw'okuwereeza mubuvunannyibwa obwenjawulo, nakwennyumirizangamu. Nannyumirwanga nnyo okuyiga ate era nga njagala nnyo okusomesa. Okukula kwange mubifo ebyobuvunanyibwa mukiseera kyenali mu collage, sakusangamu buzibu. Tewabangaba wo kiseera kyonna kyennali negombye okufuuka "President" oba omukulembeze alina okwolesebwa kwonna, naye nze, nennyumiririzanga mukuyamba okwolesebwa kwaffe ate n'okuwagira abakulembeze, n'okuwereza. Emyakka kkumi gyemmaze nga ndi Maama munnyumba yange, nabaana bange babiri ginjigiza bingi nnyo kubukulembeze n'okuwereza naye okukula kwange nga omukulumbeze kubadde mukiseera ekyemyaka amakumi abiri mwembadde nga ndiwakati mubantu abangi, mubusuubuzi,

bwentyo najja nga nyimusibwa mpola mpola okukulembera ekibinja kyange, bwentyo nempeebwa ogw'olabirira banange, oluvanyuma nawebwa ogw'obwameneja, wano obulembeze bwange webwatandikira okuvaayo, sinze nali omukulu asembayo mumulimu guno, kubanga abasing mu baali basajja, naye nakiyiga mukiseera kitono nnyo nti singa abantu baba baweereddwa ebyekukola  bakosesa amaanyi manyi nnyo era bakola naamaanyi mangi nnyo. Mukiseera kino nakola naamaanyi mangi nnyo okulaba nga nzijjawo buli kintu kyonna ekyandibadde kiremesa okulaba nga buli muntu asobola bulungi okutukiriza bulungi omulimu ogwamuwebwa. Mubulamu bwange nga nfuba nnyo okulaba nga mukulembeze omuwereza, omuddu, era mundaba yange nagezaako okwennyola mungeri y'obulembeze mungeri gyennali mmanyi obulungi. Naye mungeri endala, nafumba okwennyonnyolako muli mumutima gwange nga omukulembeze ali mutenedera omulala.(second-rate) omuntu atazaalibwa nabusobozi okukola bino byenkola,  naye nayiga okukola n'amaanyi  natandika okusoma ekitabo kya robertGreenleaf, kinnyonyola omulimu bulungi ekitabo kino akiyita "Servant Leadership"  era bono wamanga byebimu kubintu ebyasinga okumpunikiriza:

Omukulembeze nabeera omuwereza, omuddu, asooka kubeera muddu, agamba nti kitandikira

mukukiwulira muli munda, omuntu ayagala okuwereza banne, olw'okutegeerakwe nekutandika okumugamba okusalawo okuba omuwereza, okuyamba abalala. Omuntu wekika kino ayawukira ddala nnyo kubantu abalala atandika obutandisi mubulembeze, enjawulo erabira mungeri gyalabirira mu abalala, omuntu eyasooka okuba omuddu, abantu bakulembera bazooka okulaba nga bawerezeddwa, ebyetaago byabwe birabiriddwa. Era nga oyagala okumannya okumutegeera kino kijja kuyamba,  abantu abawerezebwa, bakula naddala bo nga abantu, bakyukako obulamu bwabwe buterera nga boa bantu, bafuuker bagezi, baba badddembe, basobola okuyimirira obusimbalala, nebawereza basobola nabo okufuukamu abaddu, abawereza? Abagazi babantu? Greenleaf 1977-p.27)

Omukulu ono yali agamba, ffe nga abakulembeze, tetulina kubeera bantu bawaggulu nnyo, mubukulembeze! Kino kyali kiseera eky'okwakirwa ettabaaza, era wano wentandikira okutegeera obukulembeze mungeri endala ate ennungi.

Abakyala bangi , abalinga nze, nga bayiga obuvunannyizibwa bw'omuwereza mungeri ennungi, nga banyumirwa nnyo okulabanga bawereza eri obulumi bwablala, bafaayo okumalawo obwetaavu bwabalala okusinga obwetaavu

obwabwe bo, singa owulira nga mukama akuyita okukola ekyo, omutima gwo gulina okusalawo, okutandika okunoonya obukulembeze, era nange nja kkuuzaamu amaanyi, okulaba nga otwala eddaala ery'okukkiriza. Vaayo otandike okulembera naddala mububinja obutono ddala, okusomesa Bayibuli, teekateekayo olukungaana nebweruba lutonnyo, oba tegeka yo akabinja musaalewo kyemugenda okukola ate mufube okulaba nga mukitukiriza, era singa aba nga mukama yakuyita okukikola ajja kusobozesa okukitukiriza.

Abantu bantu bayinza okubagana empawa kusonga y'obukulembeze n'obuddu, bangi bagamba nti bino tebisoka kuba wamu, omulembeze okuba omuddu. Omuntu omu asobola atya okuba omukulembeze ate era nabeera omuddu mukiseera kyekimu? Engeri Yesu gyaddamu ekibuuzo kino ojja kugisanga mu Luk 22:26. Omukulu mummwe abeerenga wansi, nabuli ayagala obukulu mummwe awerezenga banne. Era ebigambo bye yabiwunzika nebigambo bino, kubanga omwana w'omuntu teyajja kuwerezebwa, wabula yajja okuwereza(Mat 20:28), naye era yatuwa eky'okulabirako ekirungi mubulamu bwe emyaka gyeyamala wano kunsi.

## I. YESU O'OMUWEREZA OMUDDU.

Yesu, omuwereza omuddu omutuufu omutuufu buli muntu gweyandigombye naddala olwaleero, Omuwereza –omuddu—ayaayaana okubaako

gwasikayo, okubeera ekyo'labirako eri omuntu oyo, ate n'okumukuza okulaba nga bavaamu abantu abantu abalungi, kungulu n'emunda(Spear, 1998 p.XII). Kino kirabika bulabisi nga ddala Yesu kino kyeayali. Atuwa embala ennungi kwolabira omuwereza nabeera omuddu omulungi(Spear,1998,pp.4-6) era wano atuwa eby'okulabirako.

1. Olkuwuliriza: Omuwereza alimu embala y'obuddu awuliriza buli kirowoozo, okuwabulwa ate n'okutya kwabantu kwonna era n'emitima gyabo bonna bakulembera. Yesu yawulirizanga abantu bonna abajja gyali, naddamu ebibuuzo byabwe, wadde nga ddala oluusi kyabanga kiseera kizibu nnyo nnyo. Yok 3:1-21; Yok 4:7-42).
2. Okulumiririrwa: Yesu yalina obulumi eri abantu, bonna beyali akulembera(Mat 9:36; 7:13)
3. Okujjanjaba(Okuwonnya) Abakulembeze bonna abalina mu embala ey'obuddu, tebalekera abantu baabwe mubulumi, Katonda yamufukako amafuta n'omwoyo omutukuvu n'amaanyi, era yatambulanga ng'akola bulungi, nga awonnya bonna abo abajogeebwanga Sitaani(Bik 10:38)
4. Okubbukkulirwa okw'omunda. Abawereza bonna abalina embala y'obuddu balina engeri mukama gyababikkulira ebintu mumitima gyabwe, Yesu yamannya ki kyeyali kunsi era na wa geyali agenda. Yesu yali teyetaaga muntu

mulala yenna okumumannyisa kiki kyeyali(Yok 2:24-25)

5. Obwangu n'essanyu: Bangi ku bawereza abalina embala ey'obuddu banoonya okukkaanya okusinga okuwalula obuwawuluzi abantubebakulembera, Yesu yamannya nti Yesu oba olyawo alimulyamu olukwe, naye era yamukkiriza okuba omuyigirizwa ate namuwa n'omukisa okukwatanga ensimbi(Mat 26:25; Yok 13:29;17:12)
6. Okwawula ebintu(Conceptualization) Abakulembeze bonna abalina embala ey'obuddu, bamannyi okwawula n'okugabannnya ebintu mubulamu bwaffe obwabulijjo, oba olyawo n'ebintu ebyawulijjo ebirabika, eky'okulabirako, Yesu ntakera yasomesanga kubwakabaka bwakatonda..Nayita wonna mu galilaaya, nga ayigirizanga mu sinagooga, era nga alangirira obwakabaka bwakatonda nga endwadde zonna era nabantu bonna abalina okunnyigirizibwa" Mat 4:23)
7. Okulengera ewala: Abakulembezze baffe abalina embala ey'obuddu balina ekirabo eky'okulaba ewala, omukulembeze owekika kino asobola okukwata essomo elyayita naleeta mu mbeera ya leero, era nasobola okumannya biki ebiyinza okuva mukusawo kwonna oba kubi oba kulungi. Yesu ntakera nga alabula abayigirizwabe ku buzibu obwali bumwolekedde era n'akaseera akazibu akaali kamwolekedde  mukiseera ekyali

kijja era n'abayigirizwa be(Luk 9:44,45; Mat 24:1-31)

8. Obuwanika: Abayigirizwa bonna abalina embala ey'obuddu balina ekirungo eky'obuwanika, era bawanika abalina amagezi, eri ebintu ebyabwe era n'ebintu byamukama, bewaayo nnyo eri okuwereeza abantu abalala, Yesu yakozesa ebiseerabye n'amagezi, yakolera emyaka essatu gyokka naye yakyusa ensi yonna. Yabira abaavu, abagagga yabawa omukisa okusobola okuwereza eri obuzibu bwabatalina, era n'okumugabira ye(Yok 13:29, Luk 8:3; Mat 26:7-12)
9. Okwewaayo eri naddala okulaba nga abantu bakula. Abawereza abalina embala ey'obuddu, bafuba okulaba nga abantu bakula naddala mubulamu obwabulijjo, mumirimu era nemubulamu bwabwe obw'omwoyo. Yesu ebiseera bye yabiteeka nnyo mukusomesa, okuwabula era n'okutereeza abasajja be, yafuba nnyo okulaba nga atendeka abayigirizwa be, ekkumi n'abiri(Mat 10:1,11:1;16;20:17)
10. Okuzimba ebitundu: Abakulembeze abalina embala ey'obuddu, bakolera kulaba nga nga waliwo obumu, era bafuba okulaba nga bakolera wamu nga ekitole, era nga n'ensonga essinga obukulu kuba bumu. Yesu yasomesa abayigirizwa okwagalana, okuwerezagananga, era n'okwagalanga(Yok 13:14-16; Mat 28:19,20; Bik 2:44-47)

Olinayo kko abawereza abalala bolowoozezzaako, nga nabo baalina embala ey'obuddu?

II. **OBUWEREZZA OBW'EKIDDU NGA BWEBUKOLEBWA LEERO**.

1. Okuwuliriza: Kino kisoboka singa gwe ng'omuntu otandika okutwala abantu b'okulembera ng'ekikulu, amaka gaabwe, ebintu byebagala n'ebyebatayagala, mannya biki ebiretera emitima gyabwe okulumwa era namitawaana ki egimennya emitima gyabwe, wekkaanye biki byebogera nabiki byebatayogera, byebasirikidde, singa obanga olina ky'otategedde, babuuze bakuddiremu, Paulo ye agamba bwati abantu bonna abakolera wamu naawe bawe ekitibwa...bawe ekitibwa ekibagwana kulwomulimu gwabwe(1 Bass 5:12-13).
2. Ekisan'okulumirwa abalala. Kino kisoboka nga muli muggwe olowooza nti abantu b'okulembera balina amakuli gy'oli, wadde nga empisa wadde ebigambo bye sibirungi gy'oli, olina okukitegeera nti abantu bonna abazito, abamennya waliwo abasooka okubamennya wano w'olina okukimannyira nti okusonyiwa kukulu nnyo, kiseera okulaba nga abantu bonna bafuna okwagalibwa ate okusanira, eri abo abalina byebayitamu, abalina abayita mukaseera akobulumi, abalina byebetaaga, mukiseera nga kino abantu webetagira obuwereza

obw'okubeerawo. Ekyetagisa kubeerawo nga okutudde mukusirika nga bobwegenda maaso n'okukungubaga. Nga abakyala emirundi mingi twagala nnyo okubaako kyetukolawo, oba olyawo okufumbawo emimonde, oba obuuji, singa omuntu aba alina omwana twagala tumujjeko omwana, okuyambako omuntu okwoza, oba okwera munju, naye nga ekintu ekisinga ddala okuba ekikulu kwekulabanga tusaba, tukumira abantu mu mbeera eyesaala. Kijja kutwala amagezi omuntu okusobola okukola kino oba okukulembererwa omwoyo omutukuvu, omuntu okusobola okudamu obulungi eri obuwereza buno.

3. Okujanjaba(Healing). Fuba okulaba nga oyamba b'okulambera okusoba okuvvuna ebizibu eby'omwoyo, eby'ebirowoozo, oba byamubiri. Wewaawo tuyinza okuba nga tetulina bukugu busobola okuleetawo okuwona oba okujjanjaba emibiri, naye singa tuba nga tukwatagannye bulungi nnyo n'omusawo asinga, tusobola okusaba kulwabwe era mukama nayamba abantu. Abalina ebizibu nga bya birowoozo, okutabulwa mumwoyo oba mubirowoozo, abalina ebiwundu eby'omumwoyo. Nga omuweresa omulungi alimu embala y'obuddu tukusubira okwogera ebigambo ebizzaamu amaanyi, ne suubi.
4. Okuteera n'okumannya: saba mukama akuyambe okutegeera obunafu bwo, okumannya

w'otatukiridde, era nebifo omukyagaanidde ekibi. Nga omululembeze omuddu wabantu bakatonda, omuntu amannyi kyali, era amannyi nti waani, amannyi mukamawe era nabantu bakolerera. Omumannyi biki ebirina okukulembera na biki ebirina okujja oluvanyuma, wessaamu ekitibwa era naabo b'okulembera, omannyi okuyitibwa kwo bwekuli. Singa ekikemo kyamalala kikujjira naddala nga abantu bakutendereza, fuba okulaba nga ojjayo ekifanyi ekituufu, kiyambe okusigala nga olabika bulungi, ate fuba okulaba osigala wetorooddwa abantu bokka abakkirizannya naawe, gannya ekigambo kyakatonda, n'omwoyo omutukuvu okuyamba okutegeera amangu, era n'okukulembera mangu okuzzaayo eri amazima g'ekigambo kyakatonda.

5. Obwangu mumirimu. Abawereza bonna abalina embala y'obuddu betuma emirimu, bakola obwannakyeewa, mubwes igwa, obuyitirivu bawaawo ebiseera byabwe n'amaanyi era zittalanta zaabwe, okutukiriza obuvunannyiizibwa bwabwe, okukola ekigendererwa kunsi kuno kintu kikalubo nnyo nnyo n'okusingira ddala okusikiriza omukozi okubaako kyakola, abantu baffe abokala obwannakyeewa bo betaaga okuzaamu amaanyi kyenkana buli kadde, bagala okulaba omugaso gwo'omulimu gwebakola buli kadde. Nakizuula nga abantu mukama bayise okukola omulimu gwe mungeri yabwannakyewa balina okwewaayo

kwakika kyawaggulu era n'okukolera akaseera akawanvu okusinga abantu bannamumwa, abakuba amatama olw'obantu nebasuubira nti balina obusobi okukola nebabawa obuvunannyizibwa. Mungeri endala singa omuntu abeera alondeddwa mukama, netuyamba netumuzzaamu am nasabirwa kino kikulu nnyo okusinga byonna. Omuntu yenna okumusindikiriza mumirimu gy'obwannakyewa sikirungi wadde.

6. Okwawulanga ensonga. Beera mwetegefu okulaba nga onnyonnyola bulungi okwolesebwa mukama kwatadde kumutima gwo. Kino kijja kuyamba omulimu okutambula, kiringi nnyo abantu b'okulembera okubeera nga abalaba bulungi ebintu ebigenda okuva mu maanyi gaabwe. Okwolesebwa okwo kuyamba abantu bonna okukola nga balina amaanyi era bajja kusobola okukola nga bayiiya era kijja okuyamba abantu okuwangayo ebirowoozo kunsonga enkulu ezikulakulannya omulimu.
7. Okulaba ewala/okukozesa amagezi: Abawereza bonna abalina embala ey'obuddu abalina obusobozi okuleeta essomo lyonna ery'edda nebalireeta mu mbeera eyaleero. Nekikuyamba okukola okusalawo nga kwamagezi, okwewala okugwa n'okusikkatira era n'okukolanga ebintu akasoobo. Fuba okulaba nga Yak 1:5 omusanga munkola, okusabanga Katonda okuwa amagezi, era fuba okulaba nga nabantu abalala

obeyambisa, bayamba mumirimu era n'okuwabula buli wekyetagiisa, sikirirungi okukola okusala kundowooza ey'omuntu omu yekka. Awatali magezi okuteesa kufa, naye kunnywerera mulufulebe lwabo abateesa ebigambo(Engero 15:22).

8. Obuwanika: abawereza abalina embala ey'obuddu, babeera bawanika abalungi nnyo, buli kintu kyonna ekibaweebwa bakikozesa n'amagezi. Ensimbi bubeera bwesigwa obutuweebwa abantu abazikungaanya, era kiyamba okulaba nga tuzimba obwesigwa eri abantu abatuwa ensimbi, kiba kirungi nnyo okubannyonnyola ensimbi ezo engeri gyezatambala mu, bawe embalirira ennungi. Tulina abantu abalala nga bo baakola mungeri yabwannakyewa, fuba okulaba nga obasaamu ekitibwa era n'okusiima emirimu gyabwe era n'ebiseera byebateekamu. Beera mwekkennennya mwegendereza, okulaba obunafu obuli emabega wa abo abakola mungeri eyo bwannakyeewa, era n'obayamba okumannya ebintu byonna ebiyinza okubalemesa okukola obulungi ne ttalanta zaabwe n'amagezi.
9. Okufaayo ennyo kukula kwabantu: Abaddu bayamba nnyo abantu okumannya era n'okuzuula obusobozi bwabwe n'obunafu, nekibayamba okukulakulannya ebitone byabwe, abakulembeze babeera kyakulabirako, naddala mukusomesa, okutereeza n'okusomooza,

n’okusaamu amaanyi, daddala nga okweyambisa enkola ey’okusigira. Kikulu nnyo okusiima omuntu singa abalina ekikulu kyakoze, era n’okubazzaamu amaanyi okulabanga bazuula okuyitibwa buli omu, yongera okubalanga nti wegomba okuyiga okuva gyebali wadde nga emirindi egimu kyandiba nga kyoleka obunafu bwo, kigumire okusobola okubaako kyobajjamu.

10. Okuzimba ebitundu gyebaviira. Omukulembe omulungi yenna mirindi mingi nnyo alaga okwagala okutalina kakwakkulizo, naddala eri abantu bakulembera. Engeri esingira ddala okuba ennungi mukuzimba ebyalo byaffe kwekulaga okwagala okutalina ko bukwakkulizo eri abantu baffe betukulembera, okukola ebintu mungeri eyobwesimbu, obwesiggwa era n’obwerufu ate nga tukolere mussanyu nebantu bannaffe, kisoboka okubategeezaanga bulijjo mukwogerezegannya enkola ney’okuyambagana nga, okusituliganangako emigugu. Naye era kino kyanguwa singa omukulembeze mubwesimbu obungi yakikulembera era nga tataademu bunnanfuusi bwonna. kino kujja kwongera amaanyi mumitima era nemumirimu gyabwe egy’obuwereza. Tewerabiranga okulaba nga mufunako akaseera okuzannyamu nebanno. Banno kirungi okumannya nti obagala eraosanyukira okubeerawo kwabwe.

Sikirungi okuggwaamu amaanyi singa ekiseera kiyita naye nga tewali kukyukako kwonna wadde okweyongera. Stephen Covey mukitabo kye “Insights on leadership” ye obulembeze bwonna abufannagannya omuti gwe Bbanda, omuti guno gumerannyo mu bitundu bya China.

Ebbanda nga lisimbiddwa limala ebyaka enna okuva omuttaka, era nga kungulu kulabikako akatabi akatono ddala. Mumyaka gino ena, ebbanda liba lisimba mirandira okwennyweza mu ttaka, naye nga kunguli tekuli kyonna kirabika. Kyolina okukola kwekulaba nga okukola naamaanyi mangi ddala, Mumwaka ogw’okutaano ebbanda likula fuuti 80 mumwaka gumi(Spears, 1998,P,18)

**BINO BIKWATE BUKUSU**.

- Makk 10:4 kubanga omwana w’omuntu teyajja kunsi okuwerezebwa , naye okuwereza n’okwewaayo okufiiri abangi kumulaba.
- Mat 25:40-Kabanga alibaddamu nti; Ddalada mbagamba nti, buli ky’okolera oy’omukwabo wali okukoledde nze.

**BINO BIKULUNYO.**

Omukulembeze omulungi yenna alina okubanga yakola okusalawo okubeera omukulembeze.

1. Muli wetwala okuba okuba omukulembeze omulungi era omuddu? Lwaki oba lwaki nedda? Kiki ekisinga okujjira mubwangu munkola zo okuwere oba okukulembera?
2. Kunnono zonna ekkumi ez'omuwereza omulungi omuddu nnono gy'osanze nga nkalubo okussa munkola era n'ono ki gy'osanze nga eyinza okwanguwa okusa munkola?
3. Ouwooza waliwo obuwangwa obumu nga obuwereza obw'obuddu mubitundu ebimu tebusoboka.

**OKWNGERA OKUFA EBISINGAWO.**

*Servant leadership Kya* Robert Green*(*Greenleaf 1977*)*

*Isights on Leaders kya* Larry Spears*(*Spears,1998).

**ESSUULA 7: EBIKULU, EBIKULEMBERA, N'OKUGABANYA EBISEERA.**

Olugero lwa Yesu  ekolw'ogera ku talanta, emirundimingi lundetera okutya emirundi mingi, nze nazuula talanta mukama zeyampa nga nkyali muto nnyo, naye nga ekibuuza ekisinga okummalako eddembe buli lwensoma olugero luno,

kwekwebuuza ‘’Ddala mukama kiki ky’onsubira okuvaamu, kiki mukama kyansubiramu, nga sagala kufaana omuddu eyagenda naziika Talanta ye” mundaba yange kirabika nga buli mu sizoni wabaawo engeri gyenkozesezza obusobozi bwange, wabaawo talanta zenkozesezza, naye ate nga ntuuka nendaba nga kati ziringa ezitalina mugaso mukiseera ekyo. Oba okujjukira nga waliwo ekirabo mukama kyeyateeka mubulamu bwange naye nga sikikozesa. Era nga sikizuulanga wadde okukikulalulannya.  Mazima nakajja okukizuula nga mukama ansindika okuddayo okunoonya bino ebirabo byembadde nasuula omulugula, mukama Katonda asobole  okulaba nga ampa obusobozi okubikulakulannya. Tandika okunoonya birabo ki nezi ttalanta mukama z’akuwadde okulaba nga ozikozesa okutandika okulakulannya, era nekatonda atandike okukola nga ayita mu ttalanta eso. Wandiba nga waliwo nebiseera by’owulira nga obuzito bukuyinze, nga by’okola bizitowa, nga by’okola biringa ebizitowa, naddala okulaba nga emirimu egyabulijjo gitambula bulungi. Nandikusabye okusigala ngaamaaso gatunula okusobola okulaba mukama byayagala okukola mubulamu bwo. Essomo lino lyonna nditadde kubiseera, saako okulaba nga tulina okumannya biki ebirina okulembera mubyetukola, okufuna engabannya y’ebiseera ennungi era n’okuzuula ebisinga okuba eby’omuwendo mu maaso gakatonda.

## 1. MANNYA BIKI EBISINGA OKUBA EBY'OMUWENDO

Biki by'otwanga okusinga okuba ebikulu mubulamu bwo? Biki ebikusanyusa by'owulira mu eddembe, wandiika ebintu bisatu oba bina, naye fuba okulaba nga ate tobifuula bikakali nnyo naddala okubitegeera, oba ate okubifunza ennyo, ekigendererwa kwekulaba nga omuntu asobola okumannya biki ddala nga bituufu mumutima gwe. Fuba okulaba nga owandiika mazima gokka, singa okizuula nga ddala tomannyi wakutandikira, saba mukama akuyamba okuwa amagezi ate n'okulangamizibwa, tekikwetagisa kulimba kubanga bino bikoma kuggwe wekka, twali muntu mulala agenda kubyeyambisa wadde okubirabako, tolina kwerarikira  singa oba nga tojjukira bulungi wakutandikira, oba singa ofuna okutabulwa kwonna oba kuntandikwa oba kunkomerero, wandibaawo n'obuzibu mukuwandiika nga oba olyawo tosobola kuwandiika values zonna mulundi gumu.  Naye era olina okulaba nga akapappulako okakuumira w'osobola okulabira kyenkana buli lunaku kikuyambe okukasomangako buli lunaku, oyongerenga okwekakasa obulungi ebintu byewalondawo ekisingila ddala okuba ekikulu kwekumannya nti ebintu bino obiwandiika mu ngeri nga nnyangu, wandiika mubigambo bimpimpi ng'otukira kunsonga.

Okugeza nze singa mbambuuziddwa bwenti bwennyinza okuddamu.

1. Enkolagana yange nekatonda wange ate n'Abenjuyange.
2. Okuyambanga abalala: okubagaala, okusomesa, okubazzaamu amaanyi era n'okulaba nga bayengerayongera mukisa.
3. Okukolanga ebiremye abalala.
4. Okuba n'eddembe okukola obwenkannya, obwesiggwa, obwesimbu n'obukakkamu.

Lwaki kirungi okulaba nga tuwandiika ebintu bino byetutwalanga nga bikulu? Ensonga ziranga bbiri oba ssatu, ekisooka okumannya nga omannyi burungi ebiki ebikulembera mubulamu kuyamba okukolanga okusala okukulungi naddala mukaseera akakkazigizigi, era n'okuyamba okwereeza naddala munneyisa zaffe mubulamu obwabulijjo.

## I. FUBA OKULABA NGA OBULAMU OBUTAMBULIZA NKUNSALAWO YO.

Abakristayo bangi nnyo olukalala lwabye lukulembeza Katonda, Omwami /omukyala,abaana, omulimu olw'okkanisa nesembayo. Bulijjo ebintu ebirala okugeza nga abantu baffe abalala mumaka, emikwano, oluusi nebintu ebilala ebikwata kubulamu bwaffe, ebintu ebirala ebitusanyusa, okusoma nebirala. Bino bijja luvannyuma, naye ensonga era n'embeera endala gamba singa tuba

tulina abaana nga baliko obulemu oba abazadde baffe naddala nga bakadiye, banno tulina okubawa akaseera akenjawulo mubulamu bwaffe.

**Ekisooka**: Kitegeezaaki okubeerawo nga Katonda yakulembera mubulamu bwange? Enkolagana yange n'emukama yekulembera mubyonna. Kino tekitegeeza nti nina okusuulawo obuvunannyibwange bwonna obwawaka n'amaka gange, olwo nennekweeka mubifo ebikusifu okunoonya mukama, naye ekisinga kwekujjukira okunoonya nga mukama buli lunaku, okumusanga, okugondera ekigambo kye, era kino kitegeeza nti njakusobola okuyamba omwami wange, abaana ab'obuluganda n'abemiririrwano. Mubufunze, nandikitadde bwenti, obulamu bwange bwonna butambulira kuddoboozi ly'oyo katonda omu yekka, era nfuba okulaba nga musanyusa.

**Eky'okubiri**: Obufumbo bwange omwami wange, okweyawaayo kwange kwa bulamu bwange bwonna, kwalubereeera, bo abaana bakaaseera, oluusi myaka makumi abiri gokka oba olyaawo n'obutawera singa abaana mbakulembeza kitegeeza nti olwo ngenda kubazitoweereza oluusi n'obuvunannyizibwa bwebatayinza kusobola.

**Eky'okusatu**. Ekigendererwa kyange ng'omuzadde kwekulaba nga nkuza abantu muby'omwoyo, mubwensimbi, mundowooza era era abalina obusobozi okulowoozanga n'amagezi,

okukwebeezangawo bokka nabbokka kibayabayambe okukula nga balina obuvunanyizibwa. Era nga bantu abatya era abawereza Katonda (Abef 6:4) Abaana singule zabuwanguzi ndyoke ntambulenga ng'ennyindo eriwaggulu, era okubanaaba tekitegeeza nti gwemuzadde asinga, oba obutaba nabo tekitegeeza nti gwe mukama wamunnyiiza ddaaa. Abaana bantu mukama beyasalawo okutonda mukifannyikye, balina okwesalirawo, basalawo nga bwebgala okutwala obulamu bwabwe, era okuyita mukusaba abaana nabo balina okusalawo ku ani alibeera mukwano ggwe, era n'okuzimba enkolaga ne Katonda Kitaffe kubanga ono yekka gwebaliwa embalirila.

**Eky'okuna n'eky'okutaano**:

Kulwange nze ndaba nga nsobodde okugabannya bulungi nnyo ebiseera byange wakati w'omulimu ate n'obuwereza, waliwo ebiseera wendabye nga ekkanisa ngiwadde obudde bungi nnyo okusinga ebilala, naye era  kino kivudde kubuvunnanyibwa n'emirimu emingi gyennina mukanisa era n'obunannyibwa bwemba nnina okutukiriza mukiseera ekimu. Era kusonga ya kkanisa kyemmannyi kiri tewali agayaridde nsonga yakukung'ana, kubanga ffena tumannyi nga mukama yatuyita okubeeranga awamu nga ab'obuluganda ffena abali ekimu nga ab'oluganda mukkukiriza,

(Abab 10:25). Okwagala kwaffe nga aboluganda kintu kimu ekiraga nga ddala tuli bayigirizwa bamukama waffe, era kino kyekiraga omulimu ggwaffe nga bweguli omulungi. (Yok 13:35;1Pter 2:18; Bak 3:23).

Wayinza okubaawo ebiseera mubulamu bwaffe nga tulina okuyita mu mbeera nga naye nga tukulemberwa omwoyo wamukama, era emirundi mingi ekiseera tekitera kuba kiwanvu. Era mukiseera nga kino tulina okufuba okulaba nga twefiriza ebintu ebimu, okunoonya ebisinga okuba ebirungi nebikulu, wano wansi ninna engeri eyinza okuyamba omuntu ayagala okutandika okwala ebikulu neby'omuwendo.

Ekibuuzo ekikalubo wano kiri nti, tusobola ddala okukwata ebiseera nga tugoberera ensalawo yaffe, nga tusookera kubintu ebikulu, ddala. Tulina okujjukira nti buli Lunaku lwetuba abalamu, terudda, era kirabo okuva eri Katonda, buli lunaku luliko embalira, era katonda talituwa mukisa kuddamu kubeera balamu nate. Engeri gyetukozesaamu ebiseera nsonga nkulu nnyo mumaaso gamukama. (Zab 90:12).

Abitabo bingi biwandikiddwa naddala eri abantu abakugu muby'obusuubuzi, nga balina engeri oba olyawo eziyinza okuba ennungi okuyamba abantu okuyiba omuntu okuyiga okukola okusalawo okulungi mungeri gy'oyinza okukozeesaamu

ebiseera. Waliwo abantu banginga bakugu munsonga y'okukwata n'enkozesa yebiseera era mikwanobaffe bangi nnyo nga baalondako abamu okukola empapula abalala, abalala balina ebyuma bikali magezi, okugezi okugeza nga computa nga bisobola okuyamba okuteeteeka obulungi engeri gy'oyinza okukozesaamu ebiseera, naye nze kunkomerero yabyonna nsobodde okuzuula ennono ezisinga: Singa omuntu ayiga okukozesa obulungi Kalenda, oba okuwandiikanga, notisi, oba okusabanga omwoyo omutukuvu okumuyamba okumujjukizanga.

1. Oyinza okukozesa akapande, wandiika ebintu byonna byogenda okukola okuyita mu sabiiti, laga bulungi engeri gy'ogenda okukozesaamu buli ssaawa okuyita mu week yonna. Toleka mabega okugeza ebiseera by'okulya okunaaba, okwebaka, akaseera okukudukamu kko, okusaba, ebiseera by'onobeera mukkanisa, n'egyaby'okukola emirimugyo egyabulijjo. Lw'obeera ku duuka, mukataly, bwewabaawo omuntu nga alinawo emirimu egikolebwa buli mwezi oba obuvunannyizibwa, tolina kubuleka bweru. Olunaku lwa Sande, lwo olina okuleka kubanga lwo lwakuwummula, lunaku lwa mukama. Oyinza okuteeteeka ebintu ebyangu okugeza nga okuwummulako n'abantu bo, okuzzanya n'abaana nebilala. Singa wabaawo ekifo kyotasobodde kujjuza, ekyo kyekiseera

eky'okukola ebintu ebiralala. Okugeza singa omuntu abakusabye okumuyambako okubaako ky'okola oba okumuyamba mungeri emu oba endala. Naye era singa osalawo okwebaka mukiseera nga ekyo era tewali mutawaana. Ky'olina okumannya nti kino kirina okubanga nga kiva muggwe, kino kiyibwa ekiseera ekyerufu.

2. Ekiddako kyandibadde kirungi ebiseera okubikwatanga n'omuntu era omuyiiya, okufubanga okukola empenda nenteekateeka mwoyonza okuyita okugabannya emirimu gy'obulungi, wakati wemirimu gyo. Kirungi nnyo obutayonoona biseera bingi nnyo naddala ku mirimu gy'omunyumba, waliwo ennono egamba nti kikulu nnyo okulaba nga omulimu gututte ekiseera ekyo kyokka kyewawagubalira okutwala. Jjukira okusaba mukama okukuwa amagezi, singa wesanga nga ebintu byonna byobadde olina okukola tebinaggwa kyokka nga essaawa zo ziweddeyo, mukama akuyambe okumannya kiki kyosobola okusigira omuntu omulala yenna okuyamba oba omuntu w'omumaka oba omukwano yenna. Zuula biki by'oyinza okuyunga nebitambulira wamu, biki by'oyinza okunaabuula okujjamu ebimu wadde nga byonna byandibadde byamugaso. Zuula ekiseera ekisinga okuba eky'omugaso ennyo, mukiseera ekyo kola ebisinga okuba eby'omugaso. Abantu abasinga ekiseera ky'okumakya, abantu bo basinga kutwala kiseera

kyamumalya gabyamisana, ate waliwo abalala nga matumbi budde. Kino kiri gy'oli oyinza okuzuula kiseera ki ekisinga okuba ekirungi okukola emirimu gyo, mukino olina okukozesa amagezi agamala okusobola okumannya by'okola nakiseera ki ekisinga okuba eky;omugaso. Era olina okumannya baani ab'onoonyi b'ebiseera, abayinza okulya obudde bwonna, era mubino mwemuli; obutateekateeka, ebiggwa bitalaze nebitabulatabula, oluusi n'okwongezayongeezayongezaayo emirimu, okulemererwa okutegeka era n'okutegekanga netutaokola.

3. Ebimu kubigendererwa byessomo lino kwekulaba nga buli muntu yandibadde nekiseera ekimala naddala okukola ebingi oba okuwummula, njakusaba buli muntu asoma bino, okufaayo ennyo okulaba nga abeera mwegendereza nga alina byakola nebwabeera nga takoze mukupapirira" emirimu gyonna gyetutera okweresa, okwongezzayo, okugeza ng'okusoma oba ebyawandikibwa , okukwerako awaka, okulimalimalima kuluggya, okukyaliko kumikwano gyo, abako oba abantu musajja oba abantu b'omukazi. Olina okufana engeri ennungi gy'olina okukozessaamu ebiseera ebyeddembe. Buli gy'okoma okubeera nebiseera byeddembe kikuyamba okusobola okufuna ekiseera okukola emirimu emirimu emiralala, okugattako

obuvunnanyizibwa, era n'okumannya kiki ky'olina okwefiriza okusobola okukola ebilalala.

Kakaano otandise okuduka ng'olina ekigendererwa (1 Bakolinso 9:24-27)

## II. ENGERI Y'OKUGABANYA(EBISEERA)

Ekimu kubintu abakyala kyebasinga okweralikirira era nga kikyalemye bangi, kwekugabannya ebiseera, okugabannya obuvunannyibwa bwawaka,emirimu oba olyawo ne kkanisa- okugezaako okukola n'okutuukiriza byonna mubwesimbu, okusobola okusannyusa buli omu, nze kulwange obulamu bwanyanguyira nnyo olunaku lwennakizuula nti simulimu gwange okusobola okusannyusa buli omu. Oba olyawo omuntu asobola okusanyusibwa singa alongoosa enkolagana ye ne Katonda. Nze nasalawo okufumbanga emmere ennungi, nasalawo okwagala nga ennyo abantu b'enjuyange, nababudabuda, nembazzaangamu amaanyi, okubawabula okubawa magezi, okuba essuubi naye era nessanganga tewali musanyufu. Kyanyanguyiranga okubeera obw'omu okusinga okwekalubiriza obulamu, okujjako okufuba okusanyusa Katonda,  Emirundi egimu nakizuula nga kisinga okugenda nemutabani wange okulaba omupiira nga asamba okusinga okumalira ebiseera mukkanisa mulinnya ly'okusaba, naddala singa nayagalanga okuzimba enkolaga nabalala.

Ebisera ebilala nafubanga okumalira ebiseera byanga mbimalira mukiyungu naddala nga netegekera oba olugendo, oba singa olwenkya mba nga nakyaza ba mmemba bakkanisa mu Bible sitade, mukifo ky'okukola emirimu ekikereezi. Nze nafubanga okulaba okulaba nga buli lunaku olukya, nfuba okulaba nga ngabanyizza bulungi ebiseera byange, oluusi wabanga ekiseera nga kyakusaba; Yee, oluusi wabangawo wenalemerwanga, era n'oluusi nga nfuna ebisoomooza, naye era nga kunkomerero yabyonna nsobola bulungi okugamba nti ddala mukama yannungamyanga mubuli wensobodde okulinnya ekigere kyange, era awatali kwejjusa kwonna.

Wandiba nga waliiwoko ekiseera kyonna kyenakolako ensobi?  Tekibulawo! Waliwo emirundi mingi nnyo wennawunzikanga nga mpeddemu amaanyi, oluusi nga nejjusa nga ob'olyawo nga ensonga ezimu nazikwasanga ekipaku, naddala eri abaana bange, omwami wange oba abakozi banange. Nga nyanguwa okusalawo mukiseera nga ebirowooza bibadde tebinaba kuteteeka, oluusi nga ensobi nziraba mukiseera nga ngalamira okwebaka kukitanda kyange, oluusi nga nkiraba nga kyavudde ku kukuba nga ebintu byange sabitegese bulungi, okwawula ebikulu ebisinga kubirala(priority) wano nga kinnetagiisa okufuna akaseera ak'okusirika, okuwuliririza mukama, okufumintiriza kunsobi ezibaddewo, okwennennya, ate n'okuddamu

okweteekateeka obulungi. Mukama katonda akimannyi bulungi nnyo nti tulina essaawa 24 zokka buli lunaku, tasobola kutusubiramu bintu byannaku nnya mulunaku lumu. Tulina okuba nebibuuzo nga bino; Mukama kiki kyenkola leero nga tompitangako kukikola, kiki ekisinga obukulu mubyennina okukola kubanga ekyennina okutandikirako omulundi omulala. Webuuze biki ebitali byamugaso ebirina okuva mubintu byenkola okwewala okw'onoona ebiseera.

Bwoba nga okyalina ekizibu ky'ogabannya bulungi ebiseera mubulamu bwo, era nga owulira nga ozitoye nemirimu, nandikuzzizzaamu amaanyi okufuna akaseera k'okusaba mukama mubuuze ku biki ebyetaaga okukyusa naddala mubulamu bwo, Yesu yagamba nti ' ekikoligo kyange sikizito era n'omugugu ogwange simuzito' Mat 11:30) singa wesanga ng'obuvunannyizibwa bw'olina busukkulumira ddala obusobozi bwo, kirabika nga ob'olyawo oyinza okubanga wetisse bingi nnyo okusingira ddala mukama byeyakuttikka. Oyinza okunoonya okuwabulwa okuva eri omuntu mu family yo oba okunoonya omuwabuzi yenna. Akuwe kumagezi. Oba olyawo bayinza okutemema empenda endala n'ofuna entandikwa empya. Oyinza okuba nga olina olutalo lw'omwoyo, nga otandise okufuna abalabe b'emmeeme yo, okutandise okunoonya amatiibwa naddala okusuukuluma nnyo okuyitibwa kwo, wandiba nga oyingidde

mubuvunannyizibwa mukama bwatakuyitira, ebibuuzo ebiringa bino gwe nemukama katondawo mwemuyinza okuba nga mulina eky'okudamu, naye era olina okukimannya nti mukama alindiridde okuwulira nga omubuuza, nti ' taata obunene bw'okuyitibwa kwange kukoma wa?

Kiki ekikulu, omulimu mukama gwakola mubulamu bwaffe, so si ffe bwekulorera mukama" (Chambers, 1992, August 30).

BINO BIKWATE BUKUSU:

- Zabbuli 90:12..Tusomese okubala obulungi ennaku zaffe, tusoboleokubeera n'omwoyo owamagezi.
- Mumagezi ennyumba ezimbibwa, naye mukutegeera ennywezebwa. Okuyita mukutegeera ebiseenge bijjula n'ebintu eby'omuwendo omungi, ebisanyusa.

GANO MAZIMA:

Singa tuba tuteggedde ebisinga okuba ebikulu, era n'okusalawo okugoberera ekigambo kyakatonda nebyetukola byonna, kino kijja kutuyamba okugannya obulungi ebiseera byaffe era nemumaaso ga katonda.

Ekyokukola:

1. Wandiika olukalala lw'ebintu mubululu bwabyo kukipande, mubukulu bwabyo nga bw'obitwala, ekipande kiteeke wosobola okulabira buli kiseera, era fuba okulaba nga olusoma era aweetaaga okukyusa okyusenga.

2. Wandiba nga waliwo ebirabo n'obusobozi bw'owulira nga ddala mukama yandiyagadde okukozesa mubulamu bwo, mukiseera kino, naye nga ggwe obadde tonnatandika kufaayo kusitula birabo ebyo okubimuwa okubikozesa obulungi. Oba olyawo nga kivudde kukuba nti tolina biseera oba obutaba na nsimbi oba ebikozesebwa ebiralala okukulakulannya ekirabo ekyo. Bweguba bwegutyo, tandika okuzuula birabi ki ebyo? Ogenda kutwala mitendera ki okutandika okukulakulannya ekirabo kyo kitandike okuggulirawo enzigi.

3. Tandika okunokolayo, ebintu byojjukira nga mazima olaba kwali kusalawo bubi, okubikola. Fuba okulaba nga otukiriza ebyobyonna byeweyama okutukiriza naddala mukiseera eky'okumpi, tandika mukusaba, okutandika okukola kunteekateeka zo, ng'omannyi bulungi nnyo nga buli lw'omala okutukiriza ekintu, ate mukama akuwa entegeka endala. Oyinza okusanga omuntu oba olyawo ayinza okwagala

okutukiriza ekintu kyonna mulukalala lwo. Oba oyinza okuba nga kijja kwetagisa okwogera n'abantu abawebwa obuvunannyizibwa okusobola okutukiriza ebintu byemweyama. Kino kisoboka singa bonna babateggedde engeri y'okukwata ebiseera, oba mukama Katonda asobola okubawa engeri endala okusobola okutukiriza byonna, kirungi okutandika olwaleero!

Ebisingawo:

*Margin kya RICHARD SWENSON(2002)*

*The balanced life kya Alan Loy McGinnis, (1997)*

*Seven Habbits of Highly effective people, Kya Steven Covey (1989)*

*Time management from inside out kya Julie Morgenstern (2000)*

*Having a Mery heart in Martha Worldly kya Joanna Weaver(Weaver 2000)*

## ESSOMO 8: EMPULIZIGANNYA, EMBALA, ENKOLAGANA.

Tewali kyennyweza bukulembeze nga kuwuliziganya, naddalasinga amawulire gaba nga gatambula bulungi, ate tewali kiyamba kuwulirigannya nga kutegeera kibiina kyo, emirundi mingi ebintu bingi biyamba amawulire okufuluma obulungi, okugeza obunero bw'omubiri, eddoboozi lyo, era nekisingira ddala obukulu singa amawulire gaba gakoleddwa bulungi nnyo, mubulambulufu, era mubwerufu. Oluna okukakasa nti bwoyogera abantu bo byebawulira. Bafuna amawulire amatuufu. Emirundi mingi omuntu ayinza okwogera naye nga abawulira bafuna amawulire malala, oluusi kivakululimi,  singa omuntu abaako kyayogedde naye abantu nebatakifuna bulungi, kitegeeza nti talina mawulire gabawadde.

Mu ssomo lino tujja kukitegeera nti okuwuliziganya tekitwala lulimi lwokka olwabantu abamuwulira kyokka, naye era nemabala yabwe nayo nsonga nkulu nnyo. Abantu babiri basobola okuwulira ekigambo kimu, naye buli omu nakkivvunula bubwe okusinziira ku kukula kye. Bino byonna tugenda kubitunuliira mulusoma lwaffe luno.

Katonda yatunda mu nkula zamulundi ena(temparaments) era kino kyavvumbula omwami amannyiddwa nga HIPPOCRATES kati emyaka 2000

giyiseewo, kyokka olwaleero mazima okilabira ddala nga tekikyukanga.

Nze bwenkitegeera okuwulizagannya era n'obumanyi(skill) bikulu nnyo singa omuntu aba nga anazimba team ennungi, era enasobola okuwuliziganya obulungi.

## 1. **OKUWULIZANYA(COMMUNICATION**)

Oluusi ffe nga abakulembeze tulowooza nti okuwuliziganya yengeri gyetuyinza okuyisaawo amawulire gaffe okutuuka eri abo betukulembera, naye tulina okumannya nti mulimu amaanyi agali mukwogera obulungi nabaantu betukulembera, naye era wali amaanyi agali mukuwuliriza abantu baffe naddala singa baba nga balina obuzibu bwebayitamu, nemutuula kummeeza, omuntu yenna singa tafuna mukisa kuwuliriza bakulembera, kitegeeza nti tasobola kutegeera oba ddala nga abantu bafuna amawulire amatuufu.

Steven Covey mukitabo kye, "***Seven habbits of highly effective people***" assimba essira kunsonga y'okuwuliriza, era eno yensonga ye ey'okutaano, okusooka kwabyonna noonnya okutegeera abantu bo, bwo'wuliriza obulungi kikuyamba, okuteekateeka ebiriwoozo byo okusobola okuddamu obulungi ensonga yonna(Covey 1989)

Agamba nti abakulembeze abatambulira kukufumintiriza emirundi mingi balemererwa okudamu obulungi, bafumintiriza ebizibu, era nebafumintiriza eky'okudamu (feedback) kino kyabulabe nnyo. Oluusi twesanga nga tuvumirira emizze egitaliwo ate netwasanga nga tuwaana kyatwandivumiridde kubanga tuba tetumannyi, tetuwuliriza, singa omuntu afuna akadde okuwuliriza kitegeeza nti ajja kusobola okuzuula ebisobola okumuyamba. Era singa abawulidde okwemugulunnya kwonna, era ojja kukizuula nga nakyo okutuuka ku meeza yo, mukisa munene nnyo okuyamba okutereeza ebintu byonna ebabadde bitandise okuwaba.  Singa omuntu yenna aggya woli nga alina okwemulugunnya, ayinza okuba nga oluusi teyategeera bulungi nsonga eyo, kino kikuyamba okumutereeza obulungi at'era n'okwongera okunnyweza enkolagana.

Abakulembeze tubajjukiza ntakera okuwuliriza era n'okuddamu obulungi abantu baffe betukulembera, okubayamba nga balina ensonga ezibaluma, obu nga mukiseera ekikalubo, oba bulwadde, enjala nebilala, naye ogenda kukyewuunnya nga tewali muntu afuna buyambi bw'okutendekebwa ku biki ebitekeddwa okwogerwa oba obutayogerwa, bangi tetwandiyagge okwogera oba okukola ekintu kyonna ekituswaza, olw'obutamannya wesanga nga batidde buti olwo nebesirikira. Waliwo ekitongole ekimannyiddwa nga Stephen Ministry ekitongole kino kiyamba okufunira

abantu okutendekebwa kuno, era bakuyita "obuwereza bw'okubeerawo" omuntu kyalina okukola kwebeerawo okumpi naawe mukiseera ekizibu, okuwuliriza, n'okubudabuda mukiseera ekyo munno nga ayita mukiseera mukiseera ekizibu. Ddala omuntu akola kino, ab'akuwadde ekirabo ekitasangika.

Okuwuliriza kintu kikulu nnyo, naye era mukiseera kyekimu, sagala kunafu ensonga y'okwogeranga ne mukama okusabanga netutegeeza mukama ensonga zaffe ezituluma mululimi olulungi. Mukama mutegeeza byonna byatadde kumutima gwo. Wano ninako engeri gy'oyinza okukikola mu.

a. Singa oba nga oli musomesa nga wandiyagadde abaana okuyamba okusobola okumannya kungeri gy'osomesaamu, bajja kukikola, oba ensomesa yo yakasoobo, tennyumisa oba okola bulungi.
b. Fuba okuddingana, odingane, era odingane. Bannyumiza Billy Graham nga bweyabulinga ebikonge byemiti. Nze taata yansomesa okukwegezangamu nga nkozesa endabirwamu. Bwentyo nendanga entambuza yemikono, oluusi n'empisa ezandibadde embi eziyinza okujja abantu kumulamwa.
c. Fuba okulaba nga tokalubya bubaka! Kino tekitegeeza nti tolina kwetegeka nti olina kumala g'ogeera buli ekijja kumumwa.  Wanno nze ndaba nga olina ate okwetegeka okusingira ddala

emirundi gyonna gyewali wetegese. Obubakabwo bwonna n'obukunganyiza munsonga nnya zokka ezinnyonnyoddwa obulungi.

d. Tofaayo kumannya oba oyogera bulungi oba oli kubunkenke. Nze taata wange yali Musumba, emyaka yalina nsanvu, mumyaka gyogyonna yabuulinga emirindi nga ettaano, mu week emu, naye lumu yangamba, nti buli mulundi gweyalinnyanga ku katuuti, yabeeranga mwerarikirivu, oba nga anakola mukama kyayagala. Buli omuntu yenna lwatandika okwennyumirizaamu, n'okukkiririza mubusobozi bwe ababa kakyasobola kukozesebwa mwoyo mutukuvu. Okwesiga n'okuyimirira kumaanyi ag'omwoyo omutukuvu bwebusobozi bwaffe abawereza, omuntu yenna atalina kutya okwekika kino ali mukatyabaga.

e. Mukama musaba akuyambe osobole okubeera ekibya, omukutu, Mukama mwagenda okuyisa obubaka okutuuka eri abantu be. Ekibya mukama mwasobola okwakayakanira abantu nebamulaba. Kebera embeera zo, kunkomerero yabyonna, webuuze kibadde kitya nga obuulira. Abantu basobodde okukwatibwako, oba nedda, kino oba olyawo kiyinza okuba nga sikintu kyangu kulabirako oba obubaka bubadde bulungi oba nedda, oba omuweera asobodde okutuusa obubaka oba nedda. Waliwo emirundi gyetulaba nga abantu bonna basirise netulowooza nti oba olyawo, tebategedde, oba tebagadde oba nti

ekigambo obwedda kiwerezebwa naye nga waliwo ebitabula. Mungeri nga eno omuntu alina kweisiga mukama Katonda, okulaba nga ye omutandisi era amaliriza byonna. Mukama kyasinga okwagala kwekulaba nga obubaka, amawulire genjiri nga gatuuse eri abawuliriza.

2. ENKULA N'EMBALA ZAFFE.

Okusoma ku mbala zabantu tekugenderera kweronda nakusosola mubantu, okumanya ani omulungi ow'okulagana naye, naye ekikulu kwekumannya lwaki buli muntu yeyisa nga bweyeyisa era lwaki alowooza nga bwalowooza, lwaki tulina enjawulo mungeri gyetukolamu ebintu nenneyisa zaffe. Buli gyetukoma okusoma kubalala twongera okutegeera nti oba olyawo endowooza zaffe naffe sizesinga ennyo obulungi kuza abalala. Era n'okukitegeera nti endowooza ezenjawulo kikulu nnyo singa wabaawo okukola enteekateeka yonna, era nemukusala empenda okumala ebizibu naddala nga tukyagenda maaso okubeera kunsi nga tuwerezegannya.

Waliwo engeri nnyingi nnyo mwetusobola okuyita okummanya enjawulo eziri mubulamu bw'abantu naye mu lusoma lunno tugenda kulaba engeri nnya zokka. Essatu zezisinga okunnyibwa ennyo, mukwawula embala z'abantu n'enkula zabwe, era waliwo n'ngeri nnya embeera zabantu

mwebattibwa okusinziira ku ngeri yebintu byebafanagannya.

**Buno buli Mulungereza:**

- **DISC-dominance, influence,compliance,supportive.**
- **HIPPOCRATES-Choleric, sanguine, melancholy, Phlegmatic**
- **COLOURS- Red, Yellow,Blue,Green.**

Bino binnyonnyoddwa bulungi bulungi wansi wano, era nga olukalala bweruli.

Ebigambo byonna ebikoleddwa mubufunze, binnyonnyoddwa, nkisazaawo nga nze okukozesa langi ezenjawulo okulaga embera eri emabega waazo, kubanga omulungi ogwaasooka naddala abantu abakola okunonyereza nabo bazikozesa, naddala kunsonga ya Management, techinologiya nebiralala. Nga tetunaba kugenda buziba, kansooke nnyongerezeeko kano nti, abantu abasinga obungi, oyinza okwesanga nga obulamu bwabwe bugattiramu kyenkana ebintu byonna ebyogeddwako wagggulu awo, kyokka nga baling okwawukana mu mukwagala ebintu ebimu.

- RED(Langi emyufu). (bagala nnyo obukulembeze, bagazi baaba, basanyufu, balwaaawo okusunguwala) tebava kumulamwa.
    - Kwobalabira: Batukira kunsonga, basalawo mangu, tegala kulekebwa  mabega,

okwewaawo, bagala nnyo okulembera naddala mukola emirimu, tebagala kwekoloobya, bagala okuwebwa eddembe naddala nga balina kyebakola, buli budda baba balina ebigendererwa era tebabivaako).

- Okusalawo kwabwe oluusi kuba kutusooke tugeezeeko, tunalabira eyo ebivaamu.
- Singa olimuntu ayagala ennyo Langi emyufu, mmanya nti essaawa yonna oyinza okubeera n'okusalawo okutali kulungi, oba olyawo nga kwakupapirira.
- Singa oba nga oyogera n'omuntu omwagazi wa langi emyufu, tukira kunsonga.
- Aba langi emyufu okukolaga nabantu emirundi mingi kubasumbuwa.

Yellow(Kyenvu)(Bagala nnyo okuyita nabantu abalala, okuwagira abalala okukola byebakola.

- Kwobalabira, Bantu babaantu,  Bagala nnyo okusanyuka, balaba mangu awetaaga okukyuka era nebakyuka, bagala nnyo okukulera mu bibinja, banyumya, era bagala nnyo okuyigiriza abalala.
- Bamala kuwuliriza okusobola okusalawo
- Singa olimuntu ayagala nnyo langi eya kyenvu, werinda okukola okusanyusa buli omu.
- Singa olina omuntu yenna ayagala ennyo langi ya kyenvu, muyambe obutava ku mulamwa.

- Aba langi eno emirundi mingi besanga nga bettisse bingi oluusi ebibalema.

Bbulu(Blue) Bantu abesigika, tebatera kwabya byama, batambulira ku bwino).

- Kwobalabira: bagala nnyo okunoonya amawulire era bagafuna, bagala nnyo okuyiga, okukola entegeka, okukulakulana, okwetegereza, bagala okutonda ebintu, emirimu nebirowoozo ebibipya. Bantu abagala okulowooza.
- Okusalawo bazooka kufuna mawulire agamala.
- Singa oliwa blue werinde bino: okwononga ebiseera ebiseera ng'onoonya amawulire oluusi agatakugase. Olwengawo okusalawo, ebirowoozo n'endowooza z'abantu okutwalira ebiseera eby'obwere.
- Abantu ba blue, babonabona n'ekiwuubaalo, bagala nnyo okukola buli kintu nga kitukiridde, olina okufuna omutima ogusiima, mu buli nsonga kiba kirungi okuteeka eriiso lyo kuludda olwamaaanyi.fu,

Kilagala(Green) Bagala nnyo okuwagira ebintu, bali phlegimatic) Tugenda kkola tutya, kyekibuuzo ekisookera mubantu abekika kino,

- Kwomannyira abekika kino: Baba bantu bateefu nnyo, ensonga basizima wala ebuziba, bagala

obuwangwa, enkola z'ebenti bazigoberera nnyo, twagala nkola, eno yenkola yaffe, bagala okugoberera emitendera,  tebagala nnyo kugwa munsobi .

- Betegereza nnyo nga tebanaba kukola kusalawo kwonna, balina okufuna buli kintu mubuziba, tebasala magezi kumalawo kizibu nga tebategedde kizibu wa gyekyavudde, balungi nnyo mukusala amagezi singa wabaawo ekizibu.
- Singa oba ng'olimuntu ayagala ennyo langi eza kilagala, werinde okufugibwanga, okukozesa omugayaalo, obutaba mwangu wakukyuka, okutunuliringa agazibu mubuli nsonga.
- Singa osanga omuntu owekika kino, olina okumuzzaamu amaanyi okubeeranga omuyiiya, omulage okubeeranga omuvumu, mulage nti naawe okiririza mu kugoberera emateeka n'emitendera.
- Abantu bekika kino basanga obuzibu mukulumirirwa abantu, tebatera kukyuka, tebannyumya, bawakana nnyo, olina okugumya nomuzaamu okusobolanga okukola kubintu ebipya, okufuba okwenoonya ennyo okuzuula ebintu byawulira nga mukama byeyamuyita okukola, okubanga okulaba nga tebabeera mukuwakannya buli kintu, naye babeerengako kyebagala okwogerako.

Enjawulo endala, yengeri abantu gyebakwatamu ebintu, engri gyebategeera, nti abantu bonna

baava mu ddungu, nti waliwo Taata omu era ng'ono yabeeranga muddungu, waliwo abakristayo abagenda muddungu okusaba, kino kyaliwa nga waakayita emyaka 300 okuva yesu bweyagenda muggulu, bagenda mu ddungu okusaba n'okusiiba okusobola okusemberera mukama. Kino kiyitibwa ENNEAGRAM. Waliwo amawulire mubulambulukufu ku mukutu gwa intanenti, waliwo nabantu bangi abakozesa enkola enno, okusembeerera ebyo byebasinza.

## 3. ENKOLAGANA(RELATIONSHIPS)

Mukiseerakye nga ayigiriza, yesu yasomesa nnyo kunsonga yenkolagana, lwaki kino kyali kikulu nnyo eri obuwereza bwa Yesu? Enkolagana yaffe nebantu bannaffe, eraga enkolagana yaffe ne mukama Katonda. Tetusobola kugamba nti twagala Katonda ate nga tukyawa bantu bannaffe,(1 Yok 2:9) bwebamubuuza teeka ki erisinga obukulu, yagamba amateeka abiri, okwagala mukama Katonda era n'okwagala bannaffe (Mat 22:36-39)

Endagaano empya era etuwaebiragiro ebirala kunsonga yenkolagana:

Era muberenga n'obulungi mwekka nammwekka, abakwatirwa ekisa, nga musonyiwagananga, era nga Katonda bweyabasonyiwa mu kristo yesu.

(Abafeeso 4:32).

Musunguwalenga so temwonoonanga: enjuba enjuba eremenga okugwanga kubusungu bwammwe.

( Abefeeso 4:26)

Mwagale abalabe  bammwe, musabira nga abakola obubi (Mat 5:44)

Emirundi mingi nnyo mubayibula Yesu atulagira okubeera mu ddembe nebantu bannaffe, Bar 12:18;2 bakkolinso 13:11, Abeb 12:14) naye era oyinza okwesanga nga abantu bazibu nnyo okubeera mu,  naye buli lwetulaba nga abantu bakaluba tuyinza okusala okweyambisa obukodyo buno wammanga.

1. Okwesirikira, neweresa(avoidance), okulumba(attack) oba okunoonya eddembe, naye ebyawandiikibwa byo by'ogera kwekyo ekisembayo.

Sinsonga oba balumbaganye gwe oba oluna abantu b'oyambako okumalawo olutalo, enno zo zisigale kyekimu. Tandika n'okuddako ennyuma onoonyereze ensibuko y'ekizibu, kyavaawa, tandika okunnonya kiki ekibadde kikuumiddewo ekizibu kino, saba mukama okuwa amagezi aganakuyamba okulaba nga kikoma.

a. Kyandiba nga abantu bano balwanagana lwa njawukana naddala mundowooza oba nkula ezabulijjo, oba olyawo entegeera yebintu ebimu yeyawukana. Kyandibanga empulizigannya kyekizibu, oba entwala yamawulire okuva kumuntu omu okudda kumulala? Twala ekiseera okwetegereza era osabire embeera eyo okuvaawo. Mukama naye mubuuze ensonga eno ye agiraba atya, musaba okuwa okuwabula era nekiseera ki kyayinza okugijjawo. If singa obutakkaanya buza kukuba nti ababiri bawuukana mu mbala y'obuntu(personality) singa kino kitegereddwa kitegeeza nti, ebigenda okuddirira bijja kuyamba okuzimba enkolagana ey'omugundu. Era nga bijja kuyamba nnyo. Okugeza Paulo ne Barunabba. Naye singa kiba nga kiva ku njawukana naddala ezebigendererwa kyetulina okukola kwekulaba nga tunoonya obwennyi bwakatonda, mukama atulage okwagala kwe kuliwa, era singa ffenna tufuba okukola kwakatonda, tewaba kusikagana kubange kuffe tewaba alinga nga yatwala ekitibwa kyonna.

b. Lutalo lwa mwoyo: Kino enger gyennyinza okukinnyonnyola, oba mungeri endala okugabanyizibwamu okw'omwoyo; oba entalo endala zonna nga ziva kumyoyo emibi, era mulina okukimannya nti ebyekika nga kino biretebwa sitaani yasiga obukyayi, asiga obulimba mumitima gyabantu, yatandikiriza buli

lutalo, era ayagala nnyo okumennya n'olwana nemirimu gyakatonda. Kale singa tuba tukiteggede tulina okulaba nga tumennya buli kigo, nabuli njawukana zonna eziretebwa omulabe, ebisenge by'omulabe byonna nga tubiteeka wansi. Buli muntu annyumye kummunne ebirungi, tusabiragane, era tutangira omulabe okutulumbanga era n'omutangira okulumba bannaffe. (Abef 6:12)

c. Tulina okuzuula oba nga ekivuddeko okwawukana kuno kyandiba nga kibadde kibi, kiyinza okuba nga kibadde kibi kikyo nga nga wakikola oba omuntu omulala yenna? Tulina okukimannya nti buli lwetumennya abantu basigala n'amabwa kumitima era singa kuno kwegatibwako ekibi, olwo okusala emisango tekuggwaawo, oba okuleetanga wo embeera eretera obwesigwa n'okwatagana okufa, era singa otuuka mumbeera ngeeno, ogyakukizuula nti buli kigambo nabuli kikolwa, kiringa ekikuwereza amawulire, kikujjukiza, kikutakula. Entalo zivaawa n'okulwana kuvaawa mummwe, simuno mukwegomba kwamwe, okulwana mubitundu byamwe (Yakobo 4:1)?

Obuwereza bwokuleeta emerembe kwogera ku mitendera enna, singa omuntu abanga an'amalawo obukubaagaano.

I. Okuwa Katonda ekitibwa. Kiriza nti katonda asobola obutakkaanya obuliwo okweddiza ye ekitibwa(Bar 8:28)

II. Ngatonnajja kisubi kuliiso lya munno, sooka ojjeko enjaliiro kuliiso lyo ggwe (Mat 7:5) fumintiriza ku (Bafirippi 4:2-9)

III. Mubuwombeefu. Gezaako okunoonya okugatta okuddingannya sosikwawukannya, tosala misango(Mat 18:15-18)

IV. Genda olabe nga oyamba okuzzaawo omukwano, noonya okuddingana, sonnyiwa nga mukama bweyakusonyiwa. Abakolossayi 3:12-14) (Sande, 2014).

Sisonga oba omuntu asobodde okuzuula obunafu bwebudde mukukuma omululiro mu lutalo olwo, oba nedda, ffe mukama katonda atugamba okusonnyiwa (Mat 16:15) singa omuntu yenna abalina obuzibu naddala mu nsonga eno oliwaddembe okukwongera okunoonya obuyambi naddala mukusoma n'okusomesebwa ebatatabo gyebiri bingi nnyo.

Okwongera okutegeera abantu abalala naddala kunsonga eye mbala zaffe, waliwo ekizibu kinene nti abantu bangi tebaga kuvaayo bulambalamba okugamba bantu bannaffe nti wanno mulina obuzibu oba wanno mulongoose. Bangi balwooza nti ebintu bisobola okuvaawo byokka naddala singa waba wayise akabanga. Naye nze okumala akaseera

akawera nzize nkizuula nga ebizibu tebimala gavaawo fa,  wabaawo okwefiisa n'okuziika kwebizibu naye nga maima bibawo nga byakaeere buseera, era singa wayita akaseera katonnyo ogenda okulaba nga byonna bisibuse okuviira ddala wansi, ate oluusi nga mukiseera w'otakyayinza wadde okutuula okuyamba okulaba nga ezibu kivaawo. Singa ofuna obuvune mubirowoozo gwe n'osawo okutandika okwewala omuntu owo kyabulabe, fuba okulaba nga mugonjoola ensonga mubwangu, ate mukusaba, mubwesimbu era mukuwangana ebitibwa era nga mwogerezegannya awatala bunnanfuusi ate maaso kumaaso.

**BINO BIKWATE BUKUSU**.

- Baruumi 12:18. Nga kisoboka, era nga bwekikwata kummwe, buli muntu abeere mu ddembe nemuntu munne.
- Abef 4:32.Era muberenga n'obulungi mwekka nammwekka, abakwatirwa ekisa, nga musonyiwagananga, era nga Katonda bweyabasonyiwa mu kristo yesu.

**GANO MAZIMA MAKULU NNYO**

Kirungi nnyo okuyiga okukozesa obukoddyo obwenjawulo naddala nga tuwereza amawulire eri

bantu bannaffe. Okutegeera nti ffena tetufaana, bino bintu bikulu nnyo mukuzimba enkolagana era n'okunnywezanga ebitundu gyetubeera.

**EKYOKUDDAMU.**

1. Olowooza munkula n'embala naddala mubuntu gwe ogwa mukiti ki? Era abantu b'omunyumba yo bagwaawa, singa olina akakisa ku mikutu gya yintanenti, naye obadde tewekeranga, osobola okugeezaako kyangu nnyo okwekebera(free-disc-test)
2. Mumboozi zonna ezinnaddako, tandika kweyigiriza okuwuliriza, wegendereze, fuba okulaba nga towansonga yo okutuusa nga okakakkasizza nti ddala obadde owulidde. Tekikutiisa nnyo okukizuula nti ebyogeddwa temubadde nsa, tolaga nti kikuyisizza bubi naddala omulundi ogusooka.
3. Wayinza okubaawo omuntu yenna, gwewsanga nga omweweppa kubanga mulina obutakkannya, nandikusabye n'ogezaako 4Gs zetuyize wagguli, fuba okulaba nga ensonga yebiseera togireka mabega.

OKWONGERA OKUYIGA EKISINGAWO.

***The friends Factor kya Alan Loy McGinnis, (1979)***

***Speaking the truth in Love Kya Kosh &Haugk, (1992)***

***Forgive and Forget  Kya Lewis Smedes(1984)***

***Managing Conflict God's way Kya Deborah smith Pegue(Pegues 1997)***

***Personalysis- Management Technologies(Nolanda, 2015***)

**ESSOMO 9: OKULEMBERERA  MUKIFO MUKAMA GYEYAKUSIMBA**

Batonno nnyo kuffe abafuna omukisa okuzalibwa nga ddala tuli bakulembeze nga omulangira Charles Williams owa bungereza, era ojja kwesanga nga tuli bangi abatalina wadde ekirabo eky'obukulembeze nga kizaale. Wadde nga era ojja kwesanga nga ddala twewangamya mubukulembeze, naye abantu abasing muffe obukulembeze buzze bweyoleka mpola nga bwetujja tukula, tubuyiga okuva kubantu abalala, tufuna amagezi ag'okuwereza nga tuyita mwebyo byetuzze tuyitamu, byetuzze tulaba, ebitukubye era nebyetukubye, bwetwegereza

nebitulemye. Kati ekibuuzo kiri nti omuntu atandika atya olugendo lwe olw'obukulembeze?

Otandikira ku kumannya wa mukama gyakutumye era n'okwata ekkubo n'ogenda. Era nga bwennakutegeeza, obukulembeze bujja era butandika singa omuntu avaayo okuyimirira nga abalala bagaanyi. Nze obuwereza nabutandika ntandise okuwereza mukkanisa mungeri yabwannakyewa? Era amasomo gonna mukama geyanjigiriza mukiseera kino ekyasooka, gaali gamugaso nnyo. Omuntu yenna anabeera omukulembeze omulembe omulungi bino alina okubeera nabyo.

## 1. OLINA OKUBEERA N'OKWOLESEBWA(VISION)

Ekibuuzo kiri nti biki mukama byakutumye okukola mukitundi gy'ogenda. Waliwo ekizibu ky'owulira nga ogenda kuyamba okukimalawo, waliwo omukisa gw'obatwalira, oba ogenda okuyamba okujjuza ekituli ky'obukulembeze mukitundu ekyo? Okusobola okukwata ku mitima gyabantu okukkiririzaamu n'okugoberera, olina okuba nga osobola okunnyonnyola bulungi okwolesebwaakwo eri abantu bekitundu ekyo. Mukino ojjakwetaaga okulaba nga mukama Katonda okola naye, akuyambe okukwata kumitima gyabantu, olwo obakulembere okubatusa mukwolesebwakwo.

Musa yalina okwolesebwa, era n'omulimu gwe gwaali gwakujja baana ba Isreaeri okuva e Misiri okuddayo ewaabwe okukomya obuddu bwe baaliko emisiri. Ebyembi, amaanyi gonna agaaso gaagwa butaka yawunzika agenze muddungu kwekweka asobole okuwonnya obulamu bwe, emyaka makumi anna agatalina mugaso, singa emyaka gyo egyasooka tebyagenda bulingi tokilowoonga nti olibubi nnyo era mukama takumanyi, gwesigala nga okyalemeddeko! John Maxwell atuwa gabuwa bwagamba nti, "fuba nga bwogenda" fuba okulaba nga oyigira kunsobizo.

2. FUBA OKWETEGEERA.

Baruumi 12:3, atuzaamu amaanyi okulowoolezanga mubusobozi bwaffe. Tewawanika, wadde nga bangi bakugamba obutezza wansi nze ngamba nti wezze wansi, mubukulembeze kikkulunnyo omuntu okummanya amaanya go, obusobozi bwo nadda okutambulanga ng'omannyi obunaffu- terakayo maanyi go kubanga kwolina okuzimbira, era mmanya n'obunafu bwo osobole okumannya engeri gy'osobola okuwanirira mu.

a. Tegeera obusobozi bwo: Mu ssuula yaffe 3, twayogedde kubirabo byaffe era n'okuyayaana kwaffe(passion). Wanno wolina okutandikira. Lowooza kumaanyi n'obusobozi bwo. Bintu ki

ebirungi abantu byebakwennyumiririzaamu naddala kumulimu, era ne mukkanisa, oba awaka, oba mukyalo kyammwe, naddala abantu abalinga abakumanyi obulungi, wano lowooza ku bintu bina oba bitaano byolowoozanga ddala obikola bulungi nnyo. Kati bwolowooza kubukulembeze bwolimu kati ebintu ebyo ebitaano birabikira wa?

b. Tegeera obunafu. Buli lwogwa, buli lwolemererwa nsonga ki, bintu abantu byebemulugunnya, biki by'olaba nga ddala osobola okugezaako okulaba ng'obyewala. Lowooza kubintu bina oba bitaano. Nga naawe ddala obimmanyi nga ddala bunafu bwamaanyi mubulamu bwo.

c. Tegeera biki omutima gwo byeguwuliriramu eddembe: nga otandika okulowooza kukulemberera mukama gyeyakusimba, mannya biki ebisanyusa omutima gwo? Biki by'owulira eddembe okukola, singa tokola kintu omutima kyeguwulirimu eddembe, tosobola kukwata kukwata kubulamu bwabantu, wadde okubawa eddembe. Olina okummanya obugazi bwekifo amalala mwegatudde, omululu, obujja, ennugu okwaka nebiralala. Olina okubeera omwesimbu eri omutima gwo era n'eri Katonda.

Musa bweyaweza emyaka makumi anna obulamu bwe bwakyuka bweyali nga ali muddungu. Bweyakyusa okudda yakomawo si nga

omukubalangira mulubiri, yakamawo nga mulunzi(shepherd) teyakomawo mubukambwe n'obukaawu, nga aze okuwooleera naye yajja ng'omusajja omutuuze eyajjula ennaku, abadde muddungu, teyakomawo nga omusajja owamaanyi naddala mubigambo bye"" Bikolwa 7:22 bayibuli emwogerako nga omusajja omukwata mpola eyeekuuma olulimi lwe. (Okuva 4:10) Amaanyi gonna gaali gamazze okufuuka obunaffu bwe, obukkakkamu.

### 3. OLINA OKUWULIRA OKUYITIBWA OKUVA ERI MUKAMA

Abakulembeze bonna ababadde abamaanyi mu byawandiikibwa, Yibulayimu, Musa, Yoswa, Daudi, Gidiyoni, Petero, Paulo, nabalala bonna mundagaano empya era nenkadde balina ekintu ekibafanagannya. Bbona waliwo olunalumu lwebawulira mukama nga abayita era nebadde nemitima gyabwe nti wewaawo mukama, yogera mukama wange omuddu awulira. Era bwotunulira ebyafaayo byabwe tewali musaajja yali mubulamu bulungi,  era nga singa ogoberera ebyafaayo byabwe, ojja kwesanga nga nabo bennyini bagamba mukama nga bwebatasanira. Naffe olwaleero tusobola oba olyawo okweraba nga tetusanira okukola okuyitibwa kwamukama. Oyinza okuwulira nga tosaniide mukiseera mukama nga akuyise, musa naye bwatyo

bweyawulira nga era nategeeza mukama nga bweyali tasobola era nga tasanira. Naye kiki kyeyalina mukono gwe (Okuva 4:2). Okusobola siyensonga naye okulabanga tunasobola okuvaayo netugenda mukkukkiriza era nemubugonvu. okukozesa ebyo ebituli mungalo okusobola okukola omulimu gwa mukama era n'okutambuza okuyitibwa kwaffe.  Nze nga nkyali muto nalina akayimba akannyumiringa mululimi lwaffe twakayitanga  "shamgar had an oxgoad, David had a sling" kayogeranga kubantu bangi nnyo, Doroka, yalina empiso, Rakabu naye yalina endongo, Samusooni, layina oluba lwendogoyi, Aalooni yalina omuggo, Maria yalina ekikompe kyamafuta mukitabo kya yokaana, wadde nga byebalina tebyafanagana naye byonna mukama yabikozesa era nebikola okuyitibwa kwe. Gwe kiki kyolina?

4. **ZIMBA EKIBINJA**.

Ekimu kubintu ebisinga okusomooza  mu bukulembeze, kwezimba team, okufuna abantu abanasobola okutambula naawe olugendo. Era nga ekintu ekisinga okuba ekizibu yengeri gy'ogenda okubalondamu, tunulira obwensimbu bwabwe(Integrity) bameka basobola okwgera mazima mazima nebwegaba gaswaza, oba nga galimu obulumi, abantu bolaba nga bamazze okukwata okwolesebwa era nga ddala olaba

bayayaana okulaba ng'okwolesebwa okwo kutukirira. Abantu abalina amagezi agamala okusobola okulaba awali obuzibu nemutabuggwaamu, abantu bolaba nga bo ate amaanyi gaabwe gali mubunafu bwo gwe, era naawe nga osobola okubeera maanyi gaabwe, abantu abasobola okubeera ne mabalirira, era nga osobola okwesiga obugunvu bwabwe, oluusi n'okusalawo kwabwe, abantu b'osubira okuwa obuyinza obukuwabula singa oba ogunde munsobi, bogenda okusalawo nabo, abantu boyinza okugabana nabo ebifa kumutimagwo, abantu bolaba nga bajja kwagala nebwonaaba nga olina ensobi, abalikuwa kubyabwe singa oba tolina gwe. Abantu abali okumpi naawe tebalina ku bangi. Yesu bweyamala okusaba nga ayita mukiro, Yesu yerondera abantu kkumi nababiri, era banno bonna yayitanga nabo, naye era yalina abantu basatu bayabulinga ebyama ebikulu. Musa ye yalondawo Aaloni yekka mugandawe, kyokka ate mazima n'okumummannya teyamumannya nnyo, fuba okulaba nga ozimba team you mpolampola era nga n'okusaba bw'osaba. Olina okubeera obwetegefu okubagala, okubayamba okukula, era n'okubawereza, sikuyamba buyambi okulaba nga ng'otukiriza ebigendererwa byo naye okulaba nga nabo bakula mubulamu bwabwe obwabulijjo, n'obwomwoyo. Okuzimba team kutandaka nakusisinkana omukwomu, okuyamba abantu okukula, okussaawo

enkolagana, okuwuliziganny a okunnyumizagannya, era n'okulaba nga mpolampola tuzimbagana okutuusa obwesigwa era n'okwennyumiriziganyangamu.

Mukama yakusimba wa? Mukama yakuwa okwolesebwa kwayagala okutukiriza, wali offunye ekiseera ekibeera mukubeerawo kwa mukama, nekikuyamba okusobola okumannya obunafubwo, era n'amaanyi go, okukebera omutima oba nga ebirowoozo byo ddala binaaba birungi mumaaso gamukama, muli okiwulira nga ddala mukama akuyise, era nga olabira ddala nga kino kyekiseera ekituufu okulaba nga oddamu okuyitibwa kwamukama. Wamazedda okulaba abantu mukama bakuwadde bantu balungi, besigwa?

**BINO BIKWATE BUKUSU:**

- Baruumi 12:3-8 kulwe ekisa ekyampeebwa, mbagamba, omuntu yenna alemenga kwerowonga okusinga bwekimugwanidde okulowooza naye alowoozenga nga yegendereeza, nga katonda bweyagabira buli omu ekigera ky'okukkiriza…
- 1 Bakkorinso 12:4-11, kale ng'omubiri bweguli ogumu naye negubeera nebitundu bingi, ebitundu byonna eby'omubiri newankubadde nga bingi, gwemubiri gumu.

**BINO BIKULU:**

Bwoba nga ddala owulira nga mukama akuyise okubuulira, olina okutandikira kukubeera omwesigwa, okwewaayo, era nga byonna byokkola obikola nessanyu, omukulembeze omulungi afuba okuyimusa abalala, agabana nebanne amawulire, atuma abantu emirimu, era agabira abalala obuvunannyizibwa, emirundi egisinga obukulembeze busobola okujja nga buva eri Katonda.

**EKY'OKULA KI.**

1. Teeka eriiso lyo kubakulembeze, abali mukitundu ko, abakola emirimu gya gavumenti, abakulembeze mu makanisa abantu abantu bebenyumiririzaamu, omuntu abantu gwebawa ekitibwa. Singa wesanga nga mukitundu kyo temuli , tandika okusoma kubulamu bwababasajja abali abaali babadde mubukulembeze naawe bewogomba. Byonna by'ozuula biwandiike.
2. Wetunulemu mubiseerabyo ebyemabega, naddala ekiseera kyewali nga okulembera mukkanisa, kusomero, oba kumulimu, oba mukyalo kyo, oba mumaka gamwe, mazima

ogenda kwewuunya kukika ky'obukulembeze mukama bwakuwadde, naye olina okwebuuza ddala bino byonna mbiyigiddemu ki, oba byosobodde okutukiriza oba ebikulemye?

3. Gezaako okwewa obubonero naddala mubusobozi bwo mungeri ng'eno.

Obwesigwa. 1, 2 ,3, 4, 5
obwenkannya 1, 2, 3, 4, 5
Obuwombeefu 1, 2, 3 ,4 ,5
Okuwuliriza 1, 2, 3, 4, 5
Okwaniriza. 1, 2, 3, 4 ,5
Okulumirwa 1, 2, 3, 4, 5
Amagezi 1, 2 ,3 ,4 ,5
Obutetenkannya 1, 2, 3,4 , 5
Okwolesebwa 1, 2, 3, 4 ,5
Okutambula nebanne 1, 2, 3, 4,5
Okusanyusa abantu 1 ,2, 3, 4 ,5

Okusalawo mubwangu. 1, 2, 3, 4, 5

4. Oyinza okusalawo okweyamba omuntu omulala oba omukwano, tuula naye munnyumye kububonero bwewewadde, musabe akuyamba okuwa obubonero. Mu buli w'ofuna obubonero busatu kirabika bulabisi nga olimunafu wetaaga okuteekaamu amaanyi, oba olina okufa omuntu omulala alina amaanyi okuyamba mubunafu, naddala mubantu abo abali mu tiimu yo.
5.

**EBISINGAWO**

The will to lead kya Marvin Bower (1997) Leading from the heart kya Jack Kahl(Kahl & Donelan 2004)

**ESSOMO 10. OKUKOLERA AWAMU NGA TTIMU-KIKULU**.

Mubyawandikibwa wonna ojjakukizuula nga ddala omutima gwa mukama guli kubiseera byaffe eby'omumaaso, tayagala ebintu ebitono byetulaba leero, naddala nga byamubiri okutta obulabu bwaffe obujja obwolubereeera. Mabegga ddala mubiseera bya Yibulayimu, Mukama yalina enteekateeka okusimbira ddala enkolagana n'omukwano ogwamaanyi n'omuntu (Olub 18:18-19) mukama yelondera ensi entonoe nnyo, naye nga yali mukifo ekituufu, omwo mweyetekera abantu ye.

Yatandikira obuwereza bwe mukyalo buli muntu kyanyooma, era ne Mukama yesu bwatyo naye yagoberera enteekateeka eno. Yagenda mukyalo ensi kyennyooma, natandika nabantu abanyomemwa, baali bavubi, abasolooza b'omusolo naabo abaali bagaanibwa mubulamu obwabulijjo. Ekibuuzo kiri nti naye ye yasobola atya okufuna ttimu ennungi mubantu abafaana bwebati, abasobola okukyusa ensi, era nga naffe olwaleero tubakozesa nga eky'okulabirako mubulamu bwaffe?

## 1. OKUSABIRA ABANTU MUKAMA OKULONDEREMU TTIMU ENNUNGI.

Mussuula eyo gyetwakamala, nayogedde kuky'okulonda ekibinja kyo naddala nga weyambisa embala zaabwe, era n'empisa. Bantu abayinza okwesigika? Besimbu, bantu abayinza okuwabulwa, bagala okuyiga, balina omutima okuyamba abantu, enkolagana yabwe nemukama eri etya, balina essanyu mumwoyo, bogera amazima wadde nga gaswazza, oba galuma, balina ekisa, bassaamu abantu ekitibwa, balimu okwagala, wadde nga bino biringa ebingi, naye ekikulu kwekwetegereza abanti baffe.

Funna ekiseera okubannya n'okubetegereza-ebyafaayo byabwe biri bitya, maannya obunafu bwabwe naamyi gabwe. Mmannya byebagala nebyebatayagala, biki byebasobola era

nebibannyumira, ddi lwebakozesa akasoobo, era ddi lwebakola ebintu nga banguwa? Wadde nga bino mbikuwandikiide era ojja kusigaza omulimu gw'okulaba nga abantu abo bakula, obazimba mubulamu bwabwe.

Yesu buli kiseera kyeyabeeranga nabayigirwaze yabazimbanga munsonga ez'obulamu, nga batambula, nga balya,nga bagenda okwebaka, buli lweyafunanga akaseera nga waliwo omukisa gw'okuyigiriza yabawanga ebisomooza okubayamba okukukula. Kunnyanja eye Ggalilaya, kuluzi ngasinkannye omusamaliya, mu kibangariza kya yekaalu, yesu yasomesanga. Yabalanga obulamu bya kitaawe nga ddala bwebuli muye. Yannwezannyo nnyo enkolagana yabwe nekitaawe nga ayita mukusaba era n'okubayigiriza okusabanga, yabasomesanga ekigambo kyakatonda nga bwekyali kyawandiikibwa.

Okufuna ekibinja ekiringi noonya bantu abatafaanana nga gwe. Banno beweetaaga, abantu bangi nnyo batera okunoonya abantu abalowooza nga bo, ababasannyusa, ab'ogera nga bbo, abantu befaanagannya ebibabasanyusa, abawomerwa byebawomerwa, abogera olulimi lwabwe, abobuwangwa bwabwe, naye ffenna tulina okukimannya nti tuli mukuzimba ekitongole ekyetaaga okubeera nendowooza ezenjawulo(Ab'Efeso 4:16).

Oyinza n'okuba ng'olina omukisa okuzimba ekibinjakyo mazima okuviira ddala kuziro. Nga wettandikidde buli kintu, naye ate waliwo bannaffe nga bo ekibinja bakisikidde, oyingidde okubeera omukulembeze nga osikira muntu mulala abadde ng'alina abantu abalungi babaade akolagana nabo. Okusobola okubaako ekintu ekintu ekirungi ky'okola olina okuzimba enkolagana nga weyambisa enkola eya muntu kumuntu, mwogerezegannye.

Lukka 6:12, Yesu yamala akaseera akawera okusobola okulonda ekibinja kyabayigirizwa, yasaba ekiro kiramba, okusobola okulonda abantu abaali bagenda okuyitanga naye. Kyewunnyisa kubanga mazima yali abalabidde akaseera, nga bali mubantu abamuwulirizanga Yesu,naye era yali yetaaga okulungamizibwa kwakatonda, mukusalawo ani anakola omulimu gwa katonda okusinga abalala.

Olina okukimannya nti bebantu bogenda okubeeranga nabo mukole omulimu gw'obuwereza, nga bakulembeze, abantu abamu mukama bayita mumulimu bajja kwewunnyisa.  Buli ndowooza nti kyandiba nga Yesu yewuunya lwaki mukama yalonda Yuda Escarioti, era naawe ojja kwebuuza okukkiriza yesu kweyalina nti ate era yuda y'omu Yesu gweyakwasa ensawo yabwe?

2. **BAYIGIRIZA OKUKOLERA AWAMU**.

Buli abantu bwebaba wamu, nebabeera kimu, okuzimba omulimu kujja kutandika, kino kitegeeza nti gwe ng'omukulembeze olina okutulaga okwolesebwakwo gyekulaga, olina okulaba nga buli omu alina ekifaanyi bulungi nnyo, era nga ebirungi n'ebisomooza byonna abantu babifunnye burungi nnyo. Sikilungi abantu okubeeranga bamuzibe abagenda okulaba enjovu, buli omu navaayo nga enjovu aginnyonyola bubwe. Omugamba Enjovu eringa omugwa, omulala agamba nti mupaapaali, omulala gamba kisenge, omulala agamba eringa ekintu ekyomuwulenge. Kozesa ebigamba ebyangu,era n'olulimi olwangu okusobozesa buli muntu okutegeera obulungi, ekigendererwa mukulaga abantu okwolesebwa kwaffe, kubaleeta wamu, tusobole okubeera nga ffena tulina ekigendererwa kimu.

Ekiddako kwekulaba nga obulaga nga  bwemuganda okutuuka kukigenderwa mwenna wamu nga ttimu. Okujjako nga Katonda ayinza okuba nga yali yakulaga dda empenda mwemunayita naye kiba kirungi nnyo okubawa omukisa okusala amagezi mwemuyinza okuyita okutuuka kukigendererwa, kino kwekulaba nga ttimu yonna ekolera wamu, okuletawo obulambulukufu, okubazzaamu amaanyi era n'okulaba nga buli muntu akola n'amaanyi. Nina eky'okulabirako, okwolesebwa kuyinza okuba nga kuyimusa ekibinja kya bakyala abalina okwagala, okubazzaamu amaanyi, okuyambagananga bokka

nabokka nga bagenda maaso n'okutambula nemukama, kati kino okusobola okutukitukiriza ndowooza nga bino byebyandikoleddwa. Okuyigiranga wamu ekigambo kyakatonda, okusabira awamu, okufunanga ekiseera okusinza wamu,era n'okuwerezangana.

3. **BULI MUNTU OKUWEREZA NGA MUNNE**.

Tewali kasera ketufana nga Yesu okusinga akaseera ketuba nga tukolera wamu. Nga omubiri gumu, nga tutambulira mukigendererwa kimu ffenna nga ekitole. Mukwagalana, nga tuzangannamu amaanyi(Yok 17:21) nze ekiseere kyemmaze nga mpereza nakizuula nti singa ttiimu ogizimbira kusindana n'okuwaka, ebivaamu tebiba birung wadde, era okizuula nga kunkomerero yabyonna, abantu batandise okufuna obujja, amalala, obutesigangana, okweryamu enkwe, okutyangana era n'[okusikagana, kino kijja kubajja ku mulamwa era n'okutta okwolesebwa. Kyolina okukola kwekulaba nga obazzaamu amaanyi okuwagiragana, okuyamba abo abatasebola, bayambe okuyiga okwagalana, bayigirize okugabana era n'okuyigirizangananga. Oyinza okuba nga olina ebubinja bwabantu, obuwerako, naye nga abamu bagenda maaso bulungi naye abalala bigaanyi bakenderera kikulu okulaba nga abakola obulungi bayamba abakola obubi nabo okukola obulungi.

Engeri endala yandibadde nti twandibadde nga tuffuna enkungaana ntakera, abakulembeze bebibinja bonna nebatunnyumiza kubiki byebayitamu, byebabasobodde okukola n'ebyo ebibalemye, netumanya n'embeera nga bweri, olwo netusalira wamu amagezi kubizibu byaffe. Okusinga abantu bwebadda okunoonya okusinga nga abalala bwebadda wansi. Bazzeemu amaanyi okulaba nga bonna mububinja bwabwe basobola bulungi okwekolera ebirubirwa ebitonotono, naye olina okukimannya nti tebalina kwawukana nakwolesebwakwo, nebigendererwa bya obuwereza oba kkanisa yo.

Okuwa ekitibwa balina kulabira kuggwe nga owa buli muntu ekitibwa, okwagala nakwo bwekutyo, bayigirize okwagalana nga ggwe osooka okubagala, bagale mubigambo nemubikolwa, era nemubirowoozo. Yesu yayagala yafunanga ekiseera kyabuli muntu, naddala abo abalinga ennaku, abalwadde, abalina ebiwundu kumitima.  Amazima Yesu yalina omulimu ogutaali mwangu kutukiriza, minsoni nga nnene okusingira ddala omuntu yenna bweyandi suubidde, kyokka nga yalina okugimaliriza mu myaka essatu gyokka. Naye wadde nga gwali bwegutyo yesu nga tapapa. Ekyama kyeyalina abalala kyebatalina kwegondera kitaawe buli kiseera bulilunaku(Yok 5:19).

**4. KUUMIRA "OBULAMU" MU KWOLESEBWA KWO.**

**a.** Abantu bo bazzeemu amaanyi okulaba nga buli muntu asola okusogala nga afuna omukisa gw'okuyiga era n'okusigala nga akula nga sekinnoomu.

Ekimu kubintu ebikyasinze okufuula abakulembeze abalungi kwekulaba ng'oyamba abantu okukula nga sekkinnomu ate era nga ekibinja. Okuyamba abantu baffe okwezuula n'okumannya okuyitibwa kulikutya, kino kijja kwetagisa okufuba okulaba nga obalaga obulamu bwo, era kino ojja kwesanga nga kikwetagisa okubaawo kulwabwe, okubeera omwesimbu, okubeera omukkamu. Okubasabira nnyo, okubawuliriza, naddala ebilooto byabwe era olina okutekayo omwoyo nnyo okusobola okubayamba okutukiriza byonna mukama byayogera n'emitima gyabwe.

Singa banaabeera besigwa era ngababuvunannyizibwa, tandika okubawo emirimu egigwa mu matabi okwagala kwabwe mwekuli,era n'obusobozi bwabwe. Yesu naye lumu yasindika ensanvu mu ababiri mukibuga mweyali agenda, era yatuma nga abawadde ebiragiro, yabalagira eby'okwogera, era n'eby'okukola. Olowooza singa baali bakugenda kulwabwe bokka okuwonnya abalwadde

n’okubuulira ekigamba kyakatonda bandikisobodde? Nedda kubanga mubigambo by’omwoyo tebaali bamaanyi. Naye olw’okubanga bagenda nga bambadde amaanyi, basobola okumaliriza n’okutukiriza byonna mukama wabwe byeyali yabatuma, era nabo bewuunya okulaba nga ddala mukama yali abayambye okukola ebintu ebyamaanyi(Luk 10:1-20)!

Emirundi mingi waliwo ekikemo naddala okwagala okwekumirako abantu, singa olaba nga omaze okubatendeka obulungi, era nga ddala obalaba bali kitundu kubulamu bwo era n’omulimu, baleke bagende. Baleke bagende mukama asobole nabo okubakozesa naddala okukola omulimu gwegwewabatendeka okukola, era gwe okkirize mukama okukuwa abantu abalala bogenda okuyamba okukula. Singa obalemesa okukulukuta, abantu bo bajja kubeera nga ekibinja kya kiwagi abamanyi eky’okukola balina obusobozi naye nga tebawereddwa mukisa kugenda.

**b.** Ensonga yenkungaana gitwalenga nkulu nnyo, era akaseera ako kakozese bulungi nnyo.

Okungaana kubeere nekigendererwa, kubereengamu okwagalana, mubereenga okuyiga era buli muntu mumuyambe okulaba ng'abaako kyayiga mulukiiko, nga temunaatuula fuba okulaba nga ebinda okubeera mulukiiko obiwandiise era nga buli muntu alina kopi, okutanda olukiiko era n'okuamaliriza, kubeere kusaba. Funa ekiseera okulaba nga omannya buli kiteeso kinatwala bbanga ki, kino kijja kuyamba okusobola okumannya olukiiko lugenda kutwala kiseeraki? Ffuba okulaba nga buli memba yenna abaddewo yewandiisa era n'ebiteeso byabwe biwandiike kikuyambe okulaba nga wejjukiza amagezi banno gebakkuwa. Ffuba okulaba nga abantu abowa entambula y'olukiiko, era nga balina obutava kumulamwa era n'okwewala okulandagga, singa wabaawo omuntu yenna nga alina ensonga eziwerako bagambe bazirete mu buwandiike.

Enkiiko zabammemba nkulunnyo**,** zikozese bulungi okuyiisaawo ebigambo ebizimba, okuyamba okukyusa entambula yemirimu, okussaamu essira, era n'okutuusa nga amawulire agagasa obuwereza eri buli omu. Okuwabula n'okutereza birina okukolebwa mungeri yabwaseruganda, ate omukwomu sosi munkiiko. Enkiiko zikuyamba ng'omukulembeze okumannyi wegali ate n'awali obuzibu,

okumannya ani akuubagana nemunne nansonga ki lwaki bakuubagana, mu bammemba.

Wetegereze obubinjabinja obugenda bwawula nga bugoba abalala, era nga bwewetekaateeka okutandika okukola ebintu ebiyamba okuzimba okussa ekkimu n'obwasseruganda, kolera wamu naabo abalina obuvunannyibwa abantu bebamaze okuzuula nga ddla bantu balung.

**c.** Mubeereko wamu nabantu bo**.**

Wulira emirembe okubeerako n'abantu bo, munyumye kunsonga z'obulamu buli lwemufunnye ekiseera, saba mukama okuwaayo engeri ennungi eyinza okuyamba okukola kino, oba okuyambaganako mumirimu gyeka, okukoola enniro, okugenda ko kukakaawa, mungeri nga zino abantu batandika okwagalana era n'okuyiga okuggwamu okuyombaga. Basobola okuggulawo enkolagana bokka nabokka bakyaliragane, sikugamba nti kino kitwalenga obudde bwonna waleme okubaawo emirimu egikolebwa, naye kikolebwe mukwagala mubudde obutuufu. Yiga okuseka n'abantu bo, yiga okukaaba nga bakaaba, singa wabaawo alina ennaku nakuwala naye.

d. Beera muzukufu buli kadde.

Wegendereze abonoonyi b'emirimu, obube obuto, obutakkaanya nebwebuba butono butya

bw'onoona omulimu, butandika butono naye oluvannyuma bugejja, (oluyimba lwa sulemaani 2:15) singa wabaawo obulabiseeko sooka obuteeke mukusaba, era kino olina okikola n'amagezi. Ekiseera mwoyinza okubwakatira nayo nsonga nkulu nnyo, " ***Ngenga empeta ezazzaabu, n'ekyokwenda ekyazaabu, Owamagezi anennya bwatyo bwaba eri omuntu ow'okugonda***" oba ebigambo biyinza okumennya oba okunyiiza, oba binaaba birungi kisinziira kukintu kimu kyokka kiseera. Engero ojja kwesanga nga alina ebigambo bingi nnyo ebiyamba okuzimba enkolagana era n'okuwa amagezi. Twala ekiseera okufumintiriza ku ngero oba essuula emu buli lunaku, ojja kuba nga wesimidde oluzzi mwogendanga okusenanga amagezi buli lunaku.

## 5. TOKOLA BULI KINTU WEKKA

Ekimu kubizibu ebisinze okumalawo obuwereza oba ebitongole kwekuggwaamu amaanyi kwa abakulembeze mu mubiri ne mumwoyo, ebyetaago emirundi mingi bisukkirira, era n'obwetaavu bwabantu buyinza okussukirira newesanga nga nga omuwereza gamuwedde, singa oba nga tobadde mwegerendereza wesanga ng'owulinga asitudde obuzito bwansi yonna, era singa wesanga tokyasobola kussa, wadde

okubaka omukka, ekiddira obuzitto bwonna bujja kutuulako. Naye olina okukimannya nti buno bulimba okuva eri omulabe, era malala. Olina okukimannya nti omulimu gwa mukama era n'abantu babe, sibabo, labira kubulamu bwa Yesu, naye waliwo ekaseera keyemmulunga nabeerako yekka, ate era walwo akaseera webalenga mubantu, nebasuba okubayamba, naye ye nagenda bugenzi, funna yo akaseera, akawummula, singa waliyo omuntu yenna nga ayita mukiseera ekikaluba nga azitowereddwa, mazima Yesu kyeky'okulabirako ekisingira ddala. Yalina emyaka essatu gyokka okutendeka, okusabira n'okubasindika okugenda okukyusa kyenkana ensi yonna. Naye era yafunanga ekiseera okwetegeka, okuwummula,okusaba, era n'okwetegereza bwakozoke ate n'okulaba nga azimba ekolagana eri muntu kumuntu. Mukama teyalina muntu mulala yenna wakutuma singa Yesu yali tasobodde kumaliriza, naye era kino tekyaleta kupapirira.

**BINO BIKWATE BUKUSU.**

- Yokaana 13:15 Bonna mwebanaterenga nga ddala muli bayigirizwa bange, bwemunabanga n'okwagalana mwekkanamwekka.
- Abaffirippi 2:2-4 mutukirize essanyu lyange, mulowooze kimu, omwoyo gumu okwagala kumu, nga mulowooza bumu, temukolanga kintu

kyonna olw'okuyomba, newankubadde olwekitibwa ekitaliimu, wabula mubuwombeefu, buli muntu agulumizenga munne okusinga bweyegulimiza yekka. Temutuliranga buli muntu ebibye yekka(ebimusanyusa), naye buli muntu nebyabalala.

**BINO BIKKULU NNYO.**

Okuzimba ttimu, "ekibinja" nga mulimu abantu abenjawulo nga abantu bonna bali wamu bakolera wamu okutukiriza ekigenderwa ekikulu kimu, nga bakolera mukwagala, nga bagala, nga bagala omulimu, kwekwandibadde okuyayaana kwa buli mukulembeze, ali mubukulembeze.

**EKY'OKOLA KI.**

1. Singa otandika leero okuzimba ttimu eyekirooto, eggenda okuyamba okutuukiriza ebirubirwabyo, wandilonze ani?
2. Kusomoozebwaki kwolaba mu ttimu yo leero, obunaffu bwayo buli ludda wa? Ammaanyi nga ttimu yo gali wa? Oyanza okulowooza nti bino bibuuzo bikakali, naye nga kyandibadde kirungi buli muwereza okuba nga alina eky'okuddamu kubibuuzo ebyo.

**OKUMANNYA EBISINGAWO.**

***Good to great kya Jim Collins(2001)***

***The five Dysfunctions of a team kya Patrick Lencioni(Lencioni 2002)***

***The fifth Discipline kya Peter Senge(2006)***

## ESSOMO 11: TWAYITIBWA OKUMUGOBERERA

“Ngoberera” kumbalama z’ennyanja ye Galiraaya, Yesu lwasooka okwogera ebigambo bino eri abasajja babiri abaali nga bavuba, nga bakasuka obutima bwabwe mu Nyanja, era mazima tebalina kyakudamu kiralala okujja okulekaawo obutimba nebamugoberera, n’okutuuka leero akyayogera ebigambo byebimu gyetuli, ffe nga abayigirizwa ab’omulembe guno, temutya, kubanga nze mbanunudde, mbawadde erinnya lyange, mulibange” Isaaya 43:1, kuno kwekuyitibwa okusookera ddala, okutambula nemukama waffe, okutambula nekatonda eyatonda ensi eno, afaayo ennyo gyemuli, ebikuluma byonna, awuliriza okulumwa kwonna okuli kumutima gwo, amaanyi omuwendo gwenviiri oguli kumutwe gwo, era afaayo okubudabuda buli olukya, okuwa amagezi era n’okuzzaamu amaanyi(Luk 12:7).

Naye era atuwa okuyitibwa okw’omulundi ogw’okubiri, nga kwawufu ddala, atuyita okuyingira

era n'okuzimbira wamu naye obwakabaka bwe, wano asimba essira kubirabo, ku mbala,era n'embeera. Eri abamu okuyitibwa kubeera kukambwe nnyo, era atuwa emirimu nga minene mikakali era nga olina okutambula naye obulamu bwonna okusobola okumaliririza era ng'oluusi owunzika era nga tomalirizza. **William Wilberforce**, omusajja eyatandika okulwannyisa ensonga y'obudde mu **Bungereza** yalina okuyitibwa okulinga kuno, kwabulamu bwonna**.** Era **n'Omutume Paulo** naye kinajjukirwa nti naye yalina okuyitibwa kwakika kino**.**

Byenzize nzuula biraga nga okuyitibwa okwekika kino eri abakyala bangi bendabye, kuzze kwawukana naddala mubiseera, wekubeereraw o, abamu mukama yabasingiriza mubiseera bwebaali nga bakyali bayizi, abamu babadde bamakyala abamazze okuyingira obufumbo, abalala babadde bamaze okufuuka bamaama, abalala babadde bali mukwekolera mirimu, abalala babadde bali mukuwereza nga bayamba abawereza abalala, ate wewuunnya nga abamu mukama abasanze bamaze okuwummula egyabwe. Sifaayo ddi mukama lweyampita, naye ekikulu kiri nti mukama yampita okumugoberera, okugenda naye mukifo kyonna mukama kyannannungamya okusobola okumukolera, era ekintu kyonna kyanangamba okwetaba mu awo wenataandikira okumukolera, kiyinza okuba nga kyanjawulo kukikyo, kyennina

okuiyiga, kwekumannya nti buli lunaku olukya, buli sizoni, omulimu omukulu gwennina kwekwetikka omusalaba gwange mugoberere" (Makko 8:34)

Sisobola kwebuzabuza nengamba nti obulamu obwange bulungi nnyo era nga nga mbadde mpulirilira ddala bulungi nnyo buli kiseera mukama lwababadde nga ayogera nange, nti mbadde ntabula bulungi ekiseera kyonna, nga mugoberera. Mumyaka gyange egyasooka, nagimala mukusanyusa bantu, nga ndowooza nti singa nsanyusa abantu, ndowooza njakuba nga nsanyusizza Katonda. Ekyo kyanfukira kizibu oluvanyuma lw'okukizuula nga okusanyusa omuntu kiteegeeza kunnyiiza mulala! Natuuka ekiseera nenkizuula nga nalina okukyusa obulamu nalina kubuteeka mumaaso namuntu omu. Ebyali bimyumyudde obulamu bwange byatandika okuta nga mmaze okutandika okubeera mumaaso g'oyo yekka eyampita, era nga gwengoberera.

## 1. OKUYITIBWA KYEKI?

Abantu bangi bogera ku kubeera n'okuyitibwa oba eddimu, bino ebigambo biva mululimi **Lulatini.** Naye tekiri buli buli awali okuyitibwa waliwo omuyisi, mundowooza yabwe, naye ffe abakristayo kino tukimanyi bulungi nnyo nti singa wabaawo okuyitibwa waliwo omuyisi. Mukitabo kye " The

call" Mwami Os Guinness annyonnyola okuyitibwa mungeri nga " amazima, nti Katonda yayita abantu, era abayita okugenda gyali nga bewaddeyo nnyo, nti buli kintu kyonna omuntu kyaba, kyalinakyo, byakola byonna, nabuli kintu kyonna mukama kyeyali akuwadde kirina okugonda okukola nga mukama bwabagambye, walina okubaawo okyuka okwamaanyi era n'okwewayo nga omuntu yewaayo okukola n'okuyitaba nga mukama bwaba amuyise" (GUINNESS 2003). Kino kitegeeza nti singa omulimu gwange gwakukola byuma bikalimagezi, oba okubudabuda baana abalwadde muddwaliro, oba kubudabuda mukyala asoboddwa eka, naddala ku kkanisa, oba okugenda ko kukyeggulo n'omwami wange,byonna nina okubikola kulw'oyo eyampita…***era buli kyemunakolanga, mukigambo oba kikolwa mukolenga byonna mulinnya lyamukama waffe Yesu Kristo, nga mwebazanga Katonda kitaffe kululwe(Bakkolossaayi 3:17***).

Bwemba nga sigende naye kitegeeza sijja kugenda, singa njogera ekigambo kyonna ekitamuwa kitibwa, mmanyi nti waali ampulira, era mbagirawo mba ninna okwenenya. Yayogera nti talindekerera, nolwekyo mmanyi nti ammanyi era alaba byonna byenkola, awulira byonna byenjogera era amanyi nabyonna byendowooza.

Abantu bangi balina endowooza nti omunti ayitiddwa okubeera mu buwereza okwo okuyitibwa

kwamaanyi nnyo era kwakitibwa nnyo okusinga omuntu ayitiddwa okukola obusubuzi. Nze mubulamu bwange byonna nabiyitamu, mbadde Maama akuuma Abaana awaka, nga nnina abalenzi babiri era nga basoma, mmanyi kyekitegeeza okubeera Maama, era nali ndese omulimu gwamukama nengenda okukola obusuzuzi munsi, Olunaku lumu, omwami wange yanzizaamu omaanyi nengenda nsaba omulimu gwenalekawo emyaka kkumi emabega, era kampuni yanzizza mukifo kyennavaamu nemmala emyaka kkumi nga ntudde ka, nga nebyebakola nabyerabira dda! Nakola kampuni era mukyaka essatu gyokka kampuni yali tekya leeta bantu bapya!, nabeera mu kampuni eno emyaka kkumi n'esatu. Okutuusa mukama bweyagera n'omutima gwange mukiseera ekituufu, nasigala mu kampuni okumala emyaka kkumi namunaana, okutuusa be nnawulirira ddala bulungi olwo nentegeera nga ekiseera ekituufu eky'okugenda kituuse. Okuyita mu Tito 2:3,4, nakitegeera bulungi ndi mukama yali ampita okutandika okuwereza eri abakyala. Era wayita emyezi mukaaga gyokka, kampuni mwennali nkola bwetyo yaggalawo, bagitunda era ne office mwennankola bwetyo neggalawo. Bwentyo bwentandika okubeera direkita w'obuwereza bya bakyala, mukanisa yaffe, mubino byempiseemu njagala okutegeeza nti okuyitibwa mubuwereza, tekwawukanannyo n'okuyitibwa mubusubuzi, oba nti okuyitibwa okw'omwoyo kwawukana nnyo

n'okuyitibwa okulala kwonna. Enjawulo eri mungeri gyetundamu, obanga omuntu anagonda nagenda oba nga anakakanyaza omutima gwe.

Osobola otya okuzuula okuyitibwakwo? Engeri gyenyinza okuddamu eri nti, olina okunnyweza enkolagana yo n'oyo eyakuyita, ekyo nga okimaze, yiga okuguminkiriza, era n'okugonda. Mukama musabe okuyamba okwezuula gwe ani, kiki kyoli, oyawukana otya kubantu abalala, era mungeri ki? Kino ekibuuzo mukama yennyini naye ayagala okukifunako eky'okudamu.

## BIKI EBIREETA AKASOOBO MUKUGOBERERA KRISTO.

Bangi ensonga ebalemesa bwebutamanya kyebagala kukola kyokka ng'ate bali mukukola, kiki gwe ekikulemesa okugobererakristo ate nga olina obukakafu nga ddala yakuyita.

a. Abamu bagamba tebalaba mulamwa mubintu mukama byabayise okukola, naye tulina okumannya Katonda waffe katonda wanteekateeka alaba wala nnyo okusinga bwetulaba, ekintu kyetulaba olwareero nga tekirina mugaso, kyandiba nga kiva kunsonga nti tetusobola kulaba munsi y'omwoyo. Mukama yagamba Yibulayimu okuva munsi yebantu be

okugenda munsi gyatalina muntu yenna okujjako mukama gyeyalina okumulaga(Olub 12:1) Yayogera ne Gidiyoni okugoba abasirikale be bonnaasigale nabasirikale ebikumi bisatu balwane olutalo(Ekyabalamuzi 7:1-25) Yesu yaleka Lazaro naafa, nagenda yo okumuzukiza nga wayise ennaku ssatu(Yok 11:1-43) Mukama yalonda omusajja eyali amazi ekiseera nga ayigganya kkanisa n'amufuula omubulizi wenjiri owamaanyi, eri bannaggwanga(Bikolwa 9:15) yalonda abanafu abatabali bamaanyi okumaliriza omulimu gwe(1 bakkolinso 1:27). Mazima kunkomerero yabyonna ojja kukizuula nga ddala kitwala kukkiriza. Muli olina okukkirizza nti ddala mukama akuyita, tewali kubuusabusa akuyita, era ddala oyo attandika omulimu omulungi muggwe agenda kugumaliriza, kuluna lwa kristo lwennyini, kuluna mukama lweyateekateeka(Abaffippi 1:6).

b. Abamu bagamba nti ekintu mukama kyanga okukola kikalubo nnyo. Mazima bandiba nga batuufu, waliwo omuwendo munene nnyo omuntu gwalina okusasula okusobola okufuuka omuyigirizwa wa mukama waffe Yesu. Mubiseera ebyangu oba olyawo kiyinza okwetagisa okwesirawo nga okwagalakwo bwekuyinza okiyunza okuba, naye mukiseera ekikalubo, olina okweresa byonna, oluusi n'obulamu olina okubweresa. Naye kunkomerero ekirabo, engule

erikuweebwa eriba egwanira ddala omuwendo ogwo(Abe 11:6)

c. Nyinza okumannya nga ddala kyendowooza ddala bubaka okuva eri katonda? Eky'okuddamu kiri obubakka obuva eri katonda bulina okuba nga bugenderera okuwa katonda ekitibwa, okumuyimusa mubulamu bwaffe n'obwabantu abalala. Naye ebirowoozo byo, bijjaku kunsonga emu yakukuwa ggwe ssanyu(Abeb 11).

d. Simannyi kwawula ddoboozi lya katonda kumalobozi malala,  ate sandiyagadde mbeera kusalawo kyengenda kubeera mubulamu bwange. Mu Yok 10:27 Yesu yagamba bwati, endiga zange zimmanyi eddoboozi lyange. Ddala singa oli ndiga ya Kristo kyangu nnyo okumannya eddoboozi lye.  Ekibuuzo kiri nti onasobola okwawula eddoboozi lye okuva mu maloboozi amalala agala okyusakyusa endowoozayo? Era nga bwolaba abaana abato, ekibayamba okwawula amalobooza ga bamaama kiva kukuba nti maama abeera kumpi naye buli kadde, kino naffe tukisobola, tulina okubeeranga okumpi nemukama waffe, nga tusoma ekigambo kye, ne mussaala. Wano kijja kubeera kyangu okusobola okwawula eddoboozi lya Taata. Okumannya embala ye era n'okuzimba nga enkolagana naye. Singa tuwulira eddoboozi nga linkontana nekigambo kya mukama tusobola okumanya mubwangu nti ddala eryo si ddoboozi lyakatonda.

***“ Mmanyi ebirowoozo byennina gyemuli, bwayogera mukama birowoozo birungi sibyabubi, byakubawa essuubi era nebiseera ebirungi eby’omumaaso. Awo olulituuka bwemulikowoola erinnya lyange, nemusaba nange, nange ndibawulira, mulinnoonya nemitima gyammwe gyonna. Era muli ndaba bwayogera mukama”(Yer 29:11-14)***

Kyemannyi kirinti Katonda tamala gayogera era tamala gayita bantu, singa oba owulidde eddoobi lye, kyangu kkiriza bukkiriza nti ddala oli ndiga ye, era saba okulaba nga ebisuubizo bye byonna naawe obitwala, mukama ajja kwoleresa eddoboozi lye.

3 **OKWANUKULA OKUYITIBWA KWAKATONDA(ANSWERING GOD’S CALL)**

a. Okugoberera Kristo  kwabulamu bwonna, ate kwo okusalawo kwabuli lunaku. Buli kumakya olina okukola okusalawo okumugoberera, olunaku olwo lwonna. Nze kulwange mba nnina okumwebazanga kubanga mba mmanyi tewagenda kubeerawo, kizibu kyonna kiyinza kumpugula, kyesirinako busobozi okuva gyali. Era nensaba mukama okunnyamba okusigala nga nkyamaanyi nga ddala ndi mukubeerawo kwe olunaku lwonna. Era nemwesiga okunnungamya mukubeerakwe nga olunaku bwerugenda lutambula.

b. Okugoberera Kristo n’okukozesa ebirabo byampadde, kulw’okuzimba obwakaba bwe kulimu essanyu, wadde nga omulimu gufaana nga ogwetaaga eryannyi, era nga gweralikiriza ‘’*buli kyemunakolanga mukikolenga n’omwoyo,nga kubwa mukama waffe so si kubwa bantu; nga mumannyi nga mulisasulibwa mukama waffe empeera ey’obusika: muli baddu bamukama waffe Kristo(Bak 3:23-24)* ebigambo bino binzijukizza mwanize Lawrence, eyeyigiriza okubeerawo kwa mukama, nga buli lwabeera ayoza amasowani. Buli kintu kyonna kyetukola tukikole nga tumannyi nga kisobola okuyamba omuntu omunnya Kristo, oba kubala bitabo, singa tuba nga tukikoze mukugondera kristo. Byonna byekula mukama agenda kubituwerako empeera, kubanga omulimu ogwatuwebwa gwo gukolebwa mutima.

c. Okumannya ekiseera ekituufu, okutambula n’ekristo kwetagaanyo okumannya ebiseera ebituufu. Buli yesu lwatuyita okumugobeerera atuwa ebiragiro, n’endagiriro, oba olyawo ayinza okuyita nga ayagala oddemu mubwangu, ate abamu asigala ateekateeka emitima gyabwe, naddala okubeera abetegefu kulwebyo byagenda okubatuma mukiseera ekijja. Bera mwegendereza okumannya ddala mukama angamba kukola mukiseera kino oba ampise naye nga ninna okulindako akaseera(Yok 7:3-10) ebiseera bingi nessanze nga ndowooza ninga

omu kubaana ba ISRAERI muddungu, nga ntambula okugoberera ekire emisana ate nfune empagi y'omuliro oba olyawo ekiro. Kino kirabika nga ekirungi oba ekyangu naye ekikulu kwekumanya nga omwo omutukuvu yalina okukulembera.

d. Okugoberera kristo tekitegeeza kwemalako buli kolina nga omalawo agazibu gabantu, singa omuntu assubira nti okulokoka kumalaw bizibu byabantu, ajjakwesanga nga Yesudde mubuzibu, topakukka kumalawo gazibu gabantu, kikulunnyo okumannya nti katonda yaleeta ebizibu era yennyini yabimalawo, naye singa tudamu eri okuyitibwa kwaffe, tulina okukwata kubizibu ebyo mukama byaba atulagidde okukolako, era singa okola mukama kyabakugambye, tokoowa, toyavuwala, era nga bwetusaba naye okusobola okukwata kwebyo byetutasobodde kukwatako. Waliwo n'okukoowa kyoakka abantu ne basigala nga tebasanyuse.

e. Mukama asobola okuyita nakubulira butereevu wa  gy'ogenda naye era asigala akulaga eky'okula kubuli mutendera, ddaala ku ddaala. Yibulayimu teyamanya mukama gyamutwala, naye yamannya ekimala okusobola okutandika olugendo, naye Ye NUUWA yawebwa buli kiragiro, era Katonda y'omu oyo. *Kubanga ebirowoozo byange sibyebirowoozo byamwe,so n'amakubo gange sigemakubo gammwe, bwayogera mukama, kuba eggulu ngabwerisinga ensi obugulumivu,*

*amakubogange bwegasinga bwegatyo amakubo gammwe, era n'ebirowoozo byange bwebisinga bwebityo ebirowoozo byammwe (Isaaya 55:8-9)*

f. Buli Yesu lwatuyita tulina okwebazanga n'okusanyuka, olw'omukisa gwabatuwadde okubeera ekitundu mumulimu gwe, mukama okusalawo okukolera omulimu mubulamu bwaffe, natufuula bakozi wamu naye.

g. Okugoberera kristo kusalawo, bweyamo bwa bulamu bwonna. embeera, ebizibu oba olyawo nebirubirirwa biyinza okukyuka nga ekiseera bwekitambula naye okutambula nekristo kwo tekukyuka. Tewala kuva mukuyitibwa kwaffe. Maama Tereza yali asomesa mu higha mu Calcutta, nakwatibwa ekilwadde kyakafuba era natwalibwa mu kibuga Darjeeling okuwummula asobole okuwona, wakati mulugendo nga ali muggaali y'omukka yafuna okuyitibwa ngayalina okugenda okuwereza mubantu abaali abaavu, okuyitibwa kuno ye yakuyita kiragiro. Era ebiseera byonna ebyaddirira yabimala n'abantu abaali abaavu abaali mu Calcutta.

4 **OKUKEMEBWA OKULI EMABEGA W"OKUYITIBWA**.

a. Amalala, n'okweraga: abantu balowooza nti mukama abayise okubeera abawereza kubanga bo batukirivu nnyo. Naye ate paulo yagamba mukama yayita abasirusiru ikuswaza

abagezigezi, mukama yayita abanafu, amaanyi gakristo galabisibwe 1 Bakkolinso 1:27; 2 Bak 12:9) Amalala gabulabe nnyo, mukuleeta okuggwa, Engero, 16:18, 1 Pter 5:5)

b. Obujja: buli muntu yenna alaba abantu abamu nga basanyufu okutusinga naddala abo betulowooza nti tufanagannya okuyitibwa, emirundi mingi tunakuwala, tuwalana, obujja buvunza amagumba.

c. Omululu. Kyolimu okirimu kubanga mukama yakuyita oba kubanga kinakugaggawaza? Tosobola kuwereza mukama ate nga bwowereza n'ensimbi (Mat 6:24).

**BINO BIKWATE BUKUSU**

- Engero 3:5-6 wesigenga mukama n'omutima gwonna, so tewesiganga kutegeerakwo ggwe, mwatulenga mumakubogo gonna, kkale analungamyanga amakubogo ggwe.
- Zabbuli 32:8. Nakuyigirizaanga nakulagaanga mukkubo ly'onanaayitangamu: Nakuteseezanga ekigambo eriiso lyange nga liri kuggwe.

**BINO BIKKULU NNYO.**

Mukama waffe bwatuyita okutambula naye, tetusobola kumannya lugendo lwonna bwerunafaanana, naye mukama asigala atulagirira

ddala ku ddala okutuusa bwatutuusa we yennyini gyeyateekateeka, era ekyo kimala.

Ekyokukola

1. Okuyitibwa kufanana kutya mukiseera kino?
2. Owulira mukama akuyita kukola ki naddala mukiseera(Leero)

**OKUSOMA EBISINGA**

*The call  kya Os Guinness(2003)*

*Sermon Series "why Am I Here?" Kya Robert Morries*.

## ESSOMO 12: OKWEKEBERA, OKUSANNYUKA, OKUTUMA.

Baako abantu bojjukira abali mukibinja mwobadde, mukiseera ky'olusoma luno, baako by'ojjukira naddala mungeri gyebadde ab'omugaso, saba katonda okuwa ekigambo ekkizzaamu kubuli muntu..

1

2

3

4

III **OKUBATUMA..**

Mukama nkwebaza kubanga buli ekigambo wekituuka kireeta ekitangaala. Nkwebaza kubanga ekigambo kiramu, kijjudde amaanyi…nkwebaza taata, kubanga ompadde omwoyo wo omutukuvu, ampadde amaanyi, okwagala, era nendowooza ennungi, ampadde embala ey'okwefuganga. Kakaano nnina amaanyi go era n'obusobozibwo, ng'omuwerezaawo era omutambuza wamulire amalungi, age ndagaano empya, obulokozi (okuyita mu Krsito Yesu)

Kakaano ndekera ddala ebintu byonna ebibadde emabega,nsobole okutambula okutuuka kwebwo ebiri mumaaso gyendaga, nkomereddwa wamu neYesu,  leero okuba omulamu oba kufa, byanna bubwakristo oyo omulamu munze, era obulamu bwennina mu mubiri, ndiwo lwa kukkiriza mumwana wo Yesu kristo, eyanjagala neyewaayo kulyanga.

Okuva leera obulungi n'ekisa n'amazima binagendanga nange, nayitanga nabyo mubulago bwange, binaaberanga mumutima gwange, olwo nalaba okuganja n'obulungi mumaaso go mukama nemumaaso gabantu.

Okuva leero nesiimiranga mu mateeka go,era mukigambo nafumintirizanga emisana n'ekiro,era kati nninga omuti ogusimbiddwa kummabbali g'omugga, ogwetegese okubala ebibala, amakoola gange tegakalenga, wadde okuwotoka, era buli kyennakolanga kinalabanga omukisa.

Kakkaano nkwebaza mukama, kubanga ompanguza bulijjo MU KRISTO

Mu linnya lye Nsaba AMIINA(Copeland, 2005,pp,135,136).

**MUKITUNDU EKINO WEKOLERE NOTISI,**